NABBI W'OKUSAASIRA

# MUHAMMADI

EBITUNDU MU BULAMU BWE

محمد

Osman Nuri TOPBAŞ



ERKAM PUBLISHING

بسم الله الرحمن الرحيم

ISTANBUL / 1437 - 2016

Kyafulumizibwa omulundi ogusooka mu 2001 - Kyafulumizibwa omulundi ogwokubiri mu 2006
Kyafulumizibwa omulundi ogwokusatu mu 2008 - Kyafulumizibwa omulundi ogwokuna mu 2009

**© Erkam Publications - Istanbul: 2016 / 1437 H**

NABBI W'OKUSAASIRA

# MUHAMMADI

EBITUNDU MU BULAMU BWE

Osman Nûri Topbaş

**Title Awali:** Rahmet Peygamberi'nden Rahmet Esintileri

**Omuwandiisi:** Osman Nûri Topbaş

**Abavvuunuzi:** Quality Information Center

**Kyekenneenyezeddwa:** Adam Zakariyya Mbaziira
AbdulHayyi Abdunoor Mukiibi
Idris Aiyd
Isimael Wandeba
Hasan Mutagubya
Hamid Kateregga

**ISBN:** 978-9944-83-326-4

**Mitaani:** Ikitelli Organize Sanayi Bölgesi Mah.
Atatürk Bulvarı, Haseyad
1. Kısım No: 60/3-C
Başakşehir, Istanbul, Turkey

**Tel:** (+90-212) 671-0700 pbx

**Fax:** (+90-212) 671-0748

**E-mail:** info@islamicpublishing.net

**Web site:** www.islamicpublishing.net

**Kyakubibwa mu kyapa:** Erkam Printhouse

**Language:** Luganda

DARUL ARQAM

NABBI W'OKUSAASIRA

# MUHAMMADI

EBITUNDU MU BULAMU BWE

**Osman Nûri TOPBAŞ**

DARUL ARQAM

# EBIRI MU KITABO

**EBY' OMUVVUUNUZI W'OLUZUNGU** ........ 7

**EKY'OKWENYUMIRIZA KY'ENSI YONNA** ........ 11

Ensi Yagiweesa Atya Ekitiibwa ........ 14

**OBULAMU BWE OBUWA EKY'OKULABIRAKO N'EKIFO KYE MU BABAKA** ........ 51

Nnabbi nga Bamushiriku bwe Baamulabanga ........ 71

**EBITENDO BYA NNABBI W'OKUSAASIRA** ........ 85

Obutukuvu bw'omutima mu Nnabbi w'Okusaasira ........ 88

Obwetoowaze bwa Nnabbi w'Okusaasira ........ 110

Obwetoowaze, Ekisa n'Okulumirwa Abalala mu bulamu bwa Nnabbi w'Okusaasira ........ 118

Enneeyisa ye mu bantu ewa Eky'okulabirako ........ 124

Obwetoowaze bwa Nnabbi w'Okusaasira eri Abeetaavu ........ 130

Okugunjula abantu Nnabbi kwe Yakola mu Mitendera ........ 145

Enneeyisa ya Nnabbi w'Okusaasira eri Abakazi ........ 148

Enneeyisa ya Nnabbi w'Okusaasira eri Ebisolo .....151
Enneeyisa ya Nnabi w'Okusaasira eri Bamulekwa .....157
Amagezi Nnabbi ge yawa ku Ddembe lya Muliraanwa .....158
Enneeyisa ya Nnabbi eri Abamenyi b'Amateeka n'Abawambe mu Lutalo .....160
Enneeyisa ya Nnabbi eri abalabe n'Abatali Basiraamu .....161
Okusonyiwa kwa Nnabbi .....163
Okugaba kwa Nnabbi .....168
Okugaba kwa Basswahaba .....170
Obwesimbu, Obwesigwa n'Ensa Nnabbi bye Yalina .....174
Ensonyi za Nnabbi .....176
Engeri Nnabbi gye Yalumirwangamu abantu Abalala .....177
Okutuukiriza n'Obutayabulira bwe .....181
**OKUFUNDIKIRA** .....189
**EBITABO KWE TWESIGAMYE** .....205

## EBY' OMUVVUUNUZI W'OLUZUNGU

Bwe bansaba okuvvuunula ekitabo kino okukijja mu lulimi Olutuluuki okukizza mu Luzungu, sakkiririzaawo. Naye oluvannyuma lw'okusoma ekitabo n'obwegendereza nnamatira nti abantu aboogera Oluzungu nga mw'otwalidde Abasiraamu n'abatali Basiraamu bonna awamu bajja kunyumirwa okukisoma era nga bajja kukifunamu omugaso nga bayiga ku kimu ku bintu ebikwata ku bulamu bwa Nnabbi Muhammadi ekyo abantu – mu bugenderevu oba obutali bugenderevu – kye batera okuyisaako amaaso. Ekintu kye boogerako mu kitabo kino kwe kusaasira kwa Nnabbi Muhammadi, okwo, awatali kubuusabuusa, nga kye kintu okwetooloolera obulamu bwe bwonna. Olwaleero, Abasiraamu n'abatali Basiraamu bonna baagala okumanya nti teri muntu mulala yenna mu byafaayo ayinza kusemberera kusaasira nga bwe kulagibwa mu bulamu bwa Nnabbi Muhammadi. Era beetaaga okumanya nti ekifaananyi kya Nnabbi kyetaagisa nnyo naddala mu biseera bino ensi w'ebuutikiddwa empangaala y'abantu etabalirira balala era efa ku bintu eby'ensi ebirabwako.Ekitabo kino kiyamba okujjumbira okusaasira mu nkolagana zaffe ez'obuntu n'engeri gye tulina okweyisaamu n'ebintu ebitwetoolodde nga tuzzeemu okwetegereza obulamu bwa Nnabbi Muhammadi, obw'eky'okulabirako, obwo obujjudde okusaasira eri obuntu.

Ekitabo kino ekyanjula mu ngeri esingayo obulungi ebintu ebikwata ku bulamu bwa Nnabbi Muhammadi, kyawandiikibwa Omuwandiisi omututumufu Omutuluuki eyamalira obulamu bwe bwonna mu kusoma, okussa mu nkola wamu n'okusaasaanya ensomesa ya Nnabbi. Omuwandiisi aggulawo eddirisa eri abo abaagala okutunula ku bulamu bw'omusajja eky'okulabirako kye ekigobererwa olwaleero kimu kya kutaano (1/5) eky'abantu abali mu nsi muno. Tewali muntu mulala mu byafaayo eyali asobodde okukyusa abantu wamu n'ebyafaayo by'obuntu okusinga Nnabbi Muhammadi. Yayigiriza abantu ng'ayita mu emu ku ddiini ezisinga obukulu mu nsi, era yateekawo omusingi gw'obugunjufu obusinga okwaka ensi bwe yali erabye mu bulamu bwe. Awamu n'ekyo, okusinziira ku muwandiisi, ebyo ssi bye bisinga obukulu mu bulamu bwa Nnabbi. Wabula, ekitabo kye kiraga nti, ettutumu lya Nnabbi Muhammadi liva mu kubeera nti ye yaleeta emisingi gy'empisa ezisinga obulungi mu buli ludda lw'oba otunuulidde mu bulamu bwe ne mu mpangaala ye n'abantu. Bw'atyo yakwata ku mitima gy'abaavu, abeetaavu, n'abanyigirizibwa; era n'asobola okusitula abantu abo n'abatuusa ku ddaala we baasobolera okubeera abasomesa era abalungamya eri obuntu bwonna mu kiseera ekyo ne mu mirembe gyonna. Okwagala kwe, okulumirwa n'okusaasira byasaasaanira si bantu bokka, naye byazingiramu n'ebisolo wamu n'ensi endala. Yali Nnabbi eyayatiikirira olw'embeera ze ez'obuntu era n'okwagala kwe okwabuna wonna

Mu Kulaane Entukuvu ekitiibwa Allah kye yawa Nnabbi Muhammadi kyali kumuyita, "ow'okusaasira eri ensi zonna". Ensi y'abantu y'emu ku nsi ennyingi Allah, "Katonda w'ensi zonna, ze yatonda. Okusaasira kwa Allah okutakoma n'okulumirwa kwe okw'olubeerera,

era ng'amanyiddwa n'amannya nga Omusaasizi ennyo Oweekisa ekingi, byeyolekera eri obuntu mu bulamu bwa Omubaka we. Okulumirwa kuno n'ekisa tebyakendeeranga ng'awangula Buwalabu n'okuwangula abalabe be. So ng'ate abalabe be baaganyulwa nnyo mu kusaasira kwe mu mbeera nnyingi, ng'ebyafaayo bwe byakiwandiika. Teyalumbako oba okukuba omwana omuto, omuddu wadde omukazi, era enneeyisa ey'ekika ekyo (ey'okutulugunya abaana, abaddu n'abakazi) yagiwera. Mu ngeri endala, teyagaanako kuyamba bantu abo abaamutuukiriranga nga bali mu buzibu.

Okwagala Nnabbi Muhammadi kitundu ku nzikiriza y'Obusiraamu. N'Abasiraamu bonna nga bwe babalagira okwagala Allah, mu ngeri y'emu babalagira okwagala Omubaka we. Awatali kwagala kuno, Obukkiriza bw'omuntu tebubalibwa. Era okwagala kwabwe Allah ne Omubaka we, kulina okubeera waggulu era wala w'okwagala ekintu ekirala kyonna. Abasiraamu balaga okwagala kwabwe n'okuwa Nnabbi Muhammadi ekitiibwa buli linnya lya Nnabbi we balyogererako nga bagamba nti: "Okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye" oba mu Luwalabu nti: "Swallallaahu alayihi wa sallama". Kino kitundu ku mpisa mu nkolagana yaabwe ne Nnabbi. Omuntu bw'asoma ku bulamu bwa Nnabbi kya mu butonde nti okwagala kwe kugenda kweyongera mu mutima gwe, gye biggweera nga kujjuzizza omutima.

Omuwandiisi Osman Nuri Topbaş kati awangaalira mu Istanbul. Yasoma ng'ayita mu nkola enkadde n'ey'omulembe. Awandiise ebitabo bingi ku miramwa egitali gimu ku Busiraamu ng'eddiini ne ku Busiraamu ng'obugunjufu. Omulamwa ogugenda guddingana mu bitabo bye by'awandiika guli ku bukulu bw'okusaasira, okwagala, n'okufaayo ng'ewuzi ezitunga empangaala y'Obusiraamu eyaddala. Ekitabo

kino, ekyawandiikibwa mu mbeera y'okwagala eri Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kiwa ekifaananyi eky'okusaasira, bwe kiba kinnyonnyola embeera ya Nnabbi enjawufu mu ngeri y'obulamu bwe n'empisa ze. Kigenderera okulungamya abantu eri ekisa n'obutukuvu bw'omutima, bwe kityo ne kiba nga kibayamba okufuna essanyu mu nsi ne ku Lunaku lw'enkomerero.

Ebigambo ebiri mu kitabo kino bikungaanyiziddwa okuva mu bitabo ebisinga okwesigika era eby'edda, ebyo ebiragiddwa obulungi wansi ku mpappula ezitali zimu. Hadiisi za Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) zirondeddwa okuva mu bitabo ebikungaanya Hadiisi ebyesigika byokka, era abo abaagala okufuna ebisingako awo, ebitabo by'Oluwalabu mwe bisimbuddwa nabyo biweereddwa.

Ndi mumativu muli nti ekitabo kino kijja kuziba omuwaatwa oguli mu bintu ebiwandiikibwa ku Nnabbi Muhammadi (okusasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga kijjayo oludda olulala mu bulamu bwe olwo olusinga okugayaalirirwa. Mu nsi ebuutikiddwa omwoyo gw'okukubaganya ebirowoozo mu bugunjufu obwenjawulo n'amadiini agatali gamu, okusaasira kye kintu kye tusinga okwetaaga. Okukoowoola kwa Allah eri abantu babeere n'okusaasira n'ekisa ng'ayita mu Mubaka we Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kuteekwa okubbulukukira mu mitima gy'abo abagoberera obuwufu bwe. Tewali kintu kirungi muyinza kuva kusaasira okusinga mu bantu abo Allah be yalonda okulungamya obuntu

Abdullah Penman




# EKY'OKWENYUMIRIZA KY'ENSI YONNA

EMIREMBE GIBEERE KU YE

(Sallallahu 'Alayhi wa Sallama)




"Mazima ddala yeesiimye oyo eyeetukuzizza." (Kulaane, al-A'la, 87/14)

*Ebiramuso bibeere ku Muhammadi Omulondemu eky'okusaasira eri ensi ebbiri ey'abantu n'amajinni.*

*Ebiramuso bibeere ku Muhammadi Omulondemu Omubaka w'ensi ebbiri ey'abantu n'amajinni.*

*Ebiramuso bibeere ku Muhammadi Omulondemu omukulemebze w'ebifo ebyemizizo ebibiri Makka ne Madiina*

*Ebiramuso bibeere ku Muhammadi Omulondemu jajja wa Hasane ne Huseyini*

Allah, Oweekitiibwa yawa ensi okusaasira kwe okutaggwaawo. N'awa abantu b'omu nsi, nga be baviira ddala mu kisa kye n'okusaasira kwe, ekifo ekisembayo waggulu mu bitonde byonna. Era abantu n'abagabira ebitendo ebibasobozesa okukwata ekifo ekyo ekyawaggulu kye yabawa.

Ekifo ekyo ekyenjawulo kye yabawa kyokka kyali tekimala kusobozesa bantu kutuuka ku kitundu ku ddaala Allah lye yayagala. Kye yava abasaasira n'abawa mu Bwakatonda bwe ebintu ng'amagezi agalaba obutuufu bw'ebintu n'okumanya okw'omwoyo. N'ekirabo ekirala Allah kye yawa omuntu ng'ennyongeza ku birabo bye twogeddeko, kwe kulungamizibwa Ababaka ba Allah. Obuyambi Allah bwe yawa abantu ne buba nga bwabatemera empenda ezituuka gy'ali mu ngeri esinga okubeera

entuukirivu. Era entikko y'obuyambi buno n'ebeera nga y'ettaala ya Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), Nnabbi ow'enkomerero, ng'era okubeera kwe mu nsi eno mu mwoyo n'omubiri nga Omubaka ne kibeera nga kirabo eri obuntu

**Ensi Yagiweesa Atya Ekitiibwa**

Omubaka (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga y'asinga okutuukirira mu lujegere lw'ebintu ebyatondebwa, yajja mu nsi muno ku lunaku olw'okusooka, olw'ekkumi n'ebbiri (12) mu mwezi gwa Rabbil Awwal, olukwatagana n'olunaku olw'amakumi abiri (20) mu mwezi ogw'okuna omwaka 571. Yazaalibwa ng'enjuba eneetera okuvaayo.

N'okuzaalibwa kwe, okusaasira okutukuvu okuva ewa Katonda kwabuutikira ensi eno. Kkala ez'ekiro n'emisana zaakyuka. Okuwulira mu nda kwafuuka kwa wala. Ebigambo, emikwano n'amasanyu byaggulwawo ne bifuuka bya lubeerera. Buli kintu kyafuna amakulu amapya, era ne kifuna essanyu eppya. Amasanamu gaakankanyizibwa ne gamerengulwa. E Madiyana, ekibuga kya Bakabaka b'e Iran abaamaanyi, embiri n'emizimbo emiwanvu byayonoonebwa. Amazzi g'ennyanja Sava gaakendeera okutuusa ennyanja yonna lwe yakalira, engeri amazzi ag'obulyazaamaanyi ag'ebitaba gye gaatandika okuggwaawo.

Emitima gyabooga amazzi amatukuvu ag'okusaasira n'emikisa.

Taata wa Nnabbi yali agenze Damascus era ng'ekyali kimututte kusuubula, naye aba akomawo eka (e Makka)

n'afiira e Madiina, ng'ebulayo emyezi ebiri bubiri omwana we azaalibwe.

Era ng'empisa y'Abawalabu bwe yali, omwana ow'emikisa, Muhammadi, yasigala mu mikono gya maama we eyamuyonsa eyayitibwanga Haliima okumala emyaka ena (4) miramba.

Nga Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) awezezza emyaka mukaaga, maama we amuzaalira ddala Amina yamutwala e Madiina ng'awerekerwako omukozi awaka eyayitibwanga Umm Ayman. Ensonga eyabatwala yali ya kulambula ntaana ya bba. Eby'embi, obulwadde obw'amaanyi namutta bwali bulindiridde Amina era yafiira mu kifo ekiyitibwa Abuwa. Omuyimbi yayogera ku kifo ekyo bw'atyi:

*Owange njole ggwe, eyeebase e Abuwa*
*Oli kimuli mu nnimiro yo*
*Ekimuli kya looza ekisinga obulungi mu nsi.*

Nnyina bwe yafa olwo Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'afuuka mulekwa omujjuvu era Ummu Ayman n'amukomyawo e Makka.

Obuto n'obuvubuka bwe nga mulekwa yabimala mu bulamu obw'ensa n'empisa, ekyali kiranga nti waliwo ekintu eky'amaanyi ekyali kimulindiridde mu biseera bye eby'omu masso.

Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yaweza emyaka abiri mw'etaano (25) yawasa

Khadiija (Allah amusiime). Khadiija yali mukyala wa kitiibwa ng'ava mu kika kya Bakulayishi, ekika ekyali kifuga Buwalabu. Khadiija oweekitiibwa yafuuka omuyambi wa Nnabbi era n'awaayo obulamu bwe n'ebyobugaga bye yalina Nnabbi abikozese nga bwe yali ayagala.

Khadiija, eyali asinza Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) emyaka ekkumi n'etaano, Muhammadi we yamuwasiza yali nnamwandu ng'era yalina n'abaana. Nnabbi ne Khadiija baawangaala n'enkolagana ennungi ennyo nga kino kyafuuka eky'okulabirako eri ensi yonna.

Lwe yabeerera omu yekka mu lutalo lwe, Khadiija ye yali omusaale mu kumuwagira. Okugeza obubaka obwasooka bwe bwakkira Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'ali mu mpuku ku lusozi Hira, yakankana olw'obuzito bw'obuvunaanyizibwa obwali bumuweereddwa Allah. Amangu ago yadda eka ng'ajugumira kwe kugamba nti:

"Khadiija! Ani ananzikiriza bye ngamba?"

Omukyala ono ow'emikisa kwe kwanukula Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nti:

"Ndayira Allah! Allah tajja kukuvaamu; ofa ku b'enganda zo; weetikka ebizibu by'abo abatasobola kwetikka bizibu byabwe, ogabira abanaku era n'oyamba abalala bafune bye batasobola kwetuusaako. Obudaabuda abagenyi. Oyamba abantu ku kusoomoozebwa kwe bafuna mu kkubo ettuufu

Mubaka wa Allah! Nja kukukkiriza era nkukkiririzeemu. Nze gw'oba osooka okuyita okutambulira ku kkubo lya Allah!"[1]

Bw'atyo Khadiija ye yasooka okubeera omukkiriza era ye yali omusaale okuyamba Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyeerabira n'akamu omukwano ogwewala Khadiija gwe yalina gy'ali, obugonvu wamu n'ekisa bye yalina. Nga Khadiija amaze okufa, buli lwe baasalanga ekisolo eky'okusaddaaka, Nnabbi yaweerezanga abooluganda lwa Khadiija ku nnyama.[2]

Emyaka abiri mw'etaano (25) egy'obulamu bwa Nnabbi egy'obufumbo yagimala ne Khadiija yekka (Allah amusiime). Bino bye byali ebiseera eby'obuvubuka bwe era nga kye kiseera kye kye yali asinga amaanyi. Abakyala Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) be yawasa oluvannyuma baali bamusinga obukulu ate nga baali bannamwandu. Omuwala yekka gwe yawasa nga mbeerera tafumbirwangako mu bakyala bano yali Ayisa (Allah amusiime). Ayisa yakwata ensonga z'eddiini ezikwata ku bakyala. Yali alengerera wala era nga mutegeevu. Oluvannyuma lwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okufa, Ayisa yawangaalayo akaseera akawera, ke yeeyambisa okuyigiriza abasajja n'abakazi ebyo ebingi bye yali amanyi. Ebintu bino oluvannyuma byafuuka omusingi gw'okumanya ogusinga obunywevu.

1. Bukhari, *Zakat* 1; Muslim, *Imaani* 12; Nasaa-i, *Swalat* 10; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, V, 417, 418)

2. Muslim, *Fadhwa-ilu Sswahaabah* 75; Ibn Hibbaan, *al-Swahiih*, XV, 467

Bino wammanga birambika bulungi engeri ekigendererwa kino gye kyatuukirizibwamu. Omu ku Basswahaba ba Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) abakulu Abu Muusa al-Ash'ari yanyumya bw'atyi: "Ffe nga Basswahaba ba Nnabbi buli lwe twafunanga kye tutategedde ku hadiisi yonna nga tubuuza Ayisa, era bulijjo twafunanga okumanya okumatiza mu bye yatwanukulanga.[3]

Ensonga endala eyali mu ky'okuwasa Ayisa yali ya kunyweza mukwano wakati wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne Abu Bakari (Allah amusiime), "ow'okubiri ku bantu ababiri" abaali mu mpuku eyitibwa Thawr nga kino bwe kyogerwa mu Kulaane ey'ekitiibwa.[4]

Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalinnyisibwa eddaala n'atuuka ku ddaala ly'obwannabbi ng'awezezza emyaka amakumi ana (40) oluvannyuma lw'okuwangaala obulamu obutukuvu mu biseera bye eby'obuvubuka wamu n'okuwangaalira mu bufumbo obulungi ennyo. Emyezi mukaaga (6) nga tannaweza myaka makumi ana, Allah Oweekitiibwa yamuggulirawo empuku ya Hira, eri okumpi ne Makka, nga ly'essomero ettukuvu.

Mu bibiina bino eby'omwoyo, amasomo amatukuvu mwe gaakolebwanga mu kyama, Nnabbi (okusaasira kwa

3. Tirmidhi, *Manaaqibu*, 62.

4. Laba Kulaane eyeekitiibwa, Tawba, 9/40.

Allah n'emirembe bibeere ku ye) baamuwanga ebisomesebwa ebikwata ku bintu eby'ekiseera n'ebyo ebitaggwaawo. Ng'amaze okuweza emyaka amakumi ana (40), yaweebwa obuyinza era n'atongozebwa okulungamya abantu era ebbaluwa eyamuweebwa eyo y'emu eyamulagira nti: "Soma ku lw'erinnya lya Katonda wo Oyo eyatonda!"(Kulaane, Alaq, 96/1-2).

Emyezi omukaaga egyasooka oluvannyuma lw'omukisa guno, omukisa ogwasooka okutegeerwa abo bokka abalina ebirowoozo ebisobola okugutegeera, gyali mikulu nnyo olwa "ebirooto ebyesigika". Mu butuufu, Hira yeefaanaanyirizaako enkola y'ensigo emerera mu ttaka wansi, ekifo eky'okutandika kw'omwoyo ogujja okusigala nga gusiikiriziddwa eri abantu emirembe n'emirembe. Naye ku by'oku ngulu, ebintu ebyatwala Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu mpuku kwali kulumirwa na nnaku bye yalina eri abantu b'omu biseera bye olw'engeri embi gye baawangaalirangamu n'obukyamu bwe baalimu mu nzikiriza n'enneeyisa yaabwe. Mu mazima, ekitundu kino ye yali entandikwa y'okujjulula Kulaane okugijja mu mbeera gye yalimu okugissa mu mbeera etegeerwa omuntu ng'eyita mu mutima omutukuvu ogutaliimu bbala ogwa Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Ekyo kye kyali ekiseera eky'okutumbula amaanyi ge ageekwese asobole okwetikka eggugu ly'obubaka eryo eryali litasoboka kwetikkibwa muntu wa bulijjo. Kino kifaananako okukyusa ettaka erivaamu ekyuma ne lifuuka omutayimbwa; kino kikolebwa na kuggyayo amaanyi ag'omu nda. Toyinza kulowooza ku magezi agayinza okusembererako ekinyusi ky'ekyama kino oba ebigambo ebiyinza okugenda ewala mu kyo ne bitataagulwa mu bitundutundu nga bikwatiddwaako.

Abo abatasobola kutunuulira nsi eno nga bayita mu ddirisa ly'omutima, beebo abaafuuka abantu abatalina buvunaanyizibwa abaakungaanira wansi wa bendera enzirugavu eya Abu Jahali ne Abu Lahabi, abaali abasaale mu kuyigganya Obusiraamu e Makka.

Obulamu bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwali bujjudde obubonero obulaga ekitiibwa ekyo ekitaaweebwa Nnabbi mulala yenna ku Bannabbi abaasooka. Allah Owaawaggulu Nnabbi yekka gwe yayita "Omwagalwa wange" (Habiibi). Mu ngeri y'emu Nnabbi yekka gwe yawa omukisa gwa Miraaje (okulinnya mu ggulu okutuuka ku Nnamulondo ya Allah).[5]

Obusukkulumu bwa Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bweyolekerawo bwe yakulembera Ababaka abaamusooka mu sswala mu Yerusalimu nga tannalinnya kugenda mu ggulu. Ekyama kya 'lan taraani' (tojja kundaba)[6] mu bulamu bwa Musa

5. Bukhari, Swalat 1; Muslim, Imaani 259; Abu Dawuda, Sunnah 23; Ti - midhi, Twib 12; Ahmada ibn Hanbal, al-Musnad, III, 224

6. Ekyama kya 'lan taraani (tojja kundaba) kyali bwe kityi: Nna - bi Musa (emirembe gibeere ku ye) baamuteeka mu mbeera emu ey'okweteekateeka n'okubeera omwetegefu okwogera ne Alla. Mu kusooka yalagirwa asiibe ennaku amakumi asatu (30) oluvannyuma ezaayongerwako ennaku ekkumi ne zifuuka amakumi ana (40). Ekiseera kino kyali kitundu mu kwetegekera okwogera ne Allah, okwakolebwa okutukuza Musa okumuggyamu ebyetaago by'omubiri. Musa (emirembe gibeere ku ye Allah teyayogera naye ng'ayita mu bintu ebyabulijjo okugeza okukozesa olulimi olwogera wabula yayita mu bigambo ebitalinaako kkomo ebitukuvu kalaamu. Tewali n'omu yawulira n'amatu oba mu ngeri endala yonna engeri gye baayogeramu wadde Malayika Jiburiilu oba abajulizi ensanvu (70) abaagenda ne Musa (emirembe gibeere ku ye). Musa yazirika nga kino kiva ku kweyolekerwa

(emirembe gibeere ku ye) kyeraga nga "qaba qawsayini aw adna,"[7] mu bulamu bwa Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Mu lugendo luno, mu by'eddiini y'ekisiraamu ekibiina baakiwa Sswala eyunga omuntu ku Allah ng'eky'okusaasira era eky'omukisa

Oluvannyuma lw'emyaka kkumi n'esatu (13) mu kulwana n'okufuba okulungamya abantu, Nnabbi

okutukuvu. Yali takyasobola kutegeera oba yali mu nsi muno oba yali mu bulamu obw'oluvannyuma. Yawulira ng'ali wabweru w'ebbanga n'ebiseera. Ng'abbidde mu kwagala n'essanyu eringi, yatandika okwagala ennyo okulaba Allah Oweekitiibwa al-Haqq okwannamaddala. Wano we yategeerezebwa nti 'Lan taraani' (tojja kundaba). Naye wadde ng'ekyo kyamugambibwa, wabula Musa yasigala ng'apereereza asobole okulaba Allah ng'ali mu mbeera ey'okufa n'obulamu. Wano Allah we yamugambira okutunuulira olusozi. Yamugamba nti olusozi bwe lunaagumira okweyoleka okutukuvu, awo naye yali ajja kusobola okumulaba. Emboozi yeeyongerayo nti ekitangaala ekitukuvu kyakkirizibwa okwaka ku lusozi. Olusozi ne lubebenteka mu bitundutundu. Musa (emirembe gibeere ku ye) yazirika olw'entiisa y'ebyo bye yalaba bwe yazuukuka yatendereza Allah ne yeenenya olw'okugezaako okubuuka ensalo we yalina okukoma

7. "Qaaba qawsayni aw adna" (oluvannyuma n'amutuukirira n'amusemberera n'abeera mu bbanga lya busaale bubiri oba obutawera – Najmu, 8-8). Nnabbi (SAAW) baamutwala emabega wa Sidratul mun'taha, awo ne Jiburiilu w'atasobola kutuuka (ne Jiburiilu tasobola kusemberera Allah bw'atyo). Aya eyogera ebbanga lya busaale bubiri oba obutawera. Waaliwo okwegatta wakati wa Allah ne Nnabbi (SAAW) mu bbanga eryo okwaliwo ebbanga amagezi g'omuntu ly'atayinza (obuwanvu bw'ebbanga) kutegeera. Kino kiraga enjawulo eri wakati wa Musa ne Muhammadi (emirembe gibeere ku bo bombi) ng'eragibwa amagezi gaffe amafunda.

Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) baamutwala mu mpuku endala. Empuku eyo yali mpuku ey'e Thawuri ng'ali mu kkubo lye ery'okuwanganguka. Ku luno Nnabbi Muhammadi tebaamutwala mu mpuku agunjulwe ng'omulundi guli ogwasooka, wabula baamutwala okumusobozesa okuvumbula ebyama bya Allah ebirala, n'okulongoosa omutima gwe. Muhammadi yabeera mu mpuku eno okumala ennaku ssatu n'ebiro bisatu. Era ku luno teyali yekka; yali ne Abu Bakari, eyali asinga okubeera n'eddaala eryawaggulu era nga y'asinga okubeera omugagga mu by'omwoyo ng'oggyeeko Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Abu Bakari yafuna ekitiibwa eky'okubeera ne Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu mpuku. Bw'atyo bwe yafuuka "ow'okubiri ku babiri". Nga bali mu mpuku, Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba mukwano gwe ow'ekitiibwa nti:

"*Totya, Allah ali wamu naffe*" (Kulaane, Tawba, 9/40). Mu ngeri eno yamusomesa engeri y'okubeera awamu ne Allah (Mai'yyah). Lino lye lyali essomo erisooka mu byama bya dhikr (okutendereza) n'okunoonya okumatiza omutima ng'oyita mu kuguggulirawo Allah.

Mu bigambo ebirala, empuku Thawuri yakola ng'ettendekero ly'omutima eritandikirwako; ogwo gwe mutima ogutwala omuddu eri Allah ng'oyita mu bire by'ebyama ebitaliiko kkomo. Akaseera kano ke yamala mu mpuku era ke kaali awawummulirwa awasooka mu lugendo olutukuvu. Kino kye kyali ekiseera Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) we yabikkulira ku Abu Bakari ebyama ebyali mu mutima gwe, ogwo ogwali ng'omugga gw'ekitangaala.

Kino kyateekawo olujegere lwa Zaabu olujja okubeerawo olubeerera. Obukkiriza amaanyi bugajja mu kwagala, era nga n'ekigendererwa ekikulu ekiri emabega w'engendo zonna ennungi empitirivu, kwe kwagala Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Engeri yokka omuntu gy'ayinza okufunamu emikisa gya Allah kwe kutwala eky'okulabirako kya Nnabbi, kubanga amateeka agafuga okwagala galagira nti tokoma ku kwagala oyo gw'oyagala naye olina okwagala n'ebyo oyo gw'oyagala by'ayagala. Tetusobola kutegeerera ddala okwagala okwo okutukuvu nga tukozesezza amagezi gaffe amanafu era agalina we gakoma mu kutegeera.

Tukkiriza nti emboozi eno ejja wammanga ejja kubaako ne ky'ekola ku buli mutima; engeri gy'eneeyisaamu omuntu ejja kwawukana okuva ku muntu okudda ku mulala, nga kino kisinziira ku busobozi bw'omutima ne we gukoma. Abu Bakari Siddiiq (Omukakasa) yafunanga ebimusanyusa buli lwe yayogeranga ne Nnabbi era yafunanga essanyu n'okuganyulwa mu mukwano gwabwe ne Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) obulamu bwe bwonna. Olw'okumanya ebyama eby'omunda eby'obubaka ate nga yafuna omukisa n'asobola okulaba ebyama ebyo mwe bibbulukukira, era yayagalanga nnyo okulaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne bwe baabeeranga naye.

Bwe yawulira Nnabbi Muhamadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'agamba nti: "Sifunanga mugaso mu bintu bya muntu nga bwe nnaganyulwa mu bintu bya Abu Bakari", Abu Bakari, Allah amusiime, yaddamu bw'atyi ng'eno n'amaziga bwe gamuyitamu:

"Nnabbi wa Allah! Nze n'ebintu byange si bibyo?!"[8] Mu kino yalaga nti ye n'ebintu bye byonna, yali abiwaddeyo eri Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) olwo n'afuuka "asaanyeewo (faani) mu ye (Embeera eno bagiyita fanaa fi Rasuul ekitegeeza "okusaanawo mu Mubaka" mu nkola ey'ekisuufi). Abu Bakari eby'obugagga bye yabisaasaanya mu kkubo lya Nnabbi. Okugeza lumu Omubaka Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamugamba nti:

*"Dduukirira abalwanyi!"*

Abu Bakari kwe kumuleetera ebintu bye byonna ebyomugaso n'eby'ebbeeyi. Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kumubuuza nti: "(Bino byonna obireese kati) eka bakyala bo n'abaana obalekeddeyo ki?" Yaddamu mu ssanyu ery'obukkiriza nti: "Ndesseeyo Allah ne Omubaka we…!"[9]

Muawiya bin Abi Sufyaani yayogera ku Abu Bakari bw'atyi: "Ensi yali teyagala Abu Bakari; wadde Abu Bakari yali tayagala nsi".[10]

Kiteekwa kimanyike nti Omubaka Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yafaayo nnyo ku b'omu maka ga Abu Bakari era teyabaagala kuwangaalira mu bugubi. Abu Bakari (Allah amusiime)

8. Ibn Maajah, *Fadhwa-il al-Nnabiyy* 11; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, II, 253; Ibn Hibbaan, *al-Swahiihi*, XV, 273; Ibn Abi Aswim, *al-Sunna*, II, 577.

9. Tirmidhi, *Manaaqib* 16; Abu Dawuda, *Zakat* 40; Daarimi, *Zakat* 26; al-Hakim, *al-Mustadraku*, I, 574; al-Bayhaqi, *al-Sunanu*, IV, 180; al-Bazzaar, *al-Musnadu*, I, 263, 394.

10. Ahmada ibn Hanbal, *Kitaabu al-Zuhud*, olup. 18.

okuwaayo ebintu bye byonna kyali lwa mbeera ey'enjawulo mu Basswahaba. Kino kisoboka okuba nga Abu Bakari n'ab'omu maka ge nga baali balina obugumu obwenjawulo n'obugumiikiriza wamu n'okwesiga ennyo Allah.

Allah ye yali omuyambi, omuwanirizi, omukuumi era eyakyaza abatambuze abo ababiri. Abatakkiriza abaali babanoonya, bwe baatuuka ku mumwa gw'empuku Nnabbi ne Abu Bakari mwe baali beekukumye ku lusozi Thawur, tebalina kye baalaba okuggyako ennyumba ya nnabbubi. Nnabbi ne Abu Bakari bwe baamala okuyingira mu mpuku, nnabbubi yazimba ennyumba ye ku mulyango gwayo; ekintu ekyabuzaabuza Abatakkiriza ne balowooza nti temwali muntu munda. Embeera eno omutontomi Arif Nihat Asya agyogerako bw'atyi:

*Ekiyumba kya nnabbubi tekyali mu bbanga*
*Wadde okubeera mu mazzi, oba okubeera ku ttaka*
*Wabula kyali mu maaso*
*G'abo abaali bazibye amaaso nga tebasobola kulaba mazima.*[11]

Abatambuze bano ababiri ab'ebitiibwa, nga bali wansi w'obukuumi bwa Allah obutukuvu baatuuka e Quba okumpi n'e Madiina. Abantu baali baalindiridde dda abatambuze bano ab'ebitiibwa n'okwesunga okwamaanyi; kyaddaaki baatuuka, olwo ekibuga kyonna ne kibugaana okujaganya n'essanyu.

Okukyakala n'okuyimba ebyamaanyi ne bitandika ng'abantu basaakaanya nti, 'Twal-a al-Badru alayna" (Omwezi omujjuvu guzze gye tuli), eddoboozi nga lidda okuva mu nsozi, nga liwulikikira mu bire, era nga lireeta

11. Asya, Arif Nihat Dualar Ve Aminler (Istanbul, 1973), olup. 122.

essanyu mu mitima gy'abantu. Olunaku lwali lwa 12 mu mwezi gwa Rabbil Awwalu, era ku olwo kalenda empya n'etandika okukola eri abantu bonna abalijja. Ebintu ebigwawo okuva olwo ne bitandika okubalibwa nga bakozesa ennaku z'omwezi ezo ne kalenda empya.

Okuva olwo Madiina yafuuka amakkati era endabirwamu y'okusaasaana kw'Obusiraamu. Hijra yakyusa ekyenyi ky'obutakkiriza (kufru) ekyali kifumye n'ekifuula ekitangaala. Omuzikiti gwa Nnabbi e Madiina n'omuzikiti gwe Quba ne gifuna amakulu amalungi ennyo era ne bisigala nga bifo bitukuvu ebijjukiza abantu okusenguka okw'emikisa (Hijra).

Ba'ansaar (Bannamadiina Abasiraamu abaayamba Basiraamu bannaabwe abaasenguka okuva e Makka) baalangirira eby'obugagga byabwe eri Bamuhaajiruuna (Abasiraamu abaasenguka okuva e Makka) nga bwe babagamba nti: "Bino bye by'obugagga byange; tugabanire wakati ekitundu kyange, ekitundu kikyo....". Omusingi gw'obwa sseruganda lw'Obusiraamu gwali gusimiddwa, ogwo gwe tugezaako okutambulirako wadde nga tuyita mu kusoomooza okungi nga tukola emirimu egitali gimu egy'okuyamba mu ngeri ezitali zimu. Mu ngeri eno Madiina yafuna ekifo ekitaggwaawo mu byafaayo by'Obusiraamu. Mwali mu Madiina, okwaziina, Lamanzaane, idi, ne Zaka mwe byafuukira ebitundu ku bulamu bw'ekibiina ky'Abasiraamu, era mwali mu Madiina omwalwanirwa entalo ez'ebyafaayo. Ebintu bino ebyagwawo ne bikolebwa byateekawo ekifaananyi eri abantu abalijja mu biseera eby'omu maaso.

Olutalo lw'e Badri lwali kigezo eky'okwerwanako okwenzikiriza entuufu ng'erwanagana n'obukaafiiri (kufru) era nga lwaggwa ng'enzikiriza entuufu emezze obukaafiiri. Obumu obw'Obusiraamu ne busikira obumu obw'ekika. Okugeza Abu Bakari (Allah amusiie) yagoolekaganya ne mutabani we mu lutalo olumu, omwana bwe yali tannafuuka mukkiriza. So nga Abu Ubaydah Amiri bin Jarraah (Allah amusiime) yagoolekaganya mu lutalo ne muganda we ataali mukkiriza. Ate nga ne Hamuza (Allah amusiime) yagoolekaganya ne muganda we ataali mukkiriza mu lutalo. Baasisinkana nga buli omu alina ekitala yeetegese okulwanyisa munne. Okulwana okwo okw'enzikiriza wakati w'abantu abaalina omusaayi ogumu tewali yali ayinza kukufumiitiriza nga Obusiraamu tebunnaba kujja; entalo ezaasooka zaabeerangawo nga ziva ku nkaayana ez'ebika. Mu ngeri y'emu Alla Oweekitiibwa yaweereza eggye lya Bamalayika. Bamalayika bano abeegatta ku mugendo baafuna enkizo ku bannaabwe abateetaba mu lutalo. Ng'olutalo luno luwedde, Allah Oweekitiibwa yassanga aya zino olw'okukuuma abakkiriza baleme kugwa mu nsobi y'okwematira n'okweyagala n'agamba nti: "Ssi ggwe wabatta wabula Allah ye yabatta. Ne lwe wakasuka (olubatu lw'enfuufu) ssi ggwe wakasuka, Allah ye yakikola alyoke awe Abakkiriza emigaso okuva gy'ali, kubanga Ye awulira era amanyi (ebintu byonna.) (Kulaane, Anfaal, 8/17).

Mu lutalo lw'e Uhudi, omusaayi gwa Hamuza gwayiika. Abasiraamu abaafiira mu lutalo olwo nga mw'otwalidde ne Hamuza, baatuuka mu nsanvu (70). Sswala za jeneza (ez'abafu) zaasaalibwa nga basaalira abafu naye nga buli mugigi gwe basaalira janaza ya Hamuza tebulamu. Ekitegeeza nti Hamuza buli lwe baasaaliranga janaza naye

baamusaaliranga. Hamuza ye yabeeranga ow'ekkumi. Hamuza mu mbeera ye yali ekifaananyi ekisinga obulungi eky'abantu abaafiira mu ntalo z'eddiini (abazira). Tetuteekeddwa kwerabira nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamwagala nnyo okugenda ewala n'atuuka n'okumwogerangako ng'ekitundu ku mutima gwe.

Olutalo lw'e Uhudi lwajjula ebintu eby'entiisa n'ennaku ng'ebyo bye twayogeddeko. Ebigezo bino byayamba ekibiina ky'Abasiraamu okukula mu by'okuweereza Allah n'okwewaayo gy'ali. Ebyava mu kukula kuno kwe kumatira Allah ky'aba asiimye era eyo ye ntikko y'enzikiriza y'Obusiraamu.

Okwongera kw'ebyo, waliwo ekintu ekyagwawo mu lutalo olwo ekyayuuguumya eggulu n'ensi nga kyali kya mpeta ezaava ku ngabo ya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ezaayita mu ttama lye ne zimenya erimu ku mannyo ge Mu kiseera ekyo Basswahaba baafuna ennaku etayogerekeka.

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasangula omusaayi mu kyenyi kye ng'akozesa ekibatu kye era n'atagukkiriza kuyiika ku ttaka, ng'atya obusungu bwa Allah ku nsi obwandivudde mu kino singa omusaayi gwe gwatonnya ku ttaka. Ensonga y'emu era kwe yava n'asaba Allah bw'atyi: "Allah! Abantu bange tebakumanyi. Tebamanyi. Nkusaba obalungamye. [12]

Hadiisi emu etutegeeza nti:

12. Bukhari, *Anbiyaa* 54; Muslim, *Jihaadi* 104; Ibn Maajah, *Fitanu* 23; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, I, 380

"Obusungu bwa Allah bweyongera eri abo abaafuula ekyenyi kya Nnabbi okujja omusaayi. [13]

Olutalo lw'e Uhud lw'alaga ebintu ebifaanana bwe bityo.

Basswahaba ba Nnabbi (Aswhaab) baamugoberera nga tebataddeewo kakwakkulizo na kamu, era baamugamba bwe batyi:

"Mubaka wa Allah! Tukukkiririzaamu.Tukkirizza, n'omutima gumu, Kulaane eyo gy'otuleetedde okuva ewa Allah. Tukoze endagaano naawe nti tujja kukugondera era tujja kukugoberera. Kola nga bw'oyagala, tuwe ebiragiro! Tulayira Allah eyakutuma gye tuli, singa oyingidde ennyanja naffe tujja kukugoberera tugiyingire era tewali omu ku ffe ajja kugaana kukikola…."[14] Basswahaba we baayogerera ebigambo ebyo baali batuuse ku ntikko y'obukkiriza bwabwe.

So nga mu lutalo lw'e Uhud lwe lumu, akaseera kaatuuka ne wabaawo okugyemamu ku kiragiro Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kye yali awadde abalwanyi ne wabaawo okweyunira okutono eri eby'okufuna by'ensi era ng'okugyema okwo kwakyusa ebyava mu lutalo. Okulabula okutukuvu kweyoleka era gye byaggweera ng'okuwangula kukeereyeemu.

Olusozi lw'e Uhud kifo ekyenjawulo mu mutima gwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Yagenderera obulamu bwe bwonna ng'alambula olusozi lw'e Uhud n'abazira abaafiirayo.

13. Ibn Is'haq, *Siira* olup. 311; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, II, 317; Ibn Abi Shaybah, *al-Muswannaf*, VII, 373

14. Bukhari, *Maghazi*, 4; Muslim, *Jihad* 83; Ahmada inb Hanbal, *al-Musnadu*, I, 389, 428, 457; Ibn Abi Shaybah, *al-Musannafu*, VII, 6.

Yagambanga nti: "Uhud tujaagala ne Uhud etwagala!"[15] Ebigambo ebyo byawa ekitiibwa ekifo ekyo, ekimanyiddwa ennyo olw'entaana z'abazira n'olw'ekifo kyakyo mu mutima gwa Nnabbi nga bwe kyeraga mu ngeri gye yafunanga ebiseera n'akirambula. Ekifo kino kijja kusigala nga kya njawulo eri Abasiraamu bonna.

Mu lutalo lw'e Khandaq (Olw'oluwonko) Nnabbi yasobola okwasa olwazi olunene olwali lulemye Basswahaba okuggyawo. Olutema olwasooka Nnabbi yagamba nti yalaba olubiri lwa Kayisaari. Bwe yatema olutema olw'okubiri n'alaba olubiri lwa Kisra, Kabaka w'e Persia, ate bwe yatema olutema olw'okusatu n'alaba embiri z'e San'ah nga zigwa zibetenteka. Olwo kwe kuwa abantu amawulire ag'essanyu ag'okusaasaana kw'Obusiraamu okwali kugenda okuddirira mu nsi ezo. Mu kino yali assa essuubi mu mitima gy'Abakkiriza ery'okuwangula okwali kujja. Yali awa amawulire ag'essanyu nti amazima gaali gaakuwangula obulimba era yali akuba maapu y'ensi eno ebitasoboka mwe byali bigenda okufuukira ebisoboka, kimu ku kimu.

Olutalo lw'e Khandaq lwalimu obulumi obw'amaanyi, okukoowa, okulumwa enjala, obunnyogovu, n'ekizikiza. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalusabiramu bw'atyi:

"Katonda wange! Obulamu obwaddala bwe bulamu bw'Enkomerero, nkusaba oyambe Ba'ansaari ne Bamuhaahiruuna.[16]

15. Bukhari, *I'tisaam* 16; Muslim, *Fadhwail* 10; Ibn Maajah, *Manaasiku* III, 140

16. Bukhari, *Jihaad* 34; Abu Dawuda, *Salat* 12; Nasaa-i, *Masaajid* 12; Ahmada ibn Hanbali, *al-Musnad*, VI, 289

Mu kusaba kuno yali annyonnyola nti obulumi bwonna n'okukoowa ebiri mu nsi muno tebirina we byenkana bw'oba ng'obigeraageranyizza n'Olunaku lw'enkomerero olugenda okubeerawo olubeerera. Mu kukola kino yali atendeka Basswahaba be Enkomerero gye baba bafuula ekigendererwa kyabwe.

Nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yali yakyogerako mu biseera we baakolera endagaano y'e Hudaybiyya, Abasiraamu baali baakuwangula mu ntalo ezaddako era Bannamakka baali baakwaniriza n'emikono emyanjulukufu nga baaniriza bannyini Makka abatuufu. Makka yawangulwa mu mwoyo abo abaali bagyagala n'okusonyiwa, emirembe, n'okulungamya. Okwagala Makka eyali ejjudde obulumi, obulyazaamaanyi, n'ebizibu kwakoma. Emyaka emingi egy'ennaku n'okubonaabona gyakyuka ne gifuuka essanyu. Ekyaddako, ng'okwebaza Allah, embeera ey'okusonyiwa esinga obunene mu byafaayo yalagibwa. Nga bayita mu kikolwa kino eky'okusonyiwa, abantu bangi abaakijjanya Abasiraamu ne babatta n'abalala abangi abaakola ebikolwa ebimenya amateeka baasobola okufuna ekitiibwa ky'Obusiraamu.

Oluvannyuma aya ekomererayo yakka Nnabbi bwe yali ng'ali mu Hijja Esiibula (Hajjat ul-Wadaa-a). Kyalangirirwa nti Eddiini yali ejjuziddwa. Kino, mu kiseera kye kimu, kwali kulabula nti Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), eyatumwa ng'eky'okusaasira eri ebitonde, nti yali amaze okutuukiriza eddimu lye baali baamutuma era nti ekiseera kye kyali kisembedde okudda

eri Katonda we. Era nga obukakafu obulaga nti yali amaze okusomesa eddiini, yabuuza Basswahaba be emirundi esatu kino okukijulira:

"Basswahaba bange! Eddiini ngibatuusizzaako? Eddiini ngibatuusizzaako? Eddiini ngibatuusizzaako?"

Bwe baamuddamu nti yali agibatuusizzaako, n'era emirundi esatu, yasitula ebibatu bye ng'abyanjuluzza nga bitunudde waggulu n'asaba Allah ajulire ensonga eno. Yagamba bw'atyi:

"Allah! Nkusaba obeere Omujulizi! Allah! Nkusaba obeere Omujulizi! Allah! Nkusaba obeere Omujulizi!" [17]

Mu kaseera kano obwesigwa obutukuvu, Allah bwe yali awadde Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okumala ebbanga lyonna ery'emyaka amakumi abiri mw'esatu (23) egy'obwannabbi ng'abutuukiririza e Makka n'e Madiina, lwe bwajjululwa ne bufuuka buvunaanyizibwa bwa Ummah yonna okutuusa ku Lunaku lw'okusala emisango (Olw'enkomerero).

Abamu ku Ba'ansaari baatandika okweraliikirira nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) engeri gye yali amaze okununula ensi y'ewaabwe era nga bwe bwali obutaka bwe nti yali ayinza okubaabulira n'addayo e Makka. Abamu obweraliikirivu buno baabulaga mu bigambo nga bino nti:

---

17. Bukhari, *Fitanu* 8; Muslim, *Imaani* 378; Abu Dawuda, *Manaasiku*, 56; N - saa-i, *Ihdaath*, 4; Ibn Maajah, *Fitanu* 2; Daarmi, *Manaasiku*, 34; Ahmada ibn Hanbali, *al-Musnadu*, 1, 447

"Allah Owaawaggulu amaze okununula Makka Nnabbi we n'agitwala, okutandika n'olwaleero, Nnabbi ajja kubeera Makka era tajja kudda Madiina".

Wadde nga bye baayogeranga eby'ekika kino nga baabyogezanga mukwano, kyokka Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ekintu kino yakyogerako nabo. Baawulira muli okuswala n'ensonyi ne zibakwata era ne bakkiriza nga bwe baali bayogedde bwe batyo. Omubaka wa Allah (PBUH) kwe kugamba Baansaari bw'atyi:

""Nsaba Allah ankuume nneme kukola kikolwa bwe kityo! Obulamu bwange n'okufa kwange byonna bijja kubeera nammwe…" [18]

Yalaga ekifaananyi ekitageraageranyizika mu kutuukiriza n'adda e Madiina.

Muhammadi ye Nnabbi ow'enkomerero naye waliwo Bannabbi abalala bangi abaamusooka. Wansi tukulaga olukalala lw'abamu ku Bannabbi abasinga okubeera abakulu abo Allah be yatuma eri abantu okubalungamya n'okubawa amagezi.

Adamu (emirembe gibeere ku ye), oyo Bamalayika gwe baalagirwa okuvunnamira;

Elijah (emirembe gibeere ku ye), oyo ye yalina ebyama by'eggulu lyonna;

18. Muslim, *Jihad* 86; Ahmada ibn Hanbali, *al-Musnadu*, II,538; Ibn Hibbaani, *al-Swahiih*, XI, 75; Nasaa-i, *al-Sunanu al-Kubra*, VI, 382; al-Bayhaqi, *al-Sunan al-Kubra*, IX, 117.

Nuuhu (emirembe gibeere ku ye), eyatukuza ensi ng'aginaazisa amataba;

Huudu (emirembe gibeere ku ye), eyazikiriza ensi z'abatakkiriza n'omuyaga;

Swaleh (emirembe gibeere ku ye), eyayuuguumya emisingi gy'amayumba g'obutakkiriza n'obugyemu;

Bulayimu (emirembe gibeere ku ye), eyafuula omuliro Nimrodi gwe yakuma n'amukasukamu (ne gufuuka) omuweweevu ng'ebimuli bya looza ali mu nnimiro nga kino kiva ku kwewaayo eri Allah n'okumwesigamirako;

Ismaaila (emirembe gibeere ku ye), akabonero k'obwesimbu, okutuukiriza, okwesigamira Allah n'okwewaayo eri Allah; emboozi ezikwata ku Nnabbi Ismaaila zijja kujjukirwa Abakkiriza mu biseera by'okulamaga olugendo lw'e Makka okutuusa ku Lunaku lwe nkomerero;

Ishaaqa (emirembe gibeere ku ye), oyo olulyo lwe olwavaamu Bannabbi Abayizirayiri;

Luutu (emirembe gibeere ku ye), Nnabbi eyeetikka ekizibu kya ba Sodom ne Gomorra, abantu abaatwala ekifo kyabwe mu bantu abaasuulibwa mu kasasiro w'ebyafaayo, abaasangulwa ku nsi olw'obugwenyufu obuyitirivu n'obugyemu;

Zulqarinayini (emirembe gibeere ku ye), eyatwala omumuli gwa Tawhidi (okukkiririza mu Katonda Omu) n'aguggya e Buvanjuba n'agutwala e Bugwanjuba;

Yaqubu (emirembe gibeere ku ye), oyo eyali ekijjukizo mu bugumiikiriza, okwagala, n'okulindirira;

Yusufu (emirembe gibeere ku ye), obulungi bwe obwafulula obulungi bw'omwezi era eyafuuka omufuzi wa Misiri oluvannyuma lw'okuwangaalira mu buddu n'ekiwuubaalo ng'ali mu kkomera ekiseera ekiwanvu, era eyawangaala ng'omugwira mu nsi eno, n'afuna okugezesebwa, obulumi, obuzibu, era n'okulwanyisa okwagala okususse;

Swayibu (emirembe gibeere ku ye), gwe bayita omwogezi wa Bannabbi era eyaleeteranga emitima okubugaana essanyu olw'ebigambo bye yayogeranga;

Khidri (emirembe gibeere ku ye), eyasomesa Nnabbi Musa ebyama ebitukuvu;

Musa (emirembe gibeere ku ye), eyafufuggaza amaanyi ga Falaawo era eyakolawo ekkubo mu nnyanja Emmyufu (Red Sea) ng'akozesa omuggo gwe;

Haruuna (emirembe gibeere ku ye), eyayamba muganda we Musa (emirembe gibeere ku ye) ebiseera byonna n'emu bifo byonna ku ddimu lye yaliko;

Dawuda (emirembe gibeere ku ye), oyo eyasobozesanga ensozi, amayinja n'ensolo enkambwe okubugaana essanyu olw'okutendereza (dhikr) kwe yakolanga;

Sulayimani (emirembe gibeere ku ye), omutima gwe ogwagaana okutwala obwakabaka bwe obwali obwamaanyi ng'ekikulu;

Uzayru (emirembe gibeere ku ye), eyafuuka akabonero k'okuzuukira ku Lunaku lwe nkomerero, bwe yazuukira oluvannyuma lw'okumala mu kufa emyaka ekikumi ekiramba;

Ayyuubu (emirembe gibeere ku ye), eyafuuka olwazi mu bugumiikiriza;

Yunusu (emirembe gibeere ku ye), eyawangula ekizikiza ng'ayita mu kutendereza ennyo Allah (dhikr), okusaba edduwa n'okwenenya ng'ali mu mbeera y'okubugaana essanyu;

Eliyaasi (emirembe gibeere ku ye), eyafuna emikisa emitukuvu Allah bwe yamulamusa: "Emirembe n'okulamusa bibeere ku Eliyaasi" (Kulaane, Swaffaat, 37/130);

Elijah (emirembe gibeere ku ye), eyalinnyisibwa eddaala mu nsi zonna;

Ow'omutima omutukuvu, Nnabbi Zulkifri (emirembe gibeere ku ye), eyabunduggulirwako emikisa;

Luqmaani (emirembe gibeere ku ye), akulembera abayivu, ab'engeri zombi ab'omubiri ogw'omunda ne ku ngulu, eyayatiikirira ennyo olw'ebigambo bye eby'okubuulirira eby'amagezi;

Nnabbi Zakariyya eyanyigirizibwa (emirembe gibeere ku ye), eyalemera ku kwewaayo eri Allah n'okumwesigamirako ne mu biseera ebizibu omubiri gwe we baagubejjuliramu wakati embajjo ebbiri naye n'ateemulugunyanako;

Yahya (emirembe gibeere ku ye), oyo eyafa ng'omuzira nga kitaawe;

N'oyo eyaweebwa ekitiibwa mu ggulu Yisa (emirembe gibeere ku ye), ebitendo bye ebyenjawulo omwali obutukuvu bw'omwoyo, okuwonya abalwadde, n'okuwa obulamu abafu, ng'obuyambi abujja wa Allah ng'ayita mu kusaba.

Bino byonna bifaananyi bya Bannabbi abakunuukiriza mu mitwalo ekkumi n'ebiri (120,000) be baatuma eri abantu nga

balina obubaka obutukuvu obweyolefu era obungi obwakkira ku bantu nga bulinga enkuba efukumuka mu bire ebikutte. Bannabbi abo baakolanga ng'ebimyanso eby'obulungamu obutukuvu era nga bayita mu bifaananyi, baakola ng'olujegere lw'obwannabbi abaaleeta amawulire amalungi era ne balanga okujja kwa Muhammadi (emirembe gibeere ku ye) oyo eyali ow'okutumwa ng'eky'okusaasira eri ebitonde.

Batugamba nti omukyala munnamukisa Thuwayibah yali omu ku bamaama ba Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) abaamuyonsa. Yali muzaana wa Abu Lahabi.

Mukyala Thuwayibah era ye yasooka okuwa Abu Lahabi amawulire ag'essanyu ag'okuzaalibwa kw'omwana wa muganda we. Olw'essanyu lye yafuna nga bamuleetedde amawulire ago yasalawo okuta omukyala eyagamuleetera olw'ekinyegenyege n'essanyu bye yafuna nga biva ku mutima gw'okwagala ekika kye. Bino byagwawo ku lunaku olw'okusooka. Okusanyuka kwa Abu Lahabi olw'okuzaalibwa kwa Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), wadde ng'ensonga yali ya bintu bya nsi eby'okwagala n'obumu bw'ekika, naye okusanyuka okwo kuyamba okukendeereza ku mutakkiriza ono ekibonerezo kye mu Muliro buli lunaku olw'okusooka.

Abu Lahab bwe yafa waliwo abaamuloota nga bamubuuza obulamu bwe yali awangaalamu oluvannyuma lw'okufa. Baamubuuza bwe batyi:

"Abu Lahabi! Oli otya eyo?"

Abu Lahabi: "Bambonyabonya mu Muliro! Naye ekibonerezo kyange bakikendeezaako buli lwakusooka ekiro. Nsika ku mazzi agali wakati w'engalo zange buli kiro ky'olunaku lwa bbalaza. Mpuliramu okunnyogoga nga nganywa. Kino kijja lwa kuba nga ku lunaku olwo nata Thuwayibah okuva mu buddu bwe yajja ng'adduka n'ampa amawulire ag'essanyu ag'okuzaalibwa kwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Olw'ekikolwa ekyo, Allah yansasulamu okunkendereza ku bibonerezo buli kiro ky'olunaku lwa bbalaza".

Ibn al-Jazari agamba nti:

"Omutakkiriza nga Abu Lahabi yaganyulwa mu kulaga essanyu olwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okuzaalibwa wadde ng'ekyo kyava ku kwagala na kulumirwa kika kye. Kati ekyo kigeraageranye n'ebirabo n'emikisa ebiva ewa Katonda Abakkiriza abannamaddala bye bafuna, singa, olw'okuwa ekitiibwa olunaku olwo ne baggulawo emitima gyabwe eri Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) oyo Ekyokwenyumirizaamu ky'ensi eno eky'olubeerera era ne bateekateeka n'emmeeza zaabwe nga baziteekerateekera abagenyi ..."

Engeri esaana okukuzaamu amazaalibwa ga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kuteekateeka enkungaana z'emisomo egikoleeza bupya ettaala z'omutima gwe mu mwezi mwe yazaalibwa. Ekigendererwa ky'ebikolwa bino kwe kuganyulwa mu by'omwoyo ebiri mu mwezi guno ate nga bwe tugabula

ebijjulo eri Ummah, mu ngeri eno tusobole okumatiza emitima egyebbise egy'abanaku, abagenyi mu bitundu, bamulekwa, n'abantu abatalina mwasirizi, nga tubayamba mu buli ngeri yonna esoboka n'okubawa saddaaka, n'okuteekateeka okusoma Kulaane mu lujjudde.[19]

Mulekwa ono yali tamanyi kusoma wadde okuwandiika kubanga yali tasomangako, naye yajja ng'omununuzi w'abantu bonna, avvuunula ensi y'ebintu ebitalabwako era omusomesa w'essomero ly'amazima.

Nnabbi Musa (emirembe gibeere ku ye) yaleeta amateeka n'ebiragiro. Dawuda (emirembe gibeere ku ye) yayatiikirira olw'okuba nga yasobola okuyimba okussa okusaba n'okutendereza mu nnyimba enseneekerevu. Yisa omulungi ye yatumibwa okusomesa abantu empisa ezisinga obulungi, n'okuwa ekifaananyi eky'okukyawa ebintu by'oku nsi. Nnabbi w'Obusiraamu, Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), ye bino byonna yabireeta: yateekawo amateeka era n'asomesa engeri y'okutukuzaamu omwoyo n'okusinza Allah n'omutima omutukuvu. Yasomesa abantu empisa ezisinga obulungi era n'azissa mu nkola mu buli kintu kye yakolanga mu bulamu bwe. Yassaawo engeri omuntu gy'atateekeddwa kubuzaabuzibwa na bintu bya nsi eno ebisikiriza. Mu bufunze, yakungaanya mu mbeera ze n'okuteekamu amaanyi obusobozi bwa

19. Joseph ibn Ismail al-Nabhan, *al-Anwaar al-Muhammadiyyah min al-mawaahib al-ladunniyah*, olup. 28-29. (Ebitundu ebimu eby'ebigambo bino byayogerwa al-San'an *al-Musannaf*, VII, 478; al-Bayhaqi, *Shu'abul Imaani*, I, 261; al-Marwazi, *al-Sunnah*, I, 82; Ibn Hagar al-Asqalaani, *Fat'hul Baari*, IX, 145).

Bannabbi wamu n'ebyebaatekwanga okukola. Mu mbeera ze mwasangibwamu ennono ezaava mu musaayi gwe n'empisa ennungi, wamu n'essanyu n'okumatira, ebyava mu mpisa n'obulungi obw'omubiri.

Bwe yaweza emyaka amakumi ana (40), eno ye yali entandikwa empya ey'obuntu.

Yali awangaalidde emyaka amakumi ana mu bantu be. Ebintu ebisinga obunene bye yali agenda okuleeta abantu baali tebabimanyi. Yali tamanyiddwa ng'omukulembeze, oba ng'omubuulizi, wadde omwogezi w'omu lujjudde. Ng'eky'okuba nga yali tamanyiddwa ng'omuduumizi awangula entalo okitadde ku bbali, naye n'okumanyibwa obumanyibwa ng'omusirikale omulwanyi omutendeke nakyo yali tamanyiddwa.

Yali tayogerangako mu lujjudde ku byafaayo by'amawanga agaayita, Bannabbi, Olunaku lw'enkomerero, Ejjana oba Omuliro. Yali yekka, ng'awangaala obulamu obulungi era ng'ayolesa empisa ezisinga obulungi. Naye yakyukira ddala okuva lwe yaserengeta ng'akkirira okuva mu mpuku ku lusozi lw'e Hiira, ng'amaze okussibwamu obwesige n'aweebwa amateeka amatukuvu.

Buwalabu yonna yeekanga ng'atandise omulimu gwe. Okwogera kwe n'engeri gye yatandika okusengekamu ensonga byakyamuukiriza bangi. Empaka z'okutontoma eza bonna, okukubaganya ebirowoozo, okwogera, byonna byavaawo. Abatontomi baali tebakyalina mbavu ziwanika bitontome byabwe ku bisenge bya Kaaba Entukuvu. Enkola eno, eyali emaze emyaka n'ebisiibo, yatuuka ku nkomerero yaayo, okutuusa ne muwala w'omutontomi Omuwalabu eyali asinga obwatiikirivu gwe baayitanga Imru-u Qaysi

olwamala okuwuliriza ekitundu mu Kulaane yagamba mu kuwuniikirira nti:

"Bino tebiyinza kubeera bigambo bya muntu! Bwe waba nga waliwo ebigambo ebifaanana bwe bityi mu nsi ekitegeeza nti ebitontome bya taata birina okuwanulwa ku Kaaba tebikyalinayo kifo. Genda obiwanuleyo; mu kifo we bibadde oteekeyo ennyiriri zino...!"

Nnabbi ne Kulaane yennyini baasoomooza ensi yonna okuleetayo ebitundu ebyefaanaanyirizaako ennyingo za Kulaane. Okusoomooza kuno okuleetayo ennyingo emu eyenkana n'emu kw'ezo eziri mu Kulaane tekufunanga muntu yenna akwenganga n'okutuusa olwaleero.

Allah agamba nti:

*"Bwe muba mubuusabuusa mw'ebyo bye twassa (mu biseera ebyenjawulo) ku muddu waffe kale muleeteeyo ennyingo efaananako n'eyo eri mu Kulaane; muyite abajulizi oba abayambi (bwe wabaayo n'omu) atali Allah bwe muba nga mwogera mazima".* (Kulaane, Baqara, 2/23)

Omusajja atamanyi kusoma, eyava mu bantu abataali bagunjufu abantu b'ekiseera kye yabaleka nga tebakyalina kya kulwanyisa oluvannyuma lw'okumanya okungi n'amagezi ebyassibwa nga biyita mu ye, ng'ennyanja y'ebyamagero ebitasoboka kusingibwa okutuuka ku Lunaku lwe Nkomerero. Ekintu kino kikakasibwa mu mbeera nnyingi. Kulaane entukuvu ekwata ku nsonga nnyingi eby'obuyivu n'amagezi aga sayansi, wamu n'okwogera ku bintu eby'omu maaso; so

ng'ebyo byonna ebyakkira mu Kulaane tewali na kimu ekyali kiwakanyiziddwa oba kukontana n'okuvumbula okupya mu sayansi. Wabula ng'ate, abafulumya ebitabo ebikungaanya, bakisanga nga bateekeddwa okufulumyayo ebitabo ebipya buli mwaka ebirongoosa ensobi eziba zikoleddwa mu bitabo byabwe ebisoose.

Nnabbi Muhammad (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yategeeza abantu bonna nti ye yali omusigire wa Allah ku nsi.

Yateekawo emisingi egy'empangaala y'abantu, eby'obuwangwa byabwe, okuteekateeka ebyenfuna, emisingi okutambulizibwa enfuga y'abantu n'enkolagana ey'amawanga, ate nga bino byonna yabikola mu ngeri ng'okugituukako kyetaagisa okunoonyereza okutwala ekiseera ekiwanvu ku bintu ebirabikako ne mu nsi y'ebintu ebitalabwako ng'okunoonyereza kuno kukolebwa bakakensa abasinga obumanyirivu mu biseera byaffe bino. Mu butuufu, abantu bajja kusobola okumanya obutuufu bw'ebikwata ku Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga bwe bagenda bakulaakulana mu kumanya okw'okuteebereza n'okw'okugezesa.

Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) – wadde nga yali tasitulangako kitala, nga tagendangako mu kutendekebwa mu by'ekijaasi, era nga teyeetabangako mu lutalo, okuggyako lumu ate ng'omutunuulizi - yalaga nga yali mulwanyi nnamige, ataatiitiiranga ne mu ntalo ezaali zisinga okubeeramu okuyiwa omusaayi ogwamaanyi, mu biseera by'okulwana okusaasaanya enzikiriza ekkiririza mu bw'omu bwa Katonda. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye)

yalina okulwana entalo ezo asobole okubunyisa emirembe mu bantu, wadde nga yali yakyawa nnyo okukozesa amaanyi n'obukambwe; kino kyali kitundu ku kusaasira kwe okutakoma okwabuna obuntu bwonna. Mu myaka mwenda bwenda yanunula Buwalabu yonna ng'akozesa eggye eryali erinafu bw'oligeraageranya n'abalabe be yalinanga okwenganga. Yafuna okuwangula okwalinga ekyamagero okutendeka mu by'omwoyo n'eby'ekijaasi abantu b'ebiseera ebyo abaali batalina mpisa. Okuwangula kwe kwali kunene nnyo ng'era abagoberezi be baasobola okuwangula obwakabaka obwali businga okubeera obw'amaanyi mu biseera ebyo, nga bwe bwakabaka bw'e Byzantine n'obwa Persia. Olwo amawulire amalungi agaali gaweereddwa emyaka emitono emabega ne gatuukirira.

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali yagamba abantu b'e Makka bw'atyi:

"Mukkirize eddiini era mungoberere!"

Kino Abu Jahali yakiwakanya nga bw'agamba nti:

"Ffe ne bwe tunaakugoberera, ebika bya Mudar ne Rabii-a tebijja kukugondera!"

Wano Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) we yamuddiramu nti:

"Oba baagadde oba tebaagadde, ate ssi bo bokka wabula n'ab'e Persia n'abe Byzantine nabo bajja kungoberera!"[20] Ekisuubizo kino kyatuukirizibwa mu kiseera si kyewala.

20. Ibn Ishaq, *Siirah*, olup. 190. (Ebigambo bwe bityo bisangibwa mu kitabo kya Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, IV, 128; al-Haakim, *al-Mustadraku*, III, 728; al-Bayhaqi, *al-Sunan al-Kubrah*, IX, 31; Ibn Abi Shaybah, *al-Muswannafu*, VI, 311; Ma'mar ibn Rashid, al-Jaami, XI, 48)

Wadde ng'embeera yali mbi nga teyamba, Omubaka wa Allah yaleeta mu nsi enkyukakyuka ezisinga obunene mu byafaayo by'omuntu, yatangira abanyigiriza, n'asangula amaziga g'abanyigirizibwa, era eddembe lyokka lye yaleeta abantu emitima gyasobola okubadda mu nteeko.

Muhammadi Akif, omutontomi ava mu Turkey, embeera eno yagyogera mu ngeri ennungi ennyo n'agamba bw'atyi:

*Mu ngeri eteeri nneetegekere, mulekwa yakula n'atuuka mu myaka amakumi ana.*

*Ebigere ebibunye omusaayi ebyalinnyanga ku mitwe gy'abantu ne gituuka ku mazzi!*

*N'okussa omulundi gumu, ono atalina musango yataasa obuntu,*

*N'oluta lumu, yawangula Basiiza ne Bakisra,*

*Omunafu eyasaaniranga ekintu kimu kunyigirizibwa, yasituka n'ayimirira,*

*Abanyigiriza, abaali batasuubirangako kuwangulwa, baabula,*

*Okusaasira ensi ddala kwali mu ddiini ye eyigiriza,*

*N'ebiwawaatiro bye yabikka ensi y'abo abaasaba obwenkanya,*

*Ensi byonna by'erina birabo okuva gy'ali'*

*Abantu ng'ekibiina balina ebbanja lye; abantu sekinnoomu nabo balina ebbanja lye,*

*Obuntu bwonna bulina ebbanja ly'ono atalina musango,*

*Katonda wange! N'okukkiriza kuno, tuzuukize ku Lunaku lw'enkomerero.*

Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), eyakungaanya mu buntu bwe ebintu ebirungi

byonna, singa teyajja mu nsi muno, obuntu bwandisigadde nga buwangaalira wansi w'okunyigirizibwa ne mu bugubi, era omunafu yandisigadde nga muddu w'oyo ow'amaanyi okutuusa ensi lwe yandiweddewo. Ensi yandimaamiddwa obukyamu. Mu mbeera bw'etyo, ensi yandimaamiddwa abanyigiriza (bamusibira mu bbwa), era yandibadde ya bantu ab'olubatu ab'amaanyi. Laba omutontomi bw'atenda obulungi embeera bw'etyi:

*Oh Omubaka wa Allah! Singa tewajja mu nsi eno,*

*Emiti gya looza tegyandifunye bimuli, ennyonza teyandiyimbye,*

*Amannya ga Katonda gandisigadde nga tegamanyiddwa,*

*Okubeerawo kwandibuliddwa amakulu era kwandyebbise mu nnaku.*

Muhammadi yalwana entalo abiri mu musanvu (27) n'ebikwekweto nga amakumi ataano ebimanyiddwa nga Sariyya (mu luwalabu). Obusiraamu bwasimba amakanda Makka bwe yawangulwa, Allah n'alangirira mu aya ya Kulaane wammanga nti Obusiraamu ly'eddaala erisembayo ery'omuntu okutuukirira. Yagamba nti:

"Olwaleero mbajjulizza eddiini yammwe, ne mbajjuliza ebyengera byange gye muli ne mbasiimira Obusiraamu nga ye ddiini ya mmwe". (Kulaane, Ma-ida, 5/3).

Kyali kiseera kya kwawukana okusinga obunene n'okwegatta okusingira ddala obunene.

Olunaku lumu emabega ng'obulwadde obwamuviirako okufa tebunnamulumba, Nnabbi yagenda n'alambula limbo e Madiina gye bayita Jannatul Baqi' gye yasabira abafu bw'atyi:

"Ayi Allah Omunene! Nkusaba oleme kumma bantu abeebase wano okusaasira kwo."[21]

Ekikolwa kino kyalinga ekigamba nti Nnabbi yali abasiibula.

Bwe yakomawo kye kyali ekiseera eky'okusiibula Basswahaba. Yabawa amagezi gano wammanga:

"Allah, Owaawaggulu awadde omu ku baddu be okusalawo wakati w'ensi eno n'ebintu ebisikiriza ebirimu, n'okusaasira okw'omu ggulu, omuddu n'alondako ebyo ebiri mu ggulu."

Abu Bakari (Allah amusiime) eyalina omutima omugonvu, bwe yawulira ebigambo bino yamanya nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali abasiibula. Yafuna ennaku ey'amaanyi, omutima gwe gwebbika ne gunakuwala, n'amaziga ne gayiika okuva mu mutima n'amaaso. Era wakati mu maziga amangi kwe kugamba nti:

"Taata wange ne maama wange baweebweyo ku lulwo, Mubaka wa Allah! Leka tuweeyo emyoyo gyaffe, n'emyoyo gya bakitaffe, bamaama baffe, abaana baffe n'eby'obugagga bye tulina ng'ennunuzi."

Tewali mu baaliwo yasobola kutegeera obubaka obukusike obwali mu bigambo bya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) wadde engeri gye yali awuliramu okuggyako Abu Bakari. Abu Bakari ye yekka eyasobola okutegeera kubanga ye yali "ow'okubiri ku babiri"

21. Muslim, *Janaa-iz* 102; Nasaa-i 103; Ibn Hibbaan, *al-Swahiih*, VII, 444.

abaali mu mpuku ey'oku lusozi Thawuri, ekintu ekyamuwa enkizo ku balala n'amanya ekyali kigenda mu maaso.[22]

Omubaka wa Allah yayogera ku Abu Bakari n'agamba nti: "Nateeka mu mutima gwa Abu Bakari ebyo byonna bye nnina mu mutima gwange…"

Basswahaba, nga balaba mukwano gwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ow'omuwendo ng'akaaba beewunaganya nti: "Teweewuunyizza okulaba ng'omusajja ono omukadde ng'akaaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yayogeredde ku muntu eyalonzeewo okusisinkana Katonda we?!"

Omutima gwa Abu Bakari omulungi era ogwesisiwala amangu gwo muli gwali gumaze okutegeera okusiibula okutukuvu era okunene era nga gufunye ekyebikiro era ne gutandikirawo okukaaba ng'omulere gw'ebbanda efuuwa nga yeeraliikirira olw'okwawukana kw'abantu.

Muwala wa Nnabbi, Maama waffe Fatuma, agenda okubeera omukulembeze w'abakyala mu Jjana, yawulira bubi nnyo olw'okwawukana okw'ekiseera ne taata we, Nnabbi w'okusaasira eri ensi zonna (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'atuuka n'okugamba nti:

"Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yajjulukuka okugenda ku Nkomerero,

---

22. Bukhari, *Swalat* 80; Muslim, *Fadhwail al-Swahaabah* 2; Tirmidhi, *Manaaqib* 15; Daarima, *Muqaddimah* 14; Nasaa-i, *Janaa-iz* 69; Ahmad ibn Hanbal, *al-Musnad*, III, 18

ennaku ey'amaanyi yankwata. Yali nnene nnyo nga singa yali egudde ku budde obw'emisana yandibufudde kiro."[23]

Yatulekera ebintu bibiri ebitulungamya: Kulaane entukuvu ne Ssunna.

Kulaane entukuvu ne Ssunna bye bintu ebibiri eby'ekijjukizo eky'olubeerera ebya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye); era bye biwa essanyu muno mu nsi ne ku Lunaku lwe nkomerero.

Yadda e Madiina n'afuna obulwadde obubi ennyo obwamumalako ennaku ekkumi n'essatu (13); n'oluvannyuma omwoyo gwe ne gutwalibwa ewali obulungi obutakoma. Ennaku z'omwezi zaali munaana (8) omwezi ogw'omukaaga, omwaka 632 oba 12 mu mwezi gwa Rabbil Awwal omwaka ogw'ekkumi n'ogumu mu kalenda ya Hijra.

Ku bibegabega bya Nnabbi waaliwo akabonero akatukuvu akaalaganga nti ye Nnabbi ow'enkomerero era Basswahaba abasinga obungi baayagalanga nnyo okunywegera akabonero ako. Imaam Byihaqi yagamba bw'atyi:

"Basswahaba ab'ebitiibwa baali babuusabuusa oba ddala Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali afudde kubanga ekyenyi kye ne mu maaso yali tafuuseeko n'akamu nga tebalabawo kabonero kalaga nti yali ajjulukuse okudda mu bulamu obutaggwaawo. Asma (Allah amusiime) kwe kunoonya akabonero k'obwannabbi ku mubiri gwe kyokka n'asanga nga tekakyaliko era olwo lwe kyategeerekeka nti Nnabbi ddala yali ajjulukuse okugenda mu nsi endala.[24]

23. Al-Nabhaani, *al-Muhammadiyyah min al-mawaahib al-ladinniyah,* olup. 593

24. Ibn Saadi, *al-Twabaqaati,* II, 271; al-Bayhaqi, *Dalaa-ilu al-Nubuwwah*, VII, 219

Eddiini yali emaze okujjuzibwa; okukkiriza kwa Basswahaba okujjulula obubaka obutukuvu okubuzza eri obuntu, kyalaga era ne kiweebwayo ng'obujulizi eri Allah Oweekitiibwa. Ekyo olwaggwa, Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'ayitibwa okugenda eri ensi etaliggwaawo.

Kati alinda bantu ba Kibiina kye mu Mahshar (Ewagenda okukungaanira abantu) ekibangirizi ewagenda okubeera okuzuukira, ku Swiraatwa (Olutindo) ne ku mugga Kawthara.

*Mubaka wa Allah! Tuwe okuwolereza kwo*
*Mubaka wa Allah! Tuyambe.*
*Mubaka wa Allah! Twanirize*

Ensi yaweebwa omukisa olw'okuzaalibwa kwa Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ku lunaku olwa bbalaza nga kkumi na bbiri (12) Rabbil Awwal.

Era lwali lwa bbalaza nga 12 omwezi gwa Rabbil Awwal Allah n'awa Nnabbi obuvunaanyizibwa obw'okuweereza nga Nnabbi. Abu Qataadata yanyumya bw'atyi:

"Nnabbi Muhammadi baamubuuza ku ky'okusiiba ku nnaku eza bbalaza. Mu kuddamu yagamba bw'atyi:

"Olwo lwe lunaku lwe nnazaalibwako ate era lwe lunaku kwe bantumira nga Nnabbi."[25]

25. Muslim, *Swiyaamu* 196; Ahmada ibn Hanbali, *al-Musnadu*, V, 299; Ibn Hi - baani, *al-Swahiihi*, VIII, 403; al-Bayhaqi, *al-Sunau al-Kubra*, IV, 286

Mu ngeri y'emu lwali lunaku lwa bbalaza nga 12 Rabbil Awwal, Nnabbi n'ayingira Madiina n'asimba ejjinja ery'eggwanga ly'Obusiraamu eppya, erijja okubeerawo olubeerera.

Nga okulaga obutukuvu, okuzaalibwa kwa Nnabbi, okusenguka kwe okuva e Makka okugenda e Madiina, n'okujjulukuka kwe okuva mu nsi eno okugenda mu ndala, ku lw'ekitiibwa kya Allah, byonna byaliwo ku lunaku lwa bbalaza nga 12 omwezi gwa Rabbil Awwal. Kino kikakasa obutukuvu bw'omwezi gwa Rabbil Awwal. Okweyoleka kw'obulungi obutukuvu (jamaal) byeyoleka nnyo mu kiseera kino. Ensi ez'omu nda ey'amasanyu agali mu bikujjuko by'okujjukira okuzaalibwa kwa Nnabbi n'ennaku eri mu kwawukana naye ng'agenze, byonna byegattira wamu mu kwegatta kw'ebyennyume ebibiri. Ye kati ali mu kulinda Ummah (abantu b'ekibiina kye) ku Lunaku lw'enkomerero, n'era n'ekisa n'okulumirwa.

N'olugendo lwa Nnabbi wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) olwamutuusa eri ensi y'amasanyu, ensi eno yaggyibwako okubeerawo kwe mu mubiri. Mu mazima eno ensi etatuukiriza ng'omutontomi omusuufi Omuottomani, Aziizi Muhammadi Hudaayi bwe yatontoma nti:

*Ani asuubira okutuukiriza okuva mu ggwe?*
*Ssi ggwe nsi etali ya ddala (engingirire).*
*Ssi ggwe nsi y'emu*
*Eyatwala Muhammadi omulondemu ewala?*[26]

26. Hudaai Mahmuudu, *Kulliyat-i Hudaai* (Istanbul, 1338) olup. 109




# OBULAMU BWE OBUWA EKY'OKULABIRAKO N'EKIFO KYE MU BABAKA



"Ekitangaala ekyeyunga ku kitangaala" (Kulaane, al-Nur, 24/35)

Empangaala ya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ky'eky'okulabirako ekirungi eri buli muntu. Kye ky'okulabirako ekisinga obulungi eri omukulembeze w'eddiini. Kye ky'okulabirako ekisingayo okubeera ekirungi eri omukulembeze w'eggwanga. Kye ky'okulabirako ekisaanidde okugobererwa eri abo abayingira mu nnimiro y'okwagala okutukuvu. Kye kifaananyi ekisembayo okubeera waggulu mu kusiima n'okwetoowaza eri abo ababa babundugguliddwaako ebirabo bya Allah. Kye kifaananyi ekisembayo obunene mu kugumiikiriza n'okwewaayo, mu biseera n'ebifo ebisinga okubeeramu okusoomooza. Kye kifaananyi ekisinga obulungi mu kugaba n'obutaba na kwagala kukungaanya ebyobugagga. Kye kifaananyi ekisinga okubeera ekisengejje mu kulumirwa abantu b'awaka. Kye kifaananyi ekisinga obunene mu kusaasira abanafu, abatalina mwasirizi n'abakuumirwa mu buddu, era kye kifaananyi ekirungi mu kusonyiwa abamukoze obubi n'abo ababa bazzizza emisango.

Bw'oba oli mugagga, lowooza ku bwetoowaze n'okugaba kwa Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), oyo eyawangula emitima gy'abakulembeze bonna abaafuganga Buwalabu!

Bw'oba oli munafu twala ekifaananyi kya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu kiseera kye yamala mu Makka ng'ali mu kunyigirizibwa

kw'abalyazaamaanyi abampembe Bamushiriki (abasinza ebintu ebingi).

Bw'obeera omuwanguzi, eky'okulabirako kijje mu bulamu bw'omuzira Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) eyawangula abalabe be mu ntalo olw'e Badri ne Hunayni.

Bw'owangulwa mu lutalo (ekyo nkusabira Allah aleme kukikutuusaako), jjukiranga eky'okulabirako kya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) eyatambula n'ekitiibwa kye, obuzira, n'okwesiga Allah ng'ayitaayita mu Basswahaba be be baali basse ne be baali batuusizzaako ebisago eby'amaanyi oluvannyuma lw'olutalo lw'e Uhud okuggwa.

Bw'obeera omusomesa, lowooza ku ky'okulabirako kya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) eyasomesa ebiragiro bya Allah ng'atuusa okulungamya kwe mu ngeri ennungi enseeneekerevu eri abantu b'e Suffa (As'haab al-Suffa) mu ssomero lye yateeka mu muzikiti gwe.

Bw'obeera omuyizi, sembeza mu magezi go eky'okulabirako kya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) eyafukamira ku maviivi ge ng'asomesebwa Malayika omukulu era Omwesigwa Jibriilu (Jibriilu al-Amiinu).

Bw'obeera omubuulizi oba omulungamya w'abantu omwesimbu (murshidi), wuliriza eddoboozi lya Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), eyasaasaanya ebigambo by'amagezi mu Basswahaba be.

Bw'obeera omulwanirizi w'amazima okugatuusa eri abalala n'okugasitula ate nga tolina ayamba mu nsonga eno, tunuulira ku bulamu bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah

n'emirembe bibeere ku ye), eyalangirira amazima mu Makka eri abalyazaamanyi ng'eno bw'abayita okudda eri amazima.

Bw'oba ng'owangudde balabe, ng'obamazeemu amaanyi, era ng'obalinnye ku nfeete, bw'oba ng'oggyeewo okukkiririza mu ba lubaale era ng'olangiridde amazima, leeta mu mutwe gwo eky'okulabirako kya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ku lunaku lwe yawangula Makka. Yayingira mu kibuga kino ekitukuvu ng'omuduumizi omuwanguzi, naye ng'ali mu mbeera ey'obwetoowaze, ng'atudde ku ngamiya ye ng'akotese omutwe alinga ali mu kuvunnamira Allah (sajdah). Kino yakikola ng'okulaga okusiima eri Allah.

Bw'obeera omulimi, eky'okulabirako kijje ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), oyo, olwamala okulwana ne yeddiza ettaka lya ba Bani Nadhwiiri, Khaybar, ne Fadak, yafuna abantu abakugu okukulaakulanya n'okuddukanya ettaka eryo mu ngeri esinga okulikozesa obulungi.

Bw'oba oli wekka nga tolina ba luganda, lowooza ku ky'okulabirako ekya mulekwa wa Abdullah ne Amina, omwana waabwe ataalina musango gwe bandibadde baagala ennyo.

Bw'obeera mu myaka gy'ekivubuka, ebirowoozo bizze ku bulamu bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) oyo, mu buvubuka bwe era ng'alindirira okufuuka Nnabbi, yakolako mu Makka ng'omulunzi w'endiga za taata we omuto Abu Talib.

Bw'obeera omusuubuzi era ng'ogenda mu safaari olw'okusuubula, lowooza ku bintu omuntu asinga okuweebwa ekitiibwa Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bye yayitamu ng'akulembedde abasuubuzi n'ebyamaguzi okuva e Makka okugenda e Busra mu Syria.

Bw'obeera omulamuzi mu kkooti oba diifiri, sembeza ekifaananyi ky'obwenkanya bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yamalawo obutakkaanya obwali bubaluseewo wakati w'ebika ebyenjawulo e Makka era ne baagala okuttingana nga bakaayanira ani eyandifunye ekitiibwa ky'okuzzaawo Ejjinja Eriddugavu (Hajar al-As-wadu) mu kifo we lyali nga tebannaba kuddamu kuzimba Kaaba.

N'era amaaso gasse ku byafaayo olowooze ku ky'okulabirako kya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), ng'ali mu muzikiti gwe e Madiina, engeri gye yakwatangamu kyenkanyi omwavu ali mu bugubi n'omugagga, n'engeri gye yabalamulanga mu bwenkanya obusinga okubeera obwawaggulu.

Bw'obeera omwami awaka, weetegereze n'obwegendereza ku mpangaala ya Nnabbi, okulumirwa kwe yalina eri abantu be, n'engeri gye yawulirangamu munda. Bino bijja kukuwa ekifaananyi ky'omwami omutuufu. Bw'obeera omuzadde, yiga eky'okulabirako kya taata wa Fatuma al-Zahara, era osome ku mpisa jajja wa Hasane ne Huseyini gye yabayisangamu.

Nga tofudde ku bitendo ggwe by'olina oba engeri gy'oba weesanzeemu, emisana n'ekiro, ojja kusanga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga ye ky'okulabirako ekituukiridde, omusomesa era omulungamya.

Ye musomesa omutuukirivu oyo bw'oba ogoberedde eby'okulabirako bye osobola okutereeza ensobi zo, n'ojja obutali butebenkevu mu bulamu bwo era n'oleeta obutebenkevu mu bulamu bwo. Ng'oyita mu kitangaala

n'okulungamya kwe, oyinza okweggyako ebizibu mu bulamu bwo n'ofuna emirembe n'essanyu.

Mu butuufu, obulamu bwe kisalaganda kya bimuli omukungaanidde ebimuli ebisinga okubeera ebirungi n'okuwunya akawoowo akalungi n'ebimuli bya looza ebirina akawoowo akasingira ddala okusonsomola.

Bw'olaba obwenkanya nga bubuutikidde ensi, bwe wabeerawo omukwano nga gugatta abaavu n'abagagga, abagagga mu bantu b'ekitundu bwe baba balumirwa abaavu ne babawa obuyambi mu kiseera ekituufu, owaamaanyi bw'aba ng'ataasa anyigirizibwa, omulamu bw'aba ayamba omulwadde, abalina ebyobugagga bwe baba bafa ku bamulekwa ne bawa bannamwandu ekyokulya, olwo manya nti ebikolwa ebyo ebirungi byasikirwa kuva ku Bannabbi n'abagoberezi baabwe.

Ebintu ebyo birabikira mangu mu bulamu bwa Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Kino kiri kityo kubanga ye ke kasolya k'obwannabbi. Olaba n'abatali Basiraamu abatalina kyekubiira, bakkiriza era ne bamatira obutuukirivu bwe. Omuyivu w'ebyafaayo, Thomas Carlyle yayanja endowooza ze ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu kitabo kye kye yatuuma, *On Heroes, Hero-Worship and the Heroic in History* (ebikwata ku bazira, okusinza abazira n'ebikolwa eby'obuzira mu byafaayo)[27]. Mu kitabo kino yalondayo abantu abagundiivu mu buli kintu n'ataganjula obulamu

27. Carlyle, Thomas, *On Heroes, Hero-Worship and the Heroic in History;* University of Nebraska Press, 1966

bwabwe ne bye baakola. Okugeza, Carlyle yalondayo abantu abasaanira okuyitibwa: omutontomi asinga, omuduumizi asinga, n'ebirala. Carlyle, nga mugoberezi wa Kristo era ng'eddiini ye agyogera butereevu mu kitabo kye, yalondayo era n'annyonnyola Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga Nnabbi asinga obulungi mu Bannabbi bonna.

Mu makkati g'ekyasa kino mu Lahey, Holland, ekibiina ky'abayivu abatutumufu n'abalowooza, baalonda abo be baalowooza okubeera mu bantu ekikumi mu byafaayo by'ensi abasinga obututumufu, naye baawulira nga bateekeddwa okulonda Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'omuntu eyakulembera olukalala luno.

Empisa ennungi entuufu z'ezo ezikolebwa omuntu n'abantu bwe bali ku mbiranye ne bakkiriza era ne bazikkiririzaamu nti nnungi. Empisa za Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ennungi n'amagezi ge bitenderezebwa n'abo abatakkiririza mu ddiini gye yaleeta. Kino kiri kityo kubanga embeera za Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ez'enjawulo zaakungaanya okutuukirira kw'empisa mu buli kiseera ne mu buli mbeera. Empisa ze zokka ze ziyinza okubeera eky'okulabirako ekiyinza okugobererwa abantu mu mitendera egyenjawulo ne mu biseera ebyenjawulo mu bulamu. Ye ye ntandikwa y'obugunjufu obwa buli bantu mu nsi eno. Aweereza ekitangaala eri abo abanoonya ekitangaala. Okulungamya kwe kye kitangaala ekimulisa abo bonna abanoonya ekkubo ettuufu; kye kitangaala ekitayinza kubuza muntu yenna. Ye yekka alungamya abantu bonna.

Abantu abaatuulanga mu mbuga y'okulungamya kwe baakola ensi abantu bonna mwe baakungaaniranga. Amawanga gonna, nga tebafudde ku njawukana zaabwe mu nnimi, langi zaabwe n'ebika, oba okwawukana kwabwe mu mbeera y'obulamu n'eby'obuwangwa byabwe, bonna beegattira wamu mu mbuga eyo. Tewaali gwe bagaana, tewaali gwe bagoba mw'emu ku mbuga ezo. Kyabeeranga kikujjuko kya magezi na kumanya ekitaasosolanga muntu okusinziira ku nsibuko ye, wabula buli muntu yatwalibwanga ng'omuntu era ng'ekyo kye kisanyizo kyokka kye yalinanga okubeera nakyo. Mu ngeri eyo tewaabeerangawo njawulo wakati w'ow'amaanyi n'omunafu.

Lowooza ku bagoberezi ba Mukama waffe, Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), ojja kulabamu abantu ab'ebitiibwa ab'enjawulo nga: Najaashi, Kabaka we Abyssinia (Abisiiniya); Farwa, Omukulu w'e Man'an; Zulkilah, Omunene w'e Himyar; Daylami, ow'e Firuz; Marakabuud eyali ava mu banene b'e Yamani; Ubayd ne Jafaari abafuzi b'e Oman.

Bw'onoddamu okutunula ku bakabaka n'abanene ojja kusangayo abaddu n'abankuseeere, n'abantu abatalina mwasirizi, nga Bilaali, Yaasir, Habbaab, Ammaar ne Abu Fukayha. Era ojja kusanga abawala abazaana n'abakazi abatalina ayamba nga Sumayya, Lubayna, Zinniira, Nahdiyya ne Ummu Abis.

Era mu Basswahaba be ab'ebitiibwa mwalimu abantu abaalina amagezi agasukkulumye, n'ebirowoozo ebirungi, n'endaba ez'amaanyi ng'omwo mw'otwalidde abantu abaalina obukugu obw'enjawulo n'obumanyirivu mu mirimu egisinga okubeera egy'okwegendereza; abantu

abaalina okutegeera okwewala mu byama by'ensi n'abo abaalina obusobozi okuddukanya ensi zaabwe n'amagezi n'amaanyi.

Abagoberezi ba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) baafuga ebibuga. Baafuga abitundu era abantu ne bafuna ku buweerero n'essanyu mu biseera byabwe. Abantu baaloza ku buwoomu bw'obwenkanya. Abagoberezi ba Nnabbi baabunyisa eddembe n'obutebenkevu. Nga bali ne nnabbi abantu baayisanga bannaabwe nga baganda baabwe era bannyinaabwe.

Lafayete, eyassaawo omusingi ogw'ebyamagezi mu Nkyukakyuka za Bufaransa eza 1789, yeekebejja enkola yonna ey'amateeka nga tebannalangirira kye baayita Okulangirira Eddembe Ly'obuntu n'akisanga ng'amateeka g'Obusiraamu gaali gasukkulumye nnyo era kwe kugoogerako bw'atyi:

"Muhammadi! Tewali muntu mulala yali atuuse ku ddaala lye watuukako mu kuteekawo obwenkanya!"

Embeera n'amaanyi g'omwoyo Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bye yalina byali bya maanyi nnyo ne bituuka okulinnyisa eddaala abantu abaali beeyisa kumpi ng'ensolo, abantu abaali batalina kye bamanyi ku byafaayo by'omuntu, ne batuuka ku ddaala erya Basswahaba lye baalimu; kino kifo ekiri ewala abalala we batayinza kutuuka. Yabagattira wansi w'eddiini emu, bbendera emu, amateeka, obugunjufu, nobufuzi bumu.

Abantu abaali batasomye nga tebalina mateeka gabafuga yabafuula abantu abayigirize; abantu abeeyisanga ng'ensolo

n'abafuula abantu abagunjufu, abamenyi b'amateeka era abaalina empisa n'enneeyisa ebisiiwuufu n'abafuula abantu abatya Katonda. Mu bufunze, yabafuula abantu abenjawulo abawangaaliranga mu kutya n'okwagala Allah.

Abantu abaali batayolangayo muntu mutumufu mu byasa ebingi ne bafuna abantu abangi abaali bawundiddwa n'ebikomo by'ekitangaala n'obulungamu. Ekitangaala ne bakitwala kyakire ebitundu ebyesudde ennyo mu nsi yonna; buli omu n'atwala omumuli gw'Obukkiriza, okumanya n'amagezi. Ekitangaala ekyakkira mu ddungu kyagabanyizibwa mu buntu bwonna. Ekigendererwa ky'okutonda ensi ne kituukirira.

Wadde nga yawangula emitima gy'abantu ng'omusomesa omutuufu, ekifo kye yafuna mu kaseera akatono ne bakabaka b'ensi eno ke batayinza kufuniramu kitiibwa ekyo, yasigala agenderera n'obulamu bwe bwe yali awangaaliramu obwangu, omwoyo n'atagussa ku byakufuna bya ku nsi ebyo bye yali ayinza okufuna nga tatawaanye era bye yali asobola okufuna mu bungi. Nga bwe yali, yasigala ng'awangaala ng'omu ku baavu mu kayumba ke ke baali baazimba mu mataffaali agakaziddwa n'omusana. Yeebakanga ku mufaliso gwe bapakiddemu ebikoola by'entende. Yayambalanga mu ngeri ennyangu. Empangaala ye yagikuumiranga wansi ng'ey'omuntu asembayo obunaku. Ebiseera ebimu yabulwanga emmere n'asibira ejjinja ku lubuto lwe asobole okuweweeza ku njala, so ng'ate mu kiseera kye kimu yalaganga okusiima eri Allah. Yasigala ng'asaba nnyo n'okusinza ng'ate yali yasonyiyibwa ebyonoono bye ebyakulembera ne bye yali ayinza okukola. Yayimiriranga ekiro okusaala ng'ebigere bye bizimba olw'okulwawo ng'asaala. Abanaku yabaweerezanga

obuyambi awo wonna we baamusabiranga okubayamba. Ye yali ensibuko y'essanyu eri oyo eyali awangaalira mu bugubi n'atalina mwasirizi. Ye kennyini yamalanga ebiseera ng'ali n'abo abaali obubi wadde nga yali wattutumu nnyo. N'ekirala yabakuumanga n'okusinga bwe yakuumanga abantu abalala mu kulumirwa n'obugonvu.

Olunaku lumu yanunula Makka, ekibuga abantu mwe baali bamumanyi nga ye yali asinga okubeera ow'amaanyi, ne wabaawo omusajja waamu eyajja n'amubuuza bw'atyi nga n'okukankana akankana:

"Omubaka wa Allah! Njigiriza Obusiraamu!"

Nnabbi yamuyita n'amugamba akkakkane nga bw'amujjukiza ekintu ekyali kisingayo obunafu mu bulamu bwe:

"Muganda wange kkakkana! Nze ssiri mufuzi wadde Kabaka! Nze ndi mulekwa wa muliraanwa wo (ng'ategeeza maama we Amina) eyali alya ennyama eyakalirirwanga ku kasana!"[28]

N'ebigambo ebyo, ebyafaayo yabiwa entikko y'obukkakkamu, eddaala eritaatuukibwako muntu mulala.

Ku lunaku lwe lumu, Abu Bakari, eyali mukwano gwe era nga gwe baali naye mu mpuku olunaku lwe yasenguka e Makka, yaleeta kitaawe ng'amuweese olw'okuba nga yali tasobola kutambula olw'obukadde naye nga yali ayagala ye yennyini yeewulirire ku bigambo bya Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga biva mu kamwa ke, naye Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamugamba nti:

28. Ibn Maajah, *Atw'imah* 30; al-Haakim, *al-Mustadraku*, II, 506; al-Tabaraani, *al-Mu'jam al-Awsatw*, II, 64

"Abu Bakari! Lwaki otawaanyizza taata wo omukadde ono? Singa omulese nze ne ngenda ewuwe?"[29]

Ensi nnyingi zadda wansi w'obukuumi bwe nga zeeyagalidde. Obufuzi bwe ne busaasaanira Buwalabu yonna. Yali asobola okukola kye yali ayagala naye teyakkiriza kuva ku bwetoowaze bwe yali awangaaliramu. Yakyogera kkaati nti ye teyalina buyinza ku buli kintu; wabula nti Allah y'alina amaanyi ku buli kintu. Waaliwo akaseera lwe yafuna ebyobugagga. Engamiya ezikubyeko ebyobugagga zaayinzanga okuyingira Madiina. Naye ebyobugagga ebyo byonna yabigabanyizanga mu baavu ye n'asigala mu bulamu bwe obwangu nga bwe yalimu. Yagamba bw'atyi:

"Singa nnalina zaabu eyenkanankana olusozi lw'e Uhudi, sandimukuumye kumala nnaku ssatu okuggyako oyo ammala okusasula amabanja ge nnina."[30]

Ennaku zaayitangawo nga mu nju ya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) temukumiddwaamu muliro kufumbako. Era ebiseera bingi bye yasulanga enjala.

Olunaku lumu, Umaru yayingira mu nju ya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ey'emikisa. Yatunulatunula mu nnyumba nga kumpi nkalu. Mwalimu akafaliso nga bakapakidde ebikoola by'entende nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) akeebasseeko. Ebikoola ebikalu ebyali mu mufaliso byali

29. Ahmada ibn Hanbali, *al-Musnadu*, VI, 349; Ibn Hibbaani, *al-Swahiih*, XVI, 187; al-Haakim, *al-Mustadraku*, III, 48

30. Bukhari, *Tamanni* 2; Muslim, *Zakat* 31; Ibn Maajah, *Zuhud* 8; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, II, 256

bimulambyeko obubonero ku mubiri gwe ogw'ekitiibwa. Waaliwo engano ku mabbali n'amazzi nga gagiriraanye. Mu kisenge temwali kintu kirala kyonna era buno bwe bwali obugagga bwe bwonna bwe yalina, so nga kino kye kyali ekiseera Buwalabu yonna mwe yali efukamira olw'amaanyi ge yalina. Ng'alabye embeera eno, Umaru yassa ekikkoowe era n'ayunguka amaziga. Nnabbi olwalaba amaziga kwe kubuuza Umaru bw'atyi:

"Umaru, kiki ekikukaabya?"

Umaru kwe kuddamu nti: "Nga kiki ekingaana okukaaba, Omubaka wa Allah?! Bakabaka b'e Rooma ne Iraani bawangaalira mu bulamu obw'okwegyalabya n'eddembe! Naye nga ggwe Mubaka wa Allah weebaka ku kafaliso nga kano akapakiddwa ebikoola by'omutende!"

Nnabbi Muhammadi yamugumya nga bw'agamba nti:

"Umaru! Leka ba Kayisaari (Bakabaka b'e Rooma) ne Bakabaka ba Iran (Kisra) beeyagalire mu nsi muno! Okweyagala okw'olunaku lw'enkomerero ffe kutumala!"[31]

Mu mbeera eyeefaanaanyirizaako bw'etyo, yagamba bw'atyi:

"Ensi eno eri kiki gye ndi! Embeera yange mu nsi eringa omutambuze atambula mu lunaku olumu mu biseera by'ekyeya, ne yeebaka wansi w'ekisiikirize ky'omuti, oluvannyuma n'azuukuka n'agenda n'agulekawo."[32]

Engeri gye yakwatangamu obulamu yali ngeri ntuukirivu.

31. Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, II, 298; al-Twabaraani, *al-Mu'jamu al-Kabiiru*, X, 162

32. Tirmidhi, *Zakat* 44; Ibn Maajah, *Zuhud*, 3; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, I, 301.

Obulamu bwe kyakulabirako ekituukiridde eri abagoberezi be bonna, ka babeere bagagga oba baavu, ba maanyi oba banafu.

We yafiira teyalina dinaar n'emu oba dir'ham, si muddu oba endiga emu bw'etyi. Kye yaleka yali nnyumbu nkazi njeru (endogoyi erina omusaayi gw'enfalaasi), ekitala kimu n'ettaka aryali e Fadak, ate lye yaleka alaamye likozesebwe mu mirimu gy'eddiini. Kwe kugamba nti teyaleka byabugagga. Era olw'okutya nti abantu baali bayinza okuwa saddaaka abantu b'ennyumba ye, yakifuula kya muzizo ku bo okukkiriza saddaaka yonna.

Ebifaananyi bino biraga nti omuntu oyo ataasoma eyazaalibwa mu nsi etaali ngunjufu ye yali omukulembeze omutuufu ow'ebiseera byonna: ebyayita, ebiriwo n'ebirijja, era ng'eky'okulabirako kye tewali ayinza kukimalayo.

Ebyobugagga, eby'okwegyalabya, obwakabaka, ekitiibwa oba okwatiikirira, oba emirembe teyabibala ng'ekintu. Bwe yali alwana okuteekawo n'okunyweza eby'okukkiriza mu Katonda Omu (tawhiidi), ebyobugagga n'ebitiibwa by'oku nsi byonna yabiraba ng'ebintu eby'okwewunda omutali.

Ayisa anyumya nti omukazi omu okuva mu Ba-ansaari yamukyalira. Bwe yalaba ng'obuliri bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwali kafaliso ke baali bazingidde ku mabbali w'ekisenge, yadduka ewuwe n'abaleetera omufaliso ogugonda, nga gupakiddwa wuulu (ebyoya ebigonda obulungi). Oluvannyuma Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yalaba ng'omufaliso bagukyusizza ne bamuwa ogugonda yalaga okutamwa n'agamba mukyala we Ayisa nti:

"Ayisa! Omufaliso guno guzzeeyo ewa nnyini gwo! Ndayira Katonda nti singa nnali njagala, Katonda yanditadde ensozi za zaabu ne feeza wansi wange nga zisobola okumperekera buli we mba ndaze."[33]

Ekifaananyi kino kimala okulaga nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ensi eno yali tagibalaamu kantu.

Ku bitendo bino ebitasangika kw'ogatta ekitendo ekimu ku ebyo bye yasinga okwatiikirira nabyo ekyali okwagala n'okulumirwa bye yalina eri Ummah (abantu b'ekibiina kye). Kino kinyonnyolwa bulungi mu aya ejja wammanga:

*"Ddala abajjidde Omubaka ng'ava mu mmwe mwennyini nga kimuyisa bubi okubonaabona kwammwe ng'abalumirwa era nga musaasizi eri Abakkiriza."* (Kulaane, Tawba, 9/128).

Embeera za Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ezo amagezi g'omuntu ze gatasobola kumalayo kumanya, katundu katono nnyo ku bintu ebingi ebimukwatako; zikiikirira entikko ekungaanya empisa z'abantu. Kino kiri kityo kubanga Allah Owaawaggulu yatonda ekitonde kino eky'emikisa kibeere eky'okulabirako ekirungi (Uswatun hasanah), eky'okulabirako ekisinga obutuukirivu eri omuntu ky'asobola okugoberera. Ekiva mu kino kwe kuba nga Allah yasitula Nnabbi okumuyisa mu mitendera ng'atandikira ku mutendera gw'okubeera mulekwa, eddaala eribalibwa nga lye lisinga okuba erya wansi mu butaba na maanyi mu bantu b'ekitundu ekimu, n'amulinnyisa n'amutuusa ku ddaala erisembayo waggulu mu maanyi n'obusobozi, nalyo ly'eddaala ly'obwannabbi

33. Ahmada ibn Hanbal, *Kitaabu al-Zuhd*, olup. 53; al-Bayhaqi, *Shuabul Imaani*, II, 173; Ibn Abi Aaswim, *Kitaab al-Zuhd*, I, 14

n'obukulembeze bw'eggwanga. Ekyagendererwa mu kuyisa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu mitendera gino gumu ku gumu kwe kusobozesa abantu ab'emitendera egyenjawulo mu bitundu, okusobola okumulaba ng'eky'okulabirako ekituukiridde mu nneeyisa n'okusobola okuteeka eby'okulabirako mu nkola buli omu okusinziira ku maanyi ge n'obusobozi bwe yalina. Abantu baffe abo abaasobola okutegeera kino obulungi, baakozesa erinnya lya Muhammadi mu ngeri erifuula ettono. Mu lulimi olu Turkey okwogera Muhammadi mu ngeri y'okukozza erinnya baliyita Mehmetjik, ekitegeeza nti "Muhammadi omutono". Mehmetjik lijjukiza omuntu eky'okulabirako ekitono ekya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu buli muntu, naddala abo abakkiririza mu bumu bwa Allah era ne bamugondera. Mu kiseera kye kimu, okufuna ekitendo kino kiwa amaanyi omuntu okufuuka nga Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okusinziira ku busobozi bwe.

Ne bwe yali omwana omuto, tewali mbeera ya butali butuukirivu gye baalaba mu mbeera za Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) – obutafaananako n'abo abeeyita abalungamya era abakulembeze b'obuntu, okusingira ddala Bafilosofa. Embeera ze tezaagenda nga zizimbibwa buzimbibwa oba okukula nga ziyita mu kugenda nga zitereera nga bwe kiri ku bakulembeze n'abalungamya. Embeera ze okubeera bwe zityo kwali kusalawo kwa Allah na buyambi bwe. Ne mu buto yalaga empisa entuukirivu, ekyalaga nti yali asaanira

obuvunaanyizibwa obwali bugenda okumukwasibwa mu biseera eby'omu maaso.

Endaba za Bafilosofa ennungi n'embi, abo abataalungamizibwa na bubaka butukuvu, ku mirembe gy'abantu b'ekitundu ekimu, zaasigala ku mpapula za bitabo byabwe, nga n'entono ezaatekebwa mu nkola tezaawangaala kiseera kiwanvu. Ekitali ekyo, Bafilosofa baalemwa okukola ng'eby'okulabirako oba ebifaananyi mu bulamu bwabwe oba okusanga mu bulamu bw'abantu abalala emisingi gye baawandiikako egikwata ku nneeyisa y'abantu entuukirivu.

Enneeyisa ya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yo ekola ng'ekintu ekisalawo eggoye ku mpisa era y'ekungaanya ebifaananyi byonna ebituukirivu. Okugeza, Filosofa ayitibwa Nietzche yalaga endaba ye ku muntu asukkiridde, naye teyasobola kwanjuluza birowoozo bye ku muntu ono ow'enjawulo n'ebikolwa ebyaddala by'akola mu bulamu obwabulijjo obwaddala. Olwo ebirowoozo bye ne bisigala nga birowoozo bulowoozo. Mu ssomo ly'empisa ez'Obusiraamu, Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yawa era ajja kusigala ng'akola nga eky'okulungamya eri obuntu n'ebikolwa bye byonna ng'omuntu, ebyo ebikola ng'entikko y'obutuukirivu.

Ku ludda olulala, Aristooto, yalaga emisingi n'amateeka agafuga empisa. Naye nga tetuyinza kufuna muntu n'omu eyafuna essanyu ng'atadde mu nkola n'omwoyo gwe gwonna ebirowoozo bya Aristooto. Kino kiri bwe kityo kubanga emitima gya Bafilosofa tegiyita mu mitendera gy'okutukuzibwa n'okuyonjebwa nga bwe kikolebwa ku Bannabbi, era ebigambo byabwe n'ebikolwa byabwe tebyafuuka bituukirivu nga biyambibwako obubaka. Olw'ensonga eyo enkola zaabwe zisigala mu bisenge

ebiteesebwamu ne ku mpapula za bitabo byabwe, naye ssi mu bulamu bwa bantu obwabulijjo.

Naye Mukama waffe, Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), nga tannatwala buvunaanyizibwa bwa bwannabbi, yafuna okukwatirwako n'okwesigibwa abantu abaali bamumanyi nga "Omwesigwa" era "Omwogera mazima". Yagenda okutandika omulimu ogwo ng'amaze okwekolera erinnya eryo.

Abantu baamanya embeera ze ennungi, obulungi bwe wamu n'obwesimbu bwe nga tannafuuka Nnabbi era ekyo ne kimubaagazisa. Abantu be baamuwa erinnya erya "al-Amiinu" (omwesigwa), ne bakkiriza okusalawo kwe nga tebawaliddenamu, bwe baali balemeddwa okukkiriziganya ku ngeri ki gye baali ab'okuzzaawo Ejjinja Eriddugavu mu kifo kyalyo we baali balijje nga balongoosa Kaaba.

Ekyaliwo ddala kye ky'okuba nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yeggya mu kukola ebintu ebibi byonna ne mu kutyoboola eddembe ly'abantu abalala. Ekibiina kyokka kye yeetabamu nga tannaba kufuna bwa Nnabbi kyali kya Hilf al-Fudhwul, abaakola endagaano ey'okukola obulungi. Yabyetabamu kubanga ekibiina kino kyali kyewaddeyo okukolerera obwenkanya. Bye bakkaanyaako mu ndagaano eno byali bwe bityi:

"Singa eddembe ly'omuntu ava e Makka oba ebweru liba lityoboddwa, omuntu alityobodde yali wa kulwanyisizaawo, era baali baakutwala ludda lwa muntu ayiikiriziddwa, okutuusa nga ataasiddwa oba ng'obulumi buliyiriddwa. Okulaba nga eddembe ly'obuntu, obwenkanya, emirembe n'obumu nga bibuna wonna."

Endagaano eno eyali egenderera okulwanyisa okuyiikiriza n'okunyigiriza wamu n'okutyoboola eddembe

ly'obuntu yasikiriza nnyo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ekyamutuusa n'okugamba ng'amaze n'okufuuka Nnabbi nti:

"Nnaliwo mu nnyumba ya Abdullah ibn Jud'aan ne ba taata bange abato. Kino kyansanyusa nnyo ng'era sandisanyuse bw'entyo nga bampadde ebyobugagga by'omu nsi muno (engamiya emmyufu ennyingi) mu kfio ky'okwetaba mu ndagaano eyo. N'olwaleero singa baba bakumpita okuddamu okwetaba mu ndagaano eno nnandikikoze."[34]

Eky'okulabirako kino n'ebirala ebitaggwaayo ebiraga obwenkanya, okusaasira n'okulumirwa mu bulamu bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bifaananyi ebisaanira okugobererwa okutuusa ku nkomerero y'ebiseera. Ng'eriiso bwe lisobola okulaba ekitangaala ekyaka, amazima agali mu musubbaawa guno oguli waggulu ogwakira ensi tegayinza kugaanibwa, naddala mu nsi ey'omu nda (ey'omwoyo). Mu butuufu, nga bayita mu kukozesa amagezi, abayivu abatali Basiraamu bangi bakkiriza ebirungi bya Nnabbi n'ebintu bye yatuukako. Omu ku bano ayitibwa Thomas Carlyle, nga bwe twayogedde emabegako, yayogera mu kitabo kye, *On Heroes, Hero-Worship and the Heroic in History*,[35] nti okuzaalibwa kwa Nnabbi Muhammadi kwalaga okuvaayo kw'ekitangaala okuva mu kizikiza.

Yo The Encyclopedia of Britannica (Ekkungaanyizo ly'ebigambo) yakakasa empisa ze ennungi ng'eyita mu

34. Ibn Saadi, *al-Twabaqaat*, I, 129; Ibn Hishaam, *al-Siirah al-Nabawiyyah*, I, 133-134; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, I, 190-193; al-Bayhaqi, *al-Sunan al-Kubra*, VI, 367

35. Laba olup. 57

kulangirira nti tewali kiseera kyonna Nnabbi oba omuntu azza obujja eddiini eyali atuuse ku ddaala ly'okuwangula eryo Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lye yatuukako.

Ye omuwandiisi Stanley Lane-Poole, yakkiriza nti olunaku Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lwe yawangula abalabe be era lwe lunaku lwe yawangula olutalo olwali lusinga obunene olukwatagana n'empisa bwe yasonyiwa nga tewali kimukase Abakulayishi bonna ne Bannamakka bonna okutwalira awamu.

Mu ngeri y'emu, omuwandiisi Arthur Gilman yawandiika ku buzito bwa Nnabbi mu kununula Makka. Yagamba nti obuzito bw'ebintu Bannamakka bye baamukola bwandimusenzesenze mangu okuwolera eggwanga. Naye yagaana abalwanyi be okuyiwa omusaayi ogw'engeri yonna. Yalaga okusaasira okutabangawo n'asigala ng'asiimye Allah.

### Nnabbi nga Bamushiriku bwe Baamulabanga

Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yeewangulira obwesige bwa Abawalabu Bamushiriku mu biseera by'obutamanya ddiini ebya Jaahiliyya. Ne Abu Jahli kennyini, eyali asinga obulabe eri Obusiraamu, lumu yamugamba nti: "Muhammadi! Sikuyita mulimba naye eddiini gy'oleese gye ssaagala…"[36]

Abalabe ba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) abasinga obubi bakkiriza obwesimbu bwa Nnabbi munda mu mitima gyabwe, naye ebweru ne

36. Tirmidhi, *Tafsiiri Suurah*, 6,1; al-Haakim, *al-Mustadraku*, II, 345

bamugaana olw'ensonga emu, kwekuluntaza. Kulaane kino ekinnyonnyola bw'etyi:

*"Tumanyi nti ddala ebigambo bye boogera bikunakuwaza naye ssi ggwe gwe balimbisa wabula aya za Allah abalyazaamaanyi ze bawakanya."*(Kulaane, An'am, 6/33)

Heraclius, Kabaka w'e Byzantine ow'ekiseera ekyo, eyawangula aba Persia mu mwaka gwa 628, yafuna ebbaluwa emuyita okuyingira Obusiraamu. Heraclius teyanyiiga wabula yalaga okufaayo era yayagala okumanya ebyali mu bbaluwa eyo. Yayagala okubuuza n'okufuna amawulire agakwata ku ddiini empya. Olw'ensonga eyo, yalagira bamuleetere mangu abamu ku bantu abaali bava mu nsi Nnabbi oyo omupya gye yali ava. Mu kiseera ekyo, Abu Sufyaani, eyali omulabe wa Nnabbi eyali talina kisa, yali mu Syria ng'akulembedde abasuubuzi b'e Makka. Gwali mwaka gwa mukaaga ogwa Hijra nga Abashiriki b'e Makka balina endagaano y'emirembe n'Abasiraamu ey'obutatabaalagana (gye baakolera e Hudaybiyya). Basajja ba Heraclius, abaali banoonya Bannamakka okubaggyako amawulire agakwata ku Nnabbi omupya baagwa ku Abu Sufyaani ne mikwano gye ne babatwala ewa Kabaka.

Heraclius n'abakungu be mu kiseera ekyo baali mu ILYA oba Baytul Maqdis. Heraclius n'abakungu be bakkiriza Abu Sufyaani ne banne mu lubiri ne boogera nabo nga bayita mu mutaputa. Heraclius yabuuza:

"Ani asinga okubeera okumpi mu luganda n'omuntu oyo eyeeyita Nnabbi?"

Abu Sufyaani kwe kugamba nti:

"Mu bonna abali wano nze nsinga okubeera n'oluganda olw'okumpi naye." Heraclius kwe kulagira nti:

"Mumusembeze kumpi ne mikwano gye! Njagala mikwano gye gibeere kumpi naye nga njogera naye."

Kwe kukyukira omutaputa n'agamba nti:

"Bagambe nti nja kubuuza omusajja ono ebibuuzo ku Nnabbi oyo omupya. Singa alimba, balina okuntemyako nti alimba."

Abu Sufyaani bwe yali anyumya emboozi eno yagamba nti, "Ndayira Katonda, singa nnali simanyidde ddala nti mikwano gyange baali bayinza okuntunda ne babikkula ebirimbo byange nnandirimbye ku bikwata ku Muhammadi." Abu Sufyaani kwe kunyumya ebyaliwo ne Heraclius bw'atyi:

Ekibuuzo ekyasooka kyali:

"Olunyiriri lwe luli lutya?"

Kwe kumuddamu nti:

"Olunyiriri lwe luweebwa nnyo ekitiibwa mu bantu baffe!"

Ko Heraclius nti: "Waliwo omuntu yenna eyeeyita Nnabbi ng'ono tannaba kweyita?"

Ko nze nti: "Nedda".

Ye kwe kubuuza nti:

"Waliwo omuntu yenna eyali abadde Kabaka mu bakadde be ne bajjajja be?"

Nze kwe kumuddamu nti: "Nedda."

Heraclius kwe kumbuuza nti:

"Abagoberezi be bava mu bantu abanyoomebwa oba abaawaggulu (mu ddaala)?"

Nze kwe kumuddamu nti: "Bava mu bantu ab'awansi."

Ye kwe kubuuza nti:

"Omuwendo gw'abagoberezi be gweyongera bweyongezi oba gukendeera bukendeezi?"

Namuddamu nti: "Omuwendo gwabwe gweyongera bweyongezi."

Yabuuza nti:

"Mu bantu abo waliwo yenna eyali avudde mu ddiini eyo empya olw'obutagimatira?"

Nze kwe kumugamba nti:

"Nedda."

Yambuuza nti:

"Mwali mumukutteko ng'alimba nga kino tekinnagwawo?"

Kwe kumuddamu nti:

"Nedda."

Yeeyongera n'ambuuza nti:

"Yali amenyeko ku ndagaano?"

Kwe kumuddamu nti:

"Nedda, endagaano z'aba akoze azituukiriza okuggyako kati twakola naye endagaano y'emirembe n'obutatabaalagana okumala ekiseera naye tetumanyi kiki ky'agenda okukola."

(Abu Sufyaani yagamba nti, "Kino kye kyokka kye nnateeka mu kuddamu kwange ebibuuzo ekyali kigenderera okumwonoona.")

Hraclius kwe kubuuza nti:

"Mwali mulwanyeko naye?"

Kwe kukkiriza nti:

"Ye."

Ko ye nti:

"Byagenda bitya mu ntalo ezo?"

Nze kwe kumugamba nti:

"Ebiseera ebimu twawangula naye ebiseera ebirala n'atuwangula."

Kwe kumbuuza nti:

"Abalagira kukola bintu nga kiki?"

Namuddamu nti:

"Atugamba kusinza Katonda Omu Yekka n'obutamugattako kintu kirala n'okuleka amasanamu gaffe bajjajjaffe ge baasinzanga. Atulagira kusaala, kubeera beesimbu na butayenda, okukuuma ekitiibwa kyaffe n'okukuuma enkolagana ennungi n'oluganda n'abantu be tulinako oluganda."

Oluvannyuma Heraclius yagamba omutaputa nti:

"Mugambe nti nnabuuzizza ebikwata ku lunyiriri lwe. Yagambye nti olunyiriri lwe lwa kitiibwa nnyo mu bo. Bannabbi bava mu nnyiriri eziweebwa ennyo ebitiibwa mu bantu baabwe.

Ne mmubuuza oba nga waliwo omuntu we yenna eyeeyitako Nnabbi n'agamba nti nedda. Singa waaliwo eyali yeeyise bw'atyo nnandirowoozezza nti oyo gw'akoppa.

Nnabuuzizza oba waliwo kabaka yenna mu bajjajja be n'agamba nti nedda. Singa waliwo eyali abaddeko kabaka nnandibuusizzabuusizza nti agezaako kulaba nga yeddiza engule ye.

Nnamubuuzizza oba yali amusangirizza ng'alimba nga tannaba kweyita Nnabbi, n'agamba nti nedda. Nkimanyi bulungi nti omuntu atalimba bantu tayinza kulimbirira Katonda.

Nabuuzizza ebikwata ku bagoberezi be oba nga bagwa mu kiti ky'abantu abaawaggulu oba ba wansi. Yagambye nti bagwa mu kiti kya bantu abali mu ddaala erya wansi mu bantu baabwe. Kimanyiddwa bulungi nti, ku ntandikwa, abagoberezi ba Bannabbi babeera mu bantu aba wansi mu kitundu.

Nayagadde okumanya oba omuwendo gw'abagoberezi gweyongera oba gukendeera bukendeezi, n'agamba nti omuwendo gweyongera bweyongezi. Ekimu ku bintu ebyeyawulidde eddiini entuufu kwe kuba ng'omuwendo gw'abagoberezi baayo nga gweyongera ku ntandikwa.

Nabuuzizza oba waliwo omu ku bagoberezi be eyali ayabulidde eddiini eyo empya ng'amaze okugyesogga, kino n'akigaana. Kino kye kizuula, essanyu ly'obukkiriza nga bwe limala okubugaana omutima emirandira ne gimera (abagoberezi tebayabulira ddiini eyo).

Nabuuzizza oba yali amenyeeko ku ndagaano; n'agamba nti nedda. Bannabbi bali bwe batyo; tebamenya ndagaano gye baba bakoze.

Nabuuzizza ky'ayagala abagoberezi be bakole. Yagambye nti abalagira kusinza Katonda Omu, n'obutamugattako kintu kirala, ku kino kw'ogatta okuba n'ensa, n'okuwangaala obulamu obw'ekitiibwa.

Bw'aba nga bye yagambye bituufu, omuntu ono gye bujjako ajja kufuga ensi nga mw'otwalidde n'eno kwe nnyimiridde. Nnamanya ku by'okujja kwa Nnabbi oyo naye nnali simanyi nti wa kuva mu mmwe. Singa nnalowooza nti nnali nsobola okuyingira w'ali, nnandibadde mwetegefu

okukkiriza obuzibu bwonna bwe nandyesanzeemu. Singa nnali naye, nnandinaazizza ebigere bye."

Oluvannyuma Heraclius yasaba bamuwe ebbaluwa omubaka Dihya gye yali amuleetedde. Ebbaluwa baagireeta ne bagimusomera. Ebintu bino bye byali biwandiikiddwa mu bbaluwa:

"Mu linnya lya Allah, Omusaasizi ennyo Ow'okusaasira okwenjawulo.

Ebbaluwa eva wa Muhammadi, omuddu wa Allah era Omubaka we, egenda wa Heraclius, omukulembeze w'e Byzantine. Emirembe gibeere eri oyo agoberera ekkubo ettuufu.

"Nkuyita eri Obusiraamu. Yingira Obusiraamu ojja kufuna okwesiima, ne Katonda empeera zo ajja kuzikubisaamu emirundi ebiri. Naye bw'onaagana ojja kubanga ovunaanyizibwa ku binaatuuka ku bantu bo.

*"Abange abantu b'ekitabo mujje eri ebigambo ebitugatta: obutasinza kirala okuggyako Allah, n'obutamugattako kintu kyonna; abamu muffe obutafuula balala basinzibwa atali Katonda Omu. Bwe baba bakigaanye (ne bakukuba omugongo), julira nti ffe tuli Basiraamu."* (Kulaane, aal Imraane, 3/64).

Abu Sufyaani agamba nti:

"Heraclius okwogera bye yayogera ng'ebbaluwa emaze okusomebwa, eddoboozi lyawulirwa n'amaloboozi ne gasituka mu bantu. Ffe olwo kwe kutufulumya."

Nnagamba mikwano gyange nti:

"Omulimu gwa Muhammadi gweyongedde mu maaso. Kati laba ne Kabaka yennyini owa Bani Aswfar (Babyzantine) amutidde! Okuva olwo nasigaza mu mutwe okumatira nti olunaku lumu agenda kubeera muwanguzi.

Gye byaggweera nga nange Allah ampadde omukisa ne nnyingira Obusiraamu."[37]

Mu ndaba yaffe, endowooza ya Kabaka wa Byzantine, Heraclius, ku bintu bye yawulira teyava mu mpisa ze.

Okukyusa enzikiriza ya Kristo, ku ntandikwa eyali eddiini entuufu era ng'ezimbiddwa ku kukkiririza mu bumu bwa Katonda mu biseera ebyo kwali kwakatandika. Okulwana okuteekawo ebibumbe okwali kututte emirembe ebiri kwali kwakaggwa era ng'amakanisa gajjudde ebifaananyi n'ebibumbe. Eddiini y'eki Kristo yali yeesambye nnyo okukkiririza mu bumu bwa Katonda, era nga bwewaddeyo nnyo mu nzikiriza y'obusatu. Ekyava mu kwonoona eddiini okw'ekika kino bwe Busiraamu okujja buzze bujja "enzikiriza entuufu". Wadde ng'okwonooneka mu biseera ebyo kwali kugenze wala, naye kituufu nti waasigalawo abantu abaasigala bakkiririza mu bumu bwa Katonda. Okugeza, abantu abaawangangukira e Abysinia olw'embeera eyali tekyagumiikirizika mu Makka, baasisinkanayo Kabaka Najaashi, omu ku abo abaali balungamiziddwa. Yatuuka n'okusaza omusittale ku ttaka n'agamba nti:

"Enjawulo wakati w'enzikiriza yange gye ngoberera n'ekyo kye mwogerako tetuuka bugazi bwa musittale guno."

Kabaka Najaashi yali mugoberezi wa Kibiina ky'aba Arian abaali baakuuma enzikiriza yaabwe enkadde egoberera Kristo eyasooka. Kisoboka okuba nga Heraclius naye yalina enzikiriza y'emu. Wadde nga tewali bukakafu nti yakkiriza Obusiraamu. Kiteekwa kitegeerekeke nti enzikiriza ejja lwa mikisa gya Katonda.

37. Bukhari, *Jihaadi* 102; Muslim, *Jihaadi* 74

Ku ludda olulala, ekintu kino kiraga nti n'abo abatakkiriza bubaka bakkiririza mu bwesimbu n'empisa ebya Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Nga Nnabbi Muhammadi tannasenguka kugenda Madiina ekimanyiddwa nga Hijra, Bamushiriki b'e makka baali baateresa Nnabbi Muhammadi ebintu ebyomuwendo. Bwe yasalawo okuva e Makka, yalagira Ali ebintu ebyo okubizza eri bannyini byo mu Makka.

Omutontomi Kemal Edip Kurkcuoglu awa amagezi era n'alabula abatafaayo abo abawugulwa ne batagoberera ebitendo bya Nnabbi ebirungi – wadde nga bye twayogeddeko waggulu bitono ddala.

*Okugwa okuva mu liiso ly'omutima, woowe, woowe!*
*Kibonerezo kimala mu nsi ne ku lunaku lw'enkomerero*
*Eri oyo atamanyi okusinziira ku by'omwoyo.*

Tusaba Allah atuteeke mu bagoberezi ba Nnabbi abo abamugondera n'omukwano era abalowooza ku bitendo bye. Yali nkomerero ey'okusaasira n'okulumirwa, okwo nga n'ekitono ennyo kiri bweru wa kutuukako.

Yakola nnyo alungamye abantu n'obwesimbu obusembayo. Awamu n'ekyo baamukasuukirira amayinja ne bamukolimira. So nga ye ng'ekyokuddamu yasabiranga basabire. Kino Zayidi ibn Haaritha kyamuyitirirako n'amubuuza nti:

"Mubaka wa Allah! Bakubonyaabonya mu ngeri yonna gye basobola naye ate ggwe n'osigala ng'osabira basabire bulungi!"

Nnabbi kwe kumuddamu nti:

"Oyagala mbakolere ki ekirala? Nze bantuma lwa kusaasira sso si lwa kulaga busungu"[38]

Kino tekimala okuwa obujulizi nti Nnabbi Muhammadi yali ntikko y'okuwaayo, okutuukiriza, obuteerabira, omutima omulungi, okusaasira, n'okulumirwa?

Abantu abaatwala Krishna ne Budha nga bakatonda, ne batwala Yesu ng'omwana wa Katonda, ne balaba Falaawo ne Nimroodi nga bakama baabwe, n'abo abantu abakwatirwa ekisa abasinza ebisolo, oba ebintu by'obutonde n'omuliro, amazzi n'ebbanga, ab'ekika ekyo bonna bandibadde beetegefu okukkiriza Nnabbi Muhammadi nga "katonda". Naye ye yalangirira nti: "Nze ndi muntu nga mmwe. Nfuna bufunyi bubaka obugamba nti Katonda wammwe ali Omu." (Kulaane, Kahfu, 18/110).

Teyakoma okwo naye yagatta ekigambo "Abduhu" ekitegeeza nti muddu wa Allah, ku shahadah omuntu gy'ayogera okulangirira okukkiriza kwe obwannabbi bwa Muhammadi, ng'ensonga eyamukozesa ekyo kwe kukakasa nti abantu b'Ekibiina kye tebabula. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lubeerera yakyogeranga kkaati nti teyalina maanyi ga njawulo. Okugeza alina lwe yagamba nti:

"Teri muntu aliyingira Ejjana olw'emirimu gye gye yakola."

Buli omu yeewuunya, kwe kumubuuza nti: "Naawe, Omubaka wa Allah?"

Ko ye nti:

38. Muslim, *Birr* 87; Abu Ya'ala, *al-Musnadu*, XI, 35

"Nange! Okuggyako ekisa kya Katonda wange nga kye kinnyambye! Okuggyako okusaasira kwa Katonda, emikisa gye, n'okusonyiwa kwe nga bye binzingiddemu, sijja kukkirizibwa kuyingira Jjana; ebikolwa byange byokka tebijja kumala kuntaasa okuyingira mu Jjana!"[39]

Enkola eno ey'empisa yajja ng'okusaasira okuva ewa Katonda era abantu tebasobola kugikoppa.

Obubaka buno busengejje bulungi, era nga kyamagero era bujjudde obwesimbu n'okuwagira. Okutegeera obulungi amakulu agali mu Kulaane ne Ssunna kisoboka singa omuntu abeera kumpi n'omutima n'empisa za nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Ekitali ekyo tekisoboka kubitegeera.

Teri kitonde kiyinza kutenda bitendo bye mu ngeri ematiza. Empisa ze ezaawaggulu n'okubeerawo kwe tebisobola kutegeerekeka. Abayivu, Bafilosofa, abafuzi b'emyoyo, ne Malayika Omukulu Jiburiilu yennyini baatwalanga eky'okubeera okumpi naye ng'ekitiibwa ekyamaanyi era ensibuko y'essanyu.

Emirimu gya Bannabbi bonna gyabeeranga n'ekkomo mu biseera n'ebifo, okuggyako Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Ono Allah yamuwa obuvunaanyizibwa okubeera omulungamya w'abantu bonna mu bifo n'ebiseera byonna. Wadde ng'enkola ey'empisa teyajjululwa okuva ku Bannabbi abaasooka okututuukako, obubaka bwa Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwagendererwamu okubuna

39. Bukhari, *Riqaaq* 18; Muslim, *Munaafiquuna* 71-72; Ibn Maajah, *Zuhud* 20; Daarimi, *Riqaaq* 24; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, II, 235

ebiseera byonna n'ebifo byonna, okuva ku bubaka obwasooka okukka okutuusa ku lunaku olwasembayo, era ekyava mu ekyo ye Allah okukisalawo nti empisa za Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), nga mw'otwalidde n'obuntu obusembayo obutono, zaali zaakujja nga zijjululwa okutuuka eno gye tuli nga ziyita mu mikono gya banyumya ebigambo abeesigwa. Okujjulula kuno kukuuma ebintu bino obutabula okutuuka ku Lunaku olw'enkomerero. Ensonga eri emabega wa kino kwe kusalawo okutukuvu nti abantu bonna abali mu biseera eby'enkomerero batwala Nnabbi ng'eky'okulabirako ekirungi.

Abawalabu mu mbeera zaabwe baalayiranga ekintu kye baasinganga okutwala nga kya muwendo. Naye wadde nga Allah ekyo teyakikolako ku Nnabbi yenna, mu Kulaane yalayira obulamu bwa Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'agamba nti: "La a'mruka!" (ndayidde obulamu bwo). Omutontomi Omuottomani Seeka Ghalib okulayira kuno yakuddamu bw'atyi:

*Mukulembeze wange! Ggwe Kabaka wa Bannabbi, ggwe Kabaka ow'ekitiibwa.*

*Mukulembeze wange! Oli nsibuko y'essanyu etaggwaawo eri abo abatalina mwasirizi.*

*Mukulembeze wange! Ggwe mutwe gw'obuntu mu kubeerawo okutukuvu.*

*Mukulembeze wange! Wawagirwa ne Allah okulayira obulamu bwo, "la a'mruka!"*

*Mukulembeze wange! Ggwe Ahamada, Mahmuudu ne Muhammadi!*

*Mukulembeze wange! Ggwe Kabaka eyalondebwa okuva ewa Allah gye tuli.*

Ekirala ekyeyawulidde Nnabbi oweekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kuba nga Allah mu Kulaane teyamuyitanga butereevu n'erinnya. Agamba "Owange Nnabbi!", "Owange Rasuulu (Omubaka)!", "Owange Muzammilu!", Owange Mudatthiru!", naye ssi na linnya lye. So nga Bannabbi abalala yabayitanga mannya gaabwe. Okugeza, "Owange Adamu!", "Owange Nuuhu!", "Owange Bulayimu!", "Owange Musa!", Owange Dawuda!", "Owange Yisa!", "Owange Zakariyya!", "Owange Yahaya!" Mu njawulo eno tuyigiramu Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okubeera ow'enjawulo.

Teweerabira okulamusa n'okusabira Nnabbi emirembe n'okusaasira ne salawat ne salaamu! Ojja kwetaaga okuwolereza kwe (shafaa'ah) n'okukuteerawo akabega ku Lunaku olusinga entiisa, olwo lwe Lunaku lw'okusasula.




# EBITENDO BYA NNABBI W'OKUSAASIRA



"Katonda wange! N'okukkiriza kuno, tuzuukize ku Lunaku lw'enkomerero".

“Katonda wange! Nkusaba ompe obwangu mu mulimu gwange, so si buzibu, era ogutuuse ku nkomerero ey’emikisa” (Edduwa entongole).

Mu byafaayo byonna, Nnabbi yekka era omuntu obulamu bwe obwawandiikibwako mu bujjuvu ye Muhammadi Omulondemu (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye). Ebikolwa bye, ebigambo n’engeri gye yali awuliramu mu nda byonna byawandiikibwa mu bulambalamba era ne bibalibwa ng’ebyafaayo ebituufu era ebiramu.

Obulamu bwe bujja kubeera kyakulabirako emirembe gyonna, okutuuka ku Lunaku lw’enkomerero. Mu ssuura Qalam, mulimu aya egamba nti: “Mazima ddala oli wa mpisa nnungi” (Kulaane, Qalam, 68/4).

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) teyali musomesa busomesa eyasomesa Kulaane mu bigambo, naye era yali kyakulabirako ekiramu eyassanga mu nkola ebyo ebyawandiikibwa mu Kulaane. Jabbeeri anyumya nti Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yagamba bw’atyi:

“Allah Owaawaggulu yantuma kujjuuliriza mpisa ezisinga obulungi”[40]

40. Muwattwa’a, *Husnul Khulq* 8; al-Bayhaqi, *al-Sunan al-Kubra*, X, 191; al-Qudat, *Musnad al-Shihab*, II, 192; al-Twabaraani, *al-Mu’jam al-Awsatw*, VII, 74

Ye Abdulla ibn Salaam, eyali omuyivu Omuyudaaya (Omuyawudi) n'ayingira Obusiraamu, bwe yasisinkana Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), ekitangaala n'amakulu ag'omu nda bye yalaba mu kyenyi kye byamuyitirirako n'agamba nti:

"Omuntu alina ekyenyi ekifaanana bwe kityo tayinza kubeera mulimba."[41]

Ng'amaze okulaba ebyo yayingira Obusiraamu..

**Obutukuvu bw'omutima mu Nnabbi w'Okusaasira**

Nga bwe twayogedde edda, Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kirabo ekitukuvu era kyakulabirako ekituukiridde eri abantu bonna. Abo bonna abanoonya essanyu bayinza okugoberera eky'okulabirako mu ngeri yonna gye basobola. Buli kintu Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kye yakola kyakulabirako ekyaddala eri abo abawangaalira mu Busiraamu mu ngeri eyannamaddala. Okwongera ku bino waliwo ebintu ebirala omuntu by'alina okulowoozaako ebikwatagana n'emigaso gy'ayinza okufuna mu bwennyini bwa Nnabbi Muhammadi.

1. Ebikolwa ebimu bisobola kukolebwa na maanyi ga njawulo ageeyawulidde Bannabbi. Mu butuufu ne Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yennyini abantu abaali bamubeera ku lusegere yabeekesanga obutakoppa ebintu bino. Okugeza, ebiseera bingi yasaalanga ekiro okutuusa n'ebigere bye lwe byazimbanga, era ng'asiiba n'atasiibulukuka okumalira ddala ennaku eziwera.

41. Tirmidhi, *Qiyaamah* 42; Ibn Maajah, *Iqaamah* 174; Daarimi, *Swalat* 156; A -mada ibn Hanbal, *alMusnadu*, V, 451

2. Ebintu ebimu Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bye yakola byali byeyawulidde ye yekka: okugeza, okuwasa abakazi abasukka ku bana ne saddaaka okubeera haraamu ku ye oba omu ku baana be oba bazzukulu be okutuusiza ddala ku Lunaku lw'enkomerero.

Waliwo eky'okuyiga ekikulu mu kikolwa kya Nnabbi kye yakolanga eky'okugabirangawo omugabo gwe gwe yafunanga mu minyago gy'olutalo, mu biseera by'entalo. Kino yakyegenderezanga nnyo obulamu bwe bwonna okutuusa lwe yassa omukka omuvannyuma.

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali mulwadde nnyo era ng'ekiseera kye eky'okusisinkana ne Omutonzi we nga kisembedde. Waliwo akaseera we yalagira mukyala we Ayisa (Allah amusiime) agende agabanyizeemu abanaku dinaari omukaaga (6) oba omusanvu (7) ze yasangibwa nazo. Nga wayiseewo akaseera katono yabuuza Ayisa oba ssente yali aziwadde abanaku, naye nga Ayisa yali yabyerabidde, engeri gye yali atawaanyizibwa ennyo n'okubudaabuda n'okujjanjaba Nnabbi. Yasaba Ayisa amuddize dinaari, olwo n'azikwata mu mukono n'agamba nti:

"Muhammadi, Omubaka wa Allah, tasuubira kusisinkana Katonda we nga tannagabanyiza dinaari zino mu banaku"

Oluvannyuma yaziwa amaka ataano (5) aga Ba'ansaari e Madiina. N'agamba nti: 'Kati mpulira emirembe.[42]

Oluvannyuma ne yeebakamu.

42. Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, VI, 49, 86, 182; Ibn Hibbaan, al-*Swahiihi*, II, 491; al-Humaydi, *al-Musnadu*, I, 135.

Ye Ubaydullah ibn Abbaasi anyumya bino wammanga:

"Olunaku lumu Abu Dharri yangamba bw'atyi:

'Mutabani! Nja kukunyumiza emboozi eno, olwo n'annyumiza emboozi eno wammanga:

"Lumu nnali ne Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'akwata omukono gwange n'angamba nti:

'Abu Dharri! Singa olusozi lw'e Uhudi nga balunfuulira zaabu, zaabu oyo yenna nandimugabye mu kkubo lya Allah era sandiyagadde kusigazaawo na qiraatwi[43] emu bw'etyi we nfiira.

Namubuuza bw'entyi:

"Mubaka wa Allah! Ogambye qiraatw oba qintwar[44] nga gy'otayagala kuleka ng'ofudde?

Ye kwe kuddamu:

'Abu Dharri! Nze nkendeeza, ggwe oyongeza! Nze njagala Nkomerero, ate ggwe oyagala nsi eno! Ngambye sandiresse mabega wadde qiraatw, qiraatw, qiraatw.' Ekya qiratw yakiddamu emirundi esatu miramba."[45]

Embeera ya Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ennungi kye kipimo ekisembayo waggulu. Abantu abalina okumugoberera tebateekeddwa

43. Qiraatw kye kipimo ekisingayo obutono ekya zaabu, ekiyinza okwenkana gulaamu y'olwaleero. Qiraatw emu yali yenkanankana *barley* ebijanjaalo bitaano

44. Kino kipimo kya zaabu kirala. Bw'oba ng'otutte qiraatw okuba nga yenkana gulaamu, yo qintar oba ogigeerageranya ku kilo gulaamu

45. Bukhari, *Buyu-u* 100; Muslim, *Zakat* 31; Abu Dawuda, *Witr* 23; Daarimi, *Riqaaq* 53; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, II, 467

kutuuka ku ddaala eryo. Mu mazima amatuufu, ate kyandibadde kya mutawaana singa Abasiraamu bonna bagezaako okugoberera buli kifaananyi kya Nnabbi mu ngeri nga bwe yakikola awatali kukyusaako na kamu. N'ekirala okukola buli kintu nga Nnabbi bwe yakikola mu ngeri yennyini gye yakikolamu kiri wabweru wa busobozi bwa muntu. Ensonga lwaki kino kiri bwe kityo ekwata ku Nnabbi yekka.

Ebikolwa ebyeyawulidde Nnabbi yekka tebikoma ku bifaananyi bye twayogeddeko waggulu byokka. Waliwo n'ekifaananyi ekirala eky'amateeka agafuga ebintu ebisikirwa. Amateeka agakwata ku kugabanya ebintu bya Nnabbi ago nago geeyawulidde ye yekka tegakwata ku muntu mulala.

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba bw'atyi, "Ffe Bannabbi tetuleka bintu bikalu bya kusikira"[46].

Na bwe kityo kimanyiddwa nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba nti: "Ekirabo ky'omukkiriza mu nsi eno bwe bwavu."[47] Nnabbi yali yeenyumiririza mu bwavu era endowooza ey'ekika kino yali ku ye yekka. So ng'ate yagamba bw'atyi, "Omukono oguwa (ogwawaggulu) mulungi okusinga ogufuna (ogwa wansi)."[48] N'omusingi guno, tusobola okugamba nti yali akubiriza

46. Bukhari, *Khmsu* 1; Muslim, *Jihaad* 54; Abu Dawuda, *Imaarah* 19; Tirmidhi, *Siyar* 44; Nasaa-i, *Fay'* 9; Muwattwa, *Swadaqah* 8; Daarimi, *Zakat* 22; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, II, 67

47. Al-Daylami, *al-Firdawsi*, II, 70

48. Bukhari, *Waswaya* 9; Muslim, *Zakat* 94; Abu Dawuda, *Zakat* 28; Tirmidhi, *Zuhud* 32; Nasaa-i, *Zakat* 50; Muwattwa', *Sadaqah* 8; Daarimi, *Zakat* 22; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, II, 67

bantu okufuna ebyobugagga nga bayita mu makubo amatuufu basobole okuba mu bantu abasobola okugaba.

N'olw'ekyo, amateeka agoogera ku bwavu tegasobola kuwaga bantu kubeera baavu wabula gagenderera kuwagira muntu kubeera mumativu n'enteekateeka za Katonda, era gatusomesa okwesigamira ku kwagala n'okusalawo kwa Allah n'okukkiriza by'aba ageze.

3. Okuwangaalira mu mateeka agafuga zuhudu (omutima okuguggya ku bintu by'ensi eno) ne taquwa (okwewala ebintu ebibuusibwabuusibwamu), mpisa nnungi ezisembeza omuntu okumpi ne Allah. Wabula ebantu bonna mu kitundu tebasobola kuwalirizibwa kuwangaala bulamu bwe butyo; okuwangaala obulamu nga buno kisinziira ku busobozi na talanta ez'abantu nga ziwagira, mu ngeri ennambulukufu oba etali nnambulukufu, okukulaakulana kw'eby'obuwangwa n'obwesimbu bw'omwoyo. N'ekiva mu kino kwe kuba nga wadde *zuhud ne taquwa* bigaana omuntu amasanyu g'ensi eno, abantu bonna okubikozesa mu ngeri yennyini tekyandifuuse nsonga etuusa enkyukakyuka y'embeera z'abantu okwonoonekera ddala, olwo abantu abalina emyoyo emigagga ate abalabe baabwe abalowooleza mu bintu by'ensi ne babayisa. Ng'etteeka, okweyongera kwaffe tulina kukupima buli lunaku nga bwe kiri mu hadiisi egamba bw'etyi:

"Omuntu oyo ennaku ze ebbiri ezisigala nga zifaananira ddala ssi wa muffe."[49] Wano we tufunira obujulizi obulaga nti etteeka lino teririna we likontanira na musingi okuzimbirwa *Zuhud ne taquwa*. Kino kiri bwe kityo kubanga

49. Al-Bayhaqi, *Kitaabu al-Zuhud al-Kabiir*, II, 367; al-Daylami, *al-Firdawsi*, III, 611; Abu Nu'aym al-Iswbahaani, *Hilyah al-Awliyaa*, VIII, 35

obutaba na bwetaavu mu bulamu bw'ensi tekuli ku ddaala ery'okubeerawo kwe kintu okuteekeddwa mu nkola era n'engeri gye kirabikamu, wabula ku ddaala ly'omwoyo n'amagezi nga Jalaaluddiini Ruumi (Allah akuume omwoyo gwe nga mutukuvu) bwe yagamba nti: "Amakulu ga 'obulamu bw'ensi (edduniya)' bwe butawulira muli nti Katonda w'ali! Tekikwata ku ssente, bakazi, oba byambalo. Kino kitegeere bulungi."[50]

Bwe tugendera ku kino, okubeera n'ebyobugagga n'okubeera omugagga, tebirina we bikontanira na Zuhud ne taquwa kasita omuntu tafuuka muduubuuzi era ng'ebintu tabiwa kifo mu mutima gwe. Ku ludda olulala, ebyobugagga ebitono n'essente entono biyinza okufuuka eby'okusinza kasita okubyagala ennyo kuyingira mu mutima. Bw'otwala ekifaananyi kya Bannabbi, obulamu bwa Nnabbi Sulayimaani (emirembe gibeere ku ye) n'obulamu bwa Basswahaba nga Abu Bakari, Uthumaani, Twalha, ne Abdu Rahmaani ibn Awf, Allah bonna abasiime, bifaananyi birungi ebiraga engeri omuntu gy'ayinza okupimamu n'obwenkanya ebintu bino.

Ebiseera ebimu, okulabika kwa *taquwa* ne *Zuhud* kuyinza okuba nga kuva ku kubulwa bintu naye nga si butayagala obw'omunda obw'ensi eno. Mu mbeera ezo, taquwa kubeera kukkiriza mbeera ya bwavu n'essanyu mu ngeri Allah gye yageramu. Naye, singa mu kifo ky'okukkiriza ebintu nga bwe biri, omuntu agaana bugaanyi embeera nga bw'eri, eyo tebeera *taquwa*. Okugeza, wadde nga Nnabbi ebiseera ebimu yasibanga ejjinja ku lubuto lwe okusobola okuweweeza ku njala ey'amaanyi eyabeeranga emuluma, ekifaananyi era kiraga nti engeri esinga obulungi ey'okwebaza kwe

50. Can, Sefik, *Mesnev Teremesi*, (Istanbul, 1997), V.II, olup. 55

kukkiriza okugabana by'oba ofunye n'abantu abalala awatali kakwakkulizo. Eno y'engeri esinga okugwa mu kiti kya *taquwa ne Zuhud*. Okukweka ebyobugagga n'obukodo okubifuula *taquwa* (eddiini), okwo kubeera ngeri emu ey'okukwenyakwenya era tebiyinza kubeera bya ddala.

Bwe tukitunuulira mu ngeri eno tukisanga nga Nnabbi ye muntu eyali asinga okubeera ne taquwa mu bantu bonna. Taquwa gye yalina yamutumanga okuwangaalanga empangaala ng'abaavu gye baawangaalanga. Ayisa (Allah amusiime) yagamba nti:

"Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yafa nga tajjuzza mu lubuto lwe mugaati gwe ngano ennaku ebbiri eziddiringana"[51].

Anasi (Allah amusiime) ye yanyumya bw'atyi:

"Waliwo ebiseera Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lwe baamuyitanga ku bijjulo n'akkiriza naye nga bya mugaati gwa ngano n'omuzigo ebyabeeranga bibulako akatono okwonooneka. Mu bwetoowaze bwe yakkirizanga era n'agenda mu bijjulo eby'engeri eyo. Kuno kw'ogatta okuba nga yasinga engabo ye ew'Omuyudaaya omu, naye olw'engeri gye yettanirangamu okugaba n'okuwaayo ebirabo, teyasobola kununulayo ngabo eyo".[52]

Awamu n'ekyo, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagaana okweziyiza okulya emmere eya halaal n'eby'okunywa mbu kubanga taquwa omuntu emutta. Yalyanga n'anywa ebintu ebya halaali.

---

51. Bukhari, *Aymaan*, TL; Muslim, *Zuhud* 20-25; Nassa-i, *Dahaaya* 37; Ibn Ma - jah, *Atw'imah* 48; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, II, 98.

52. Bukhari, *Jihaadi* 89; Tirmidhi, *Buyuu-u* 7; Nasaa-i, *Buyuu-u* 58; Ibn Maajah, *Ruhunu*, I; Daarimi, *Buyuu-u* 44; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, I, 236.

Kyokka mu kiseera kye kimu, eky'emmere okubeera halaali tekyamuwaganga kukkuta nnyo.

Lumu yatuuka n'okugamba omusajja eyali yeebajjagala nga w'ali nti: "Lekera awo okwebajjagala! Abo abalya ne bakkuta nnyo ne bajjuza embuto zaabwe mu nsi muno be bo abalirumwa ennyo enjala ebiseera ebiwanvu[53]. Hadiisi endala egamba bw'etyi:

"Tewali muntu ajjuza kintu kiteekebwamu mu ngeri eya kabi ng'oyo ajjuza olubuto lwe. Mazima ddala, ennoga ntono ezimala omuntu okuyimirira. Bw'aba ow'okweyongera okulya, kale kimu kya kusatu akirekere emmere, kimu kya kusatu akirekere amazzi, n'ekimu eky'okusatu akirekewo nga kya kumwanguyiza kussa"[54].

Lino lye kkubo erya wakati mu kulya n'okunywa.

Eno y'enkola erimu amakubo agatasangikasangika agagendererwamu okufuga omululu oguli mu bantu. Mu ngeri eno, essomero lya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lyagunjula abaavu n'abagagga mu ngeri y'emu, awamu n'abafuzi okuva mu mitendera egyenjawulo mu bantu b'ebitundu, mu ngeri esinga obulungi, olwo emitima gyabwe ne gifuna essanyu nga kino kisinziira ku ngeri gye baagonderangamu Nnabbi. Mu ssomero ly'obwannabbi lino waliwo abagagga bangi abaawangalanga mu ngeri y'obwetoowaze nga balinga abaali abaavu, ate n'abaavu bangi abaawangaalanga nga

53. Tirmidhi, *Swifatul qiyaamah* 37; Ibn Maajah, *Atw'imah* 50; al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Awsatw*, IV, 249; al-Bayhaqi, *al-Shu'ab al-Imaani*, V, 27

54. Tirmidhi, *Zuhud* 47; Ibn Maajah, *Atw'imah* 50; Ahmada ibn Hanbal, *al-Mu -nadu*, IV, 132; al-Haakim, *al-Mustadraku*, IV, 135, Ibn Hibbaan, *al-Swahiih*, II, 449

basiimu eri Allah nga balinga abagagga. Abagagga bangi n'abafuzi abaakolanga obutaweera mu mirimu gy'okugaba baafuluma mu ssomero lino. Mu byafaayo by'Obusiraamu, bingi ebitunyumizibwa ku Bakaliifa abeetikkanga emmere ku migongo gyabwe ne bagitwalira abanaku, n'abaafumbiranga abanaku emmere (era bimanyiddwa)[55] Waliwo n'omusango ogwali wakati w'omunene Fatih Sultan Mehmed ng'awawaabirwa omuzimbi Omuguliiki, n'engeri omukulu ono gye yassa ekitiibwa mu nsalawo ya kkooti nti Omuguliiki ataali Musiraamu ng'era yali talina butuuze mu ggwanga ly'Obusiraamu ye yali omutuufu. Kino kintu kirala ekiraga emikisa n'okusaasira eri obuntu ebiva mu ssomero lya Nnabbi erya taquwa.

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yannyonnyola *Zuhud mu* ngeri esinga obulungi bwe yagamba nti:

"*Zuhud* eri ensi eno si kwe kufuula haraamu ebintu ebiri halaali, oba okwesamba ebintu ebyobugagga. Wabula Zuhud eri ensi eno kwe kwesigamira ku bintu ebiri mu mikono gya Allah okusinga bwe weesigamira ku bintu ebiri mu mikono gyo, ate mu biseera by'ebizibu (n'emitawaana), kwe kusuubira empeera eziva mu kugumiikiriza n'okugumira obuzibu obwo[56]. *Mu Zuhud* n'okumatira, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kye kifaananyi ekisingayo obulungi eky'olubeerera eri obuntu bwonna. *Zuhud* y'ereeta obulamu obulungi n'essanyu mu mutima gw'omuntu n'omubiri gwe ng'efuga okwagala okusukkiridde

55. Suyuutwi, *Taarikhil Khulafaa*, olup. 91-92

56. Tirmidhi, *Zuhud* 29; Ibn Maajah, *Zuhud* 1; al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Awsatw*, III, 57; al-Bayhaqi, *Shu'abul Imaani*, VII, 218

eri amasanyu g'ensi, obutasendebwasendebwa okusanyuka kw'ensi okw'ekiseera, obutaleka nsi eno kwefuga mutima gwa muntu, obutayagala bintu okusinga okwagala Allah ne Nnabbi we, n'okuleka ebintu ebijja omuntu ku kusinza Allah ate nga tebirina mugaso gwonna ku Lunaku lw'enkomerero. Mu ngeri endala, okwagala ensi eno kya kabi, ekijjudde obulumi n'obutali butebenkevu, ebimala amaanyi gonna mu mutima ebikooya omubiri. Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba bw'atyi:

"*Zuhud* eri ensi eno ereeta obumativu n'eddembe mu mutima. Okwagala ensi kwongera ennaku n'obulumi …"[57]

Hadiisi endala ewa amagezi gano: "Laga obutayagala eri ensi eno Allah ajja kukwagala; laga obutayagala eri ebintu ebiri mu mikono gy'abantu, abantu bajja kukwagala!"[58]

*Zuhud* lye limu ku makubo ge bakubiriza abantu okukwata okusobola okwenganga emitawaana egiri mu nsi muno. Waliwo hadiisi egamba bw'etyi:

"Omweru si wa nkizo okusinga omuddugavu. Tewali nsibuko ya muntu esinga ya mulala. Okusukkuluma kw'omuntu kuva mu taquwa"[59] .

Era Nnabbi yagamba nti:

"Obubaka (okuva eri Allah) tebwandagira kukungaanya bya bugagga, oba kufuuka musuubuzi. Obubaka

57. Ahmada ibn Hanbal, *Kitaabu al-Auhd*, olup. 47; al-Qudaa-i, *Musnadu al-Sh - haab*, I, 188; al-Bayhaqi, *Shu'ab al-Imaani*, VII, 268. (Hadiisi y'emu baagyogera ng'ebigambo bya Umaru)

58. Ibn Maajah, *Zuhud* 1; al-Haakim, *al-Mustadraku*, IV, 348; al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Kabiiru*, VI, 193; al-Bauhaqi, *Shu'ab al-Imaani*, VII, 344

59. Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, V, 158; al-Bayhaqi, *Shu'ab al-Imaani*, IV, 289

bwantumirwa okusaasaanya ekitiibwa kya Katonda, okubeera mu abo abavunnamira Allah, era n'okumuweereza."[60]

Hadiisi endala etuwa amagezi gano wammanga:

"Bw'oyimirira okusaala, saala ng'eyo eringa ye sswala yo esembayo. Toyogera kintu kyonna ky'ogenda kwejjusa enkya. Teweegombanga abantu bye beegomba entakera."[61]

Olulala baamubuuza nti:

"Muntu ki asinga okuba nga yatuukirira?"

Kwe kuddamu nti:

Abantu abatuukirivu beebo abeetukuza okweggyako ebyonoono, okubuusabuusa, okukumpanya, okulimba, n'ebbuba (oba obuggya)[62].

Nnabbi Muhammadi yali mwegendereza nnyo ku bintu ebikwata ku halaali ne haraamu. Era yeesambanga nnyo ebintu ebirimu okubuusabuusa. Lumu muzzukulu we Hasane, eyali omwana omuto mu biseera ebyo, yali atudde mu muzikiti ng'alaba engeri entende za zaka bwe zaali zigabanyizibwamu. Hasane yakwata entende emu n'agikuba mu ttama. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kumulabulirawo nga bw'agamba nti:

"Giwandule mangu! Giwandule mangu! Ggwe tomanyi nti ffe tetulya bintu bisaddaake?" Nnabbi omwana ono

60. Ibn Abi Aaswim, *Kitaab al-Zuhud*, I, 391; al-Daylami, *al-Firdawsi*, IV, 95; Abu Nu'aym al-Iswbahaani, *Hilyah al-Awliyaa'*, II, 131; Ibn Adiyy, *al-Kaamil fi al-du'afaa*, III, 68

61. Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, V, 412; Ibn Maajah, *Zuhud* 15; al-Twab - raani, *al-Mu'jamu al-Kabiiru*, IV, 154

62. Ibn Hibbaan, *al-Swahiihi*, II, 76; Ibn Abi Shaybah, *al-Muswannafu*, VI, 167; Ma'mar ibn Raashid, *al-Jaami*, XI, 191

omuto yamulagira awandule entende ku ttaka okuva mu kamwa[63].

Mawulaana Jalaaluddiini Ruumi (Allah atukuze omwoyo gwe) ng'ayogera ku mmere eya halaali yagamba bw'atyi:

"Emmere omuntu gy'aluma eringa ensigo. Ebibala by'ebirowoozo n'ebigendererwa.

"Emmere ekuleetera okwegomba n'amaanyi n'essanyu okuva mu kusinza n'okwewaayo eyo ebeera halaali; ate emmere ekuleetera obugayaavu mu kusinza n'okwewaayo eri Allah era egubya omutima ebeera haraamu.

"Yongera ennoga z'emmere eri halaali mu bulamu bwo! Weewale emmere eri haraamu oba ennoga z'obuusabuusa osobole okufuna okuwoomerwa okusinza n'okugondera Allah era otuuke ku kumatira n'okufaayo kw'omutima."[64]

Allah Owaawaggulu agamba mu Kulaane nti:

*"Ddala beesiimye abo abakkakkamu mu sswala zabwe."* (Kulaane, Mu'minun, 23/1-2)

Endaba esinga okusaasaana mu bantu baffe y'eyo egamba nti eddiini y'enkola ey'enzikiriza ng'ekigendererwa kyayo kyokka kwe kuleeta essanyu ku Lunaku lw'enkomerero. So ng'ekigendererwa ky'eddiini si kufuna ssanyu lya ku Lunaku lw'enkomerero kyokka naye egenderera okussaawo embeera

63. Bukhari, *Zakat* 60; Muslim, *Zakat* 161; Nasaa-i, *Twahaarah* 105; Muwattwa-a, *Swadaqah* 13; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, I, 200

64. Ruumi, Jalaaluddiini, *Mathnawii Ma'nawii*, (Tehran, 1378) I, 1645-48; Can Sefik, *Menevi Tercemesi*, (Istanbul, 1977), VII, olup. 120

ey'obutebenkevu n'emirembe eri abantu bonna ng'eyita mu kuteekawo obutebenkevu mu bulamu obw'embeera z'abantu.

Ekiro kimu, Umaru, Allah amusiime, nga bwe yali enkola ye, yali atambula mu nguudo z'e Madiina. Yayimirira kubanga yali awulidde, wadde nga yali si ky'aliko, omukazi ng'akubaganya ebirowoozo ne muwala we. Emboozi yamutwaliriza. Maama w'omuwala yali agamba muwala we bw'atyi:

"Tabula amazzi mu mata ge tugenda okutunda enkya".

Omuwala yamuddamu nti:

"Maama! Tewawulira Kaliifa Umaru bwe yagaana okutabula amazzi mu mata?"

Maama yanyiiga n'akangula ku ddoboozi nga bw'agamba nti:

"Muwala! Olowooza Kaliifa agenda kumanya atya ku ssaawa eno ey'ekiro nti tutabudde amazzi mu mata?"

Omuwala, omutima gwe ogwali omulamu nga guwa Allah ekitiibwa, ekirowoozo kya maama we eky'obukuusa kye yali aleese kyali tekimuyisizza bulungi, kwe kugenda mu maaso n'okuwa ensonga ezigaana nti:

"Maama! Ka tukkirize nti Kaliifa tatulaba, naye ate Allah? Olowooza nti Allah naye tatulaba? Kyangu obukuusa buno okubukweka abantu, naye tekisoboka kubukweka Allah Oyo alaba era awulira buli kintu."

Allah asiime omuwala oyo.

Amiiru w'Abakkiririza, era Omukulembeze w'Abakkiriza, yamanya nti wadde omuwala oyo yali muwala wa bulijjo, naye yali wa njawulo mu kutya Katonda

n'okumanya nti buli wantu Allah w'ali. Yamwagaliza mutabani we era n'amumuwasiza. Era mu lunyiriri omwo mwe mwava Umaru ibn Abdul Aziizi, gwe batwala okubeera Kaliifa ow'okutaano ku ba Kaliifa abalungamu.

Ekintu kino ekyagwawo kitulaga nti okuwa ekitiibwa ensalo za halaali kumala okuleeta essanyu era kusitula abantu okubassa ku ddaala ly'obutuukirivu. So nga obutamatira na halaali, obutateekawo nsalo, n'okweyagalira mu haraamu oba ebintu ebibuusibwabuusibwamu si kituufu ku muddu wa Allah. Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yayogera ku bintu ebibuusibwabuusibwa ebitasobola kwawulibwa bulungi oba biri haraamu oba tebiri n'agamba nti:

"Leka ekyo omutima gwo kye gubuusabuusa otwale ekyo kye gutabuusabuusa."[65]

Wabula, si kituufu okuvvuunula obubi omusingi guno nga tuyitawo ne tuviira ddala ne ku bintu ebiri halaali, oba ne tutabulatabula ebintu ebiri halaali.

Obusiraamu bwagala okwenkanyankanya n'okutwala ekkubo ery'omu makkati mu kintu kino nga bwe bukola ne ku bintu ebirala. Ekigendererwa ky'Obusiraamu si kukugira bantu; mpozzi ate, ekigendererwa kyabwo kwe kuyamba abantu okuwangaalira mu butebenkevu, essanyu n'emirembe. Ekyama kya bino kituukirira na kuzzaawo mirembe gya mutima omuva obulungi bwonna. Kino kisoboka na kuwulira, kuwuliriza n'okussa mu nkola

65. Bukhari, *Buyuu-u* 3; Tirmidhi, *Qiyaamah* 60; Ahmada ibn Hanbali, *al-Mu - nadu*, III, 153

ebitendo ebyewala era ebisengejje eby'omutima gwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyalina byonoono. Awamu n'ekyo yagenderera n'okusaala ekiro okutuusa ebigere bye lwe byazimbanga. Mu ngeri y'emu yasomanga Kulaane okutuusa lwe yakoowanga. Yayagalanga, yeebazanga, yatyanga era yayogeranga nnyo ku Alla okusinga omuntu omulala yenna.

Esswala kwe kweyunga kw'omuddu ku Katonda we. Esswala egendera ddala awali Katonda era ye nsibuko y'essanyu eri abo abaagala Allah. Abaddu basaalayo ne Sswala ez'ennyongeza nga kye bagenderera kwe kugenda mu maaso n'essanyu lye babaamu ery'okusinza.

Mu sswala mulimu okwewaayo era eyo y'ensonga lwaki okwewulira kugitamwa. Embeera eyo yokka ey'okusaala eraga nti Obusiraamu ddiini ya mazima era nti esswala kwe kusinza okusinga okubeera n'eddaala erisinga obunene.

Abo abawangulwa okwewulira kwabwe, tebasemberera sswala, so nga abo abatayinza kubuuka lukomera lwa kweyagala beekwata ku ngeri ya sswala. Esswala yennyini kusaasira okuweebwa abantu abatono.

Omubaka wa Allah kino yakinnyonyola bw'atyi: "Abantu babiri bayinza okusaalira mu kifo kye kimu, naye ng'enjawulo eri wakati waabwe eringa enjawulo eri wakati w'eggulu n'ensi."[66]

66. Abu Sa'idi al-Sha'shi, *Musnadu al-Sha'shi*, I, 86

Okusiiba kwa Nnabbi, ekitangaala ky'okubeerawo, nakwo kwali kyakulabirako eri Ummah. Ebiseera bingi Nnabbi Muhammadi bwe yawuliranga enjala ng'atandika okusiiba. Ebiseera ebimu yasiibanga ennaku eziddingana nga tasiibulukukuse. Basswahaba be nabo bwe baayagala okukikola yabagaana okukola ekintu kye kimu n'abagamba nti:

"Mmwe temulina maanyi kusiiba engeri gye nsiibamu"[67] Ibn Abbaasi, Allah abasaasire ne taata we, anyumya nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yayinzanga okumala ebiro ebiwera ebiddiringana ng'asula njala, so nga n'abantu be nabo nga bayinza okumala ekiseera nga tebafunye kya kulya. Ne bwe baalyanga ng'emmere yaabwe ebeera bigaati ebikoleddwa mu binganongano.[68]

Anasi ibn Maaliki (Allah amusiime) anyumya nti: Olunaku lumu Maama waffe Fatuma yaleetera Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) omugaati ng'agufumbye. Nnabbi yamubuuza nti: "Kiki kino?"

Fatuma kwe kumugamba nti: "Mugaati mulungi nagufumbye. Nabadde siyinza kulya nga sikuleeteddeeko."

Nnabbi, eky'okwenyumiriza kw'ensi kwe kugamba nti:

"Kino kye ky'okulya taata wo ky'ajja okuba nga ky'asoose okulumako mu nnaku essatu ze tukubye amabega."

Okusinziira ku Abu Hurayirah, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ebiseera ebimu yasibanga ejjinja ku lubuto lwe asobole okukkakkanya enjala eyabeeranga emuluma."

67. Bukhari, *Swawum* 20; Muslim, *Swiyaamu* 55; Muwattwa-a, *Swiyaamu* 37; Ahmada ibn Hanbali, *al-Musnadu*, II, 128

68. Ibn Saadi, *al-Twabaqaati al-Kubra*, I, 400

Omugaso gw'okusiiba ogwawaggulu guva mu kigendererwa ky'akwo okubeera nga kwe kulwanyisa "omwoyo" n'okugufuga n'okuwulira muli okusinza okutakoma.

Okukola Hijja, ku ludda olulala, kugendererwamu kuwa ssomo mu tawakkul, okwesigamira Allah Katonda wa Bulayimu ne Ismayili (emirembe gibeere ku bombi). Era ssomo mu kukasuukirira amayinja omulabe ow'omunda gwe bayita "nafsi" (omwoyo), n'omulabe ow'ebweru gwe bayita "shaytwani"; okussa ku bbali enjawukana zonna mu madaala g'abantu nga bayita mu kwambala ekyambalo ekyefaanaanyirizaako essuuka n'okunoonya okutaasibwa okuva ewa Omutonzi; okufuna ekifaananyi ky'Olunaku lw'enkomerero nga bwe luyinza okubeera, okukungaanya awamu Abasiraamu ab'amawanga ag'enjawulo okuva mu buli kanyomero ka nsi; n'okuteekawo n'okunyweza oluganda lw'Obusiraamu.

Ekifaananyi ekisinga obulungi kiri mu Kulamaga kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) Okw'okusiibula n'okubuulira kwe yakola eri abantu abaagenda okukola Hijja y'omwaka ogwo. Ekifaananyi kino kigenda kubeerawo okutuusa ku Lunaku lw'enkomerero.

Mu kubuulira kwe okwasembayo mu Hijja eno, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yakola "okugabanya mu kwagala". Ennyiriri enkulu ez'eddembe lya buli Musiraamu yazirambulula ne "obunywevu bw'okwagala".

Emikolo egikolebwa mu Hijja gizibula amaaso g'omuntu n'alaba obulamu obw'omwoyo; okusinza kuno okusengejje kujjudde ebintu ebiraga okwagala, okuweweevu wamu

n'ekisa, okugeza okuziyiza okuyigga, okunoga ekikoola ekyakiragala, oba okulumya ekitonde kya Allah kyonna.

Umaru, Allah amusiime, yalemererwa okunywegera ennywanto (al-Hajarul as'wadu - Ejjinja Eriddugavu) ng'atya okutawaanya Abasiraamu abalala.

Ebikolwa bino n'embeera y'amagezi abantu bye babeeramu mu biseera by'okukola Hijja omuntu bimuleetera okwebuuza n'okufumiitirizaamu ebiseera eby'omu maaso eby'abantu abali mu mikolo egyo. Ekigendererwa kyokka ekiri mu mikolo egyo gyonna kwe kusembeza omuntu okumpi ne Allah Oweekitiibwa.

Ebifo ebitukuvu mwe bakolera hijja bifo bya myoyo ebirungi mu nsi eno.

Arafat kye kifo ky'okusonyiwa n'okufuna obubudamu.

Muzdalifa kye kifo omweyolekera okusaasira, ekifo kye boogerako mu Kulaane nga al-Mash'ar al-Haraam.[69]

Mina kye kifo omuli okwewaayo eri Allah n'okumwesigamirako, awo Bulayimu, Ismayili, ne maama waffe Hajara we baawangulira *Shaytwan.*

Ate Kaaba bwe bwolekero gye twolekera nga tusaala, ekifo Allah Oweekitiibwa kye yatulagira mu Kulaane nti: *"Vunnama osembere (kumpi ne Allah)."* (Kulaane, Alaq, 96/19). Mu kiseera kye kimu, kye kifo Abasiraamu bonna mu nsi gye boolekera nga bali mu sswala. Ekitegeeza nti kye kifo omutima gw'Abasiraamu gye gutunduggira.

Ekibuga kya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), kye tulambula oluvannyuma lwa Makka, kye kifo omutima mwe gutuukira ku ddaala erisembayo

69. Kulaane, *Baqara*, 2/198

oluvannyuma lw'okwambazibwa n'okuwundibwa n'ebyambalo by'okwagala. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ye muntu yekka Allah gwe yayita "omwagalwa".

Okusinziira ku Imaamu Maaliki, ekifo ekirimu entaana ya Nnabbi kye kimu ku bifo ebisinga okubeera n'emikisa mu nsi oluvannyuma lwa Kaaba. Kino kiva ku kuba nga Nnabbi ye yali omulungamya eri abantu bonna.

Ensi eno ey'emikisa yaliikirizibwa n'eby'omwoyo okuviira ddala ku mulembe gwa Adamu era n'efukirirwa n'amaziga gaabwe. Ebifo bino ebyali ensulo ya Bannabbi okuweebwa obubaka, mujjuddemu eby'okujjukira eby'omuwendo mu byafaayo bya Bannabbi.

Mu bufunze, okukola Hijja kusinza okuzingiramu ebintu ebingi, okwo, ng'etteeka, okutuusa omuntu mu kutuukiriza eddiini ye.

Hajji kwe kusinza, omwoyo gw'omuntu mwe guyita okufuna obutebenkevu, embeera eyaddala, n'enfaanana. Mweyolekeramu ebintu bingi nnyo eby'omwoyo omutima mwe gutukuzibwa era ne gujjibwamu kakiki yenna ne gwozebwa n'enkuba y'okusaasira okw'omwoyo ne gutuuka ku kituufu.

Zaka gwe musolo ogw'eddiini ogwateekebwa ku bantu abo abalinawo ekimala gwe balina okuwaayo ng'etteeka basobole okuwa abatalina. Kino kiteekeddwa okukolebwa kifuule halaali ebyobugagga ebisigadde eri nnannyini byo. Ebyobugagga bitandika okujjulukuka mu mitendera okudda mu mikono gy'abeetaavu mu kitundu. Engabanya eno

ey'ebyobugagga ekkiriza okuteekawo obwenkanya mu bantu, n'okukolaganira awamu.

Ekiteekebwa mu birowoozo mu zaka si nnyingiza y'omuntu ey'omwaka omulamba wabula ebyobugagga by'akungaanya. Ekiva mu kino kwe kuba nga ssente oba ebintu ebitakozesebwa mu kusiga gye biggweera biba bijja kuggwaawo. Mu ngeri eno, Obusiraamu bwateekawo enkola ewagira abantu okunoonya ebyobugagga mu bintu bye babeera nabyo ne mu ssente.

Ensonga eri emabega wa zaka ne saddaaka kwe kuwa ekkubo erinywevu gulugulu okusobola okumalawo okukungaanya ebyobugagga ekiyinza okufuukira omuntu kansa atawona. Zaka ly'ekkubo eriteekawo obwesimbu n'omukwano mu nkolagana wakati w'oyo awa ne gwe bawa zaka. Okukissa mu bigambo ebirala, zaka ly'eddembe omwavu ly'alina mu by'obugagga by'omuntu alina, embeera enyweza omukwano wakati waabwe. Kino Kulaane ekitangaaza bulungi mu aya eno wammanga:

*"Ne mu by'obugagga bwabwe mulimu omugabo ogumanyiddwa ogw'omwavu oyo asaba n'oyo atasabiriza."* (Kulaane, Dhariyaat, 51/19).

Adabu (empisa z'Obusiraamu) mu kugaba kintu kikulu nnyo. Oyo awa ateekwa okusiima oyo gw'awa kubanga omwetaavu asobozesa omugagga okutuukiriza etteeka ly'okusinza era n'amusobozesa okufuna empeera okuva eri Allah. Okusaddaaka omuntu kw'akoze ku lwa Allah mu kiseera kye kimu kutaakiriza omuntu n'atafuna ndwadde oba emitawaana. Kulaane etulaga obukulu bw'okuwaayo zaka n'okusaddaaka bw'egamba nti: *"Era (Allah) atwala saddaaka (abantu ze bawa)"*. (Kulaane, Tawba, 9/104). Mu ngeri y'emu ne hadiisi ekirambika nti: "Saddaaka etuuka mu

mikono gya Allah okusooka n'oluvannyuma n'etuuka mu mukono gw'omwavu".[70]

Bw'oba owaayo saddaaka kiba kikulu nnyo okwewala okwewulira, okwekuza, okweyagala, okunyooma, n'okwelaga. Ekitali ekyo saddaaka gy'owaayo tejja kutuuka mu mikono gya Allah, wabula ejja kwonoonekera mu mikono gy'ebitonde eby'ekiseera era nga tewali na kimu ku by'osaddaase kijja kutuuka mu Nsi Eddirira.

Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ye yakulembera okulaga eky'okulabirako mu ngeri y'okweziyiza amasanyu g'ensi ne mu kuwaayo saddaaka. Maama waffe Ayisa anyumya bw'atyi:

"Essowaani ebbiri tezaayingirako mu lubuto lwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu kiseera kye kimu mu lunaku olumu. Bwe yalyanga ennyama, teyalyanga kintu kirala. Mu ngeri y'emu bwe yalyanga entende oba omugaati teyabigattangako kintu kirala.[71]

Abu Nadri anyumya bw'atyi:

"Nnawulira Maama waffe Ayisa ng'agamba nti:

"Olunaku lumu twali tutudde ne Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), kitange Abu Bakari n'atuwa okugulu kw'endiga. Nga tuli mu kizikiza mu kiro twagezaako okutema ennyama. Omu kwe kugamba nti: 'Temulina musubbaawa oba ttaala?' Nze kwe kumugamba nti: 'Singa tubadde tulina omuzigo twandiridde.'[72]

70. Al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Kabiir*, IX, 109; al-Harawii, *al-Arba-iin fi dalaa-ilu al-Tawhiid*, I, 74; al-Daylami, al-Firdausi, II, 52

71. Ibn Saadi, *al-Twabaqaati al-Kubra*, I, 405

72. Ibn Saadi, *al-Twabaqaati al-Kubra*, I, 405

Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yayagalanga nnyo okugaba. Lumu yagamba Bilaali bw'atyi:

"Bilaali! Waayo mu saddaaka! Totya nti (Allah) Nnannyini Ntebe (Arshi) ajja kukendeeza ebyobugagga byo by'olina nti kubanga owaddeyo saddaaka."[73]

N'olw'ekyo, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali tagujubanira kukungaanya bya bugagga. Kino kyali bwe kityo kubanga yali yasalawo okuwangaala nga "Nnabbi omuweereza", nga bwe bakinnyonnyola mu hadiisi eno wammanga:

"Naweebwa omukisa okusalawo oba mbeera Nnabbi omuweereza oba Nnabbi afuga (Kabaka). Malayika omukulu Jibriilu kwe kuntemyako okusigala nga ndi mwetoowaze. Olw'ensonga eyo ne nnondawo okubeera Nnabbi omuweereza era ne njogera kye nnali njagala, "okubeera omukkufu olunaku ate olunaku olulala mbeere muyala."[74]

Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagaana okuyingira mu maka ga muwala we Fatuma (Allah amusiime) kubanga Fatuma yali atonye ennyumba ye, kwe kumugamba nti:

"Si kirungi gye tuli okuyingira mu bifo bye batonyetonye."[75]

So ng'era Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyeetenderezanga olw'obulamu obulungi bwe yali awangaala. Wabula yabalanga ebyengera

73. Ma'mar ibn Rashiid, *al-Jaami*, XI, 108; al-Bazzaar, *al-Musnadu*, IV, 204; al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Awsatw*, III, 86; al-Bayhaqi, *Shuabul Imaani*, II, 118

74. Ibn Hibbaani, *al-Swahiih*, XVI, 280; al-Bayhaqi, *al-Sunan al-Kubra*, VII, 48,49

75. Abu Dawuda, *Atw'imah* 8; Ibn Maajah, *Atw'imah* 56; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, V, 220-222

Allah bye yamuwanga nga bw'alaga obwetoowaze obwekika ekyawaggulu ng'agamba nti, "la fakhr (tekyewuliza)"[76].

### Obwetoowaze bwa Nnabbi w'Okusaasira

Abantu okubatendereza entakera n'okubasiima ennyo bitera okubaleetera okwewulira. Ebintu bino ebibiri byonoona era ne bijja abantu bangi ku mulamwa. Naye wadde Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ye yali asinga abantu bonna era nga Allah yamutenda, Basswahaba be yabasaba bino:

"Mumpite 'omuddu wa Allah era Omubaka we'."[77]

Abu Usaama (Allah amusiime) yanyumya bw'atyi:

'Okwogera kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yakuggyanga mu Kulaane. Yaleetanga nnyo dhikr era ng'okwogera kwe akufuula kumpi nnyo, so nga mu kiseera kye kimu sswala agiwanvuya. Teyawulirangako kuswala ng'atambudde n'omuntu omunaku oba omwavu; wabula ate ekyo yakiwulirangamu essanyu n'okukyenyumiririzaamu.[78]

Ye Anasi (Allah amusiime) yanyumya bw'atyi:

"Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yatenderezanga nnyo (okuleeta dhikr). Yasaaganga kitono. Yavuganga endogoyi, n'ayambala engoye ezitungiddwa mu wuulu atali muweweevu, yakkirizanga era n'agenda

---

76. Tirmidhi, *Manaaqib* I; Ibn Maajah, *Zuhud* 37; Ahmada ibn Hanbal, *al-Mu - nad*, 1,5,281

77. Bukhari, *Anbiya* 48; Daarimii, *Riqaaq* 68; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, I,23

78. Nasaa-I, *Jum'a* 31; Daarimi, *Muqaddimah* 13; Ibn Hibbaani, *al-Swahiihi*, XIV, 333; al-Haakim, *al-Mustadraku*, II, 671

ng'abaddu bamuyise. Yalambulanga abalwadde era ne yeetaba mu kuziika abafu. Singa wamulaba ku lunaku embiri z'e Khaybar lwe zaawangulwa, yali yeebagadde ku ndogoyi ng'olukoba olugisiba mu nsingo nga lukoleddwa mu bikoola by'entende. Katonda gye yakomyanga okumuwa obuwanguzi naye gye yakomyanga okweyongera okwetoowaza.[79]

Ye Jariiri (Allah amusiime) yanyumya bino wammanga nti:

"Waliwo omusajja eyajja awantu nga waliwo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ku lunaku Makka lwe yanunulwa. Omusajja ono yatandika okukankana olw'ekitiibwa n'omwoyo bye yawulira ng'ali awali Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yamulaba ng'ali mu mbeera eyo kwe kumugamba mu ddoboozi erikkakkamu nti:

"Kakkana towulira kutya! Nze siri Kabaka. Nze ndi mwana wa mukazi eyava mu kika ky'Abakulayishi eyalyanga ennyama enkalirire ku musana."[80]

Ate ye Amiri ibn Rabii-a (Allah amusiime) yanyumya bw'atyi:

"Olunaku lumu, nnali ngenda ku muzikiti ne Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), akaguwa k'engatto ye ne kakutuka nga tugenda. Nnakamusaba nkamutereereze naye Omubaka wa Allah (okusaasira kwa

79. Tirmidhi, *Janaa-izi* 32; Ibn Maajah, *Zuhud* 16; al-Haakim, *al-Mustadraku*, II, 506

80. Ibn Maajah, *Atw'imah* 30; al-Haakim, *al-Mustadrak*, II, 506; al-Twabaraani, *al-Mu'jamu al-Awsatw*, II, 64

Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'agaana okukampa. Yangamba nti:

'Kuno kwetwala ng'ekyawaggulu ennyo. Nze ntamwa nnyo embeera eyo ey'okwetwala ng'ekyawaggulu'."[81]

Omubaka wa Allah yalungamya abantu bonna basobole okufuna essanyu ery'olubeerera. Kino kyali kirabo okuva mu ye, kubanga teyasaba kintu kyonna ng'okumusasula ekyo kye yali abakoledde.

Ekigendererwa ky'eddiini kwe kwola abantu abalungi abasengejje nga balina okutegeera n'okuwulira munda okunnyikivu. Kino kisoboka nga kiyita mu kutumbula okumanya n'okutegeera obukulu bw'okusinza Allah. Okukula mu nsonga eno kutuukibwako na kuwulira ssanyu mu mutima nga bwe kyogerwako mu aya eno wammanga:

*"Abakkiriza beebo Allah bw'aba ayogeddwaako emitima gyabwe gikankana ate bwe baba basomeddwa aya ze (amateeka ge) zibongera Bukkiriza era beesigama ku Katonda waabwe."* (Kulaane, Anfaal, 8/2).

Ekigambo ky'oluwalabu ekitegeeza muntu kye "insaan" kino nga kikwatagana n'ekigambo "nis'yaan" (ekitegeeza okwerabira) ne "uns" (ekitegeeza omukwano). Ekyennyume kya "nis'yaan" ye "dhikr" (ekitegeeza okujjukira). Ekigambo dhikr kirabikira mu Kulaane emirundi ebikumi bibiri mu ataano (250). Singa emirandira gya dhikr nga giteekeddwa

81. Al-Bazzaar, *al-Musnadu*, IX, 263; Abu Dawuda al-Twayaalisi, *al-Musnad*, I,156; al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Awsatw*, III, 174; al-Bayhaqi, *Shu'ab al-Imaani*, III, 275.

mu makkati g'omutima gw'omuntu, omutima guno gutandika okumanya okusinza Allah.

Abaagala tebalyerabira abo be baagala.

Buli kaseera babajjukira mu mitima gyabwe era tebabava ku mimwa. Emitima egyegomba okweyagalira mu bulamu obw'obukkiriza tegikutulawo dhikr. Gibbira mu birowoozo ku ngeri Allah gye yatondamu ensi n'eggulu zonna. Kino bakikola nga batambula, nga batudde oba nga bagalamidde wansi, nga aya ya Kulaane eno bw'ekirambika:

*"Abo abajjukira Allah nga bayimiridde, nga batudde, era nga bagalamidde wansi ku mbiriizi zaabwe, ne balowooza engeri (ey'ekyewuunyo) eggulu n'ensi gye byatondebwamu, (nga bwe bagamba nti) 'Katonda waffe bino tewabitonda awatali nsonga okwawulwa kukwo. Tukusaba otuwonye ebibonyoobonyo by'Omuliro".* (Kulaane, Aali Imraani, 3/191).

Omutima ogutalina kulowooza kwa wala era okusengejje ng'okwo teguyinza kwagala Allah Oweekitiibwa nga bwe kirambikibwa mu aya eno wammanga:

*"Okubonaabona kuli eri abo abalina emitima egyakapa nga tegyogera ku Allah."* (Kulaane, Zumar, 39/22). Aya eno eraga nti abantu abo abali ewala ne dhikr bafiirwa ekitiibwa eky'okubeera abantu abaddala.

Abantu babeera n'ekitone eky'okubeera nga balina kye basinza. N'olw'ekyo bayinza okusinza ebintu ebirabikako oba bye baagala oba eby'okufunamu, oba ne basinza Katonda waabwe. Okusinza Katonda kukuuma omuntu obutafuuka muddu wa bintu by'ayagala oba ebintu ebyabulijjo ebirabikako.

Allah Oweekitiibwa atulabula mu aya eno eddako nti:

*"Tolaba abo abafuula okwagala kwabwe eky'okusinza kwabwe?"* (Kulaane, Jaathiya, 45/23).

Okukuuma ekiseera ekiwanvu okwagala n'enteekateeka mu birowoozo by'omuntu nga bya kutuukirizibwa mu kiseera ekyewala ennyo, enteekateeka ezo nga ziri ku bintu bya nsi nga si za Nsi Ey'oluvannyuma, omuntu kumulaza eri enkomerero embi. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) agamba nti:

"Beera mwegendereza! Toleka kwagala kwo ne byotegeka mu maaso okweyongera okutuuka okukwerabiza okufa kwo! Ekitali ekyo omutima gwo gujja kuguba. Ggula amaaso go. Ekyo ekigenda okujja kiri kumpi nnyo!"[82]

Salmaan al-Faarisi eyaganyulwa ennyo mu magezi agaamuweebwanga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba bw'atyi: "Ebintu bisatu ebindeetera okuseka ate ebintu bisatu ne binkaabya". Yategeeza nti ekimu ku bintu ebyo ebyamwewuunyisanga ne bimusesa ye muntu akola enteekateeka empanvu so ng'okufa kumulindiridde.

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era yagamba nti: "Wadde ng'amaanyi gonna ag'omuntu akaddiye gakendeera, okululunkana kwe n'okwagala ebintu eby'obuwangaazi obuwanvu (twul al-umri) byo lubeerera tebikaddiwa (bisigala bivubuka)."[83] Hadiisi eyo etuwa ekifaananyi nti okululunkanira n'okwegomba ebintu eby'ebiseera eby'omu maaso eby'ewala nkonge

82. Ibn Maajah, *Muqaddimah* 7; Ma'mar ibn Raashidi, *al-Jaamii*, XI, 116; al-Qudaai, *Musnadu al-Swahiihi*, II, 263; al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Awsatw*, VIII, 31

83. Bukhari, *Riqaaq* 5; Muslim, *Zakat* 114

bbiri omuntu gy'afa yenkana z'atayinza kubuuka. Wadde ng'emibiri gibadde ginafuye ne gikaddiwa, era abantu basigala beegomba okusigala nga bavubuka, kubanga emyoyo gyabwe girimu embeera y'obwonoonefu. Ekiva mw'ekyo, be bantu lubeerera okwagala okusigala nga bato (obutayagala kukula) era nga bwe bagenda bakadddiwa ne basaalirwa obuvubuka. Ekyo ne kibaviiramu okufuuka abaddu b'okululunkana okutakoma.

Nga bwe kiri ku ttaka akkalu erinywa amazzi gonna agava mu nkuba eritonnyako, n'omwoyo gw'omuntu gufuba okulaba nga gutwala amasanyu g'oku nsi ne gugamira. Mpozzi enjawulo eriwo kwe kuba ng'omuntu tasasula kirungi kibeera kimukoleddwa, olwo n'atakola ng'ettaka erisasula enkuba ebirungi by'ebeera erikoledde nga ligiddiza ebibala ebirivaamu. Mu ngeri y'abantu okulemererwa okusasula ebirungi ebiba bibakoleddwa nga bazza ebibala emitima gyabwe gikakanyala bukakanyazi olw'ensonga y'okubulwa obwesimbu n'okubeera abaddu b'emigaso gy'ensi.

Ekigendererwa ky'ebintu ebibi mu butonde kwe kuyamba ku kugezesa abantu. Olw'ensonga eno aya ya Kulaane ky'eva egamba nti: *"Ndayidde omwoyo n'oyo eyagwenkanyankanya, n'aguyigiriza obwonoonefu bwa gwo n'okutya kwa gwo. Mazima ddala awonye oyo agutukuza, ate n'afiirwa oyo agukozesa obubi."* (Kulaane, Shams, 91/7-10).

Eddaala eryawaggulu ery'abantu, abo abaatondebwa mu ngeri eteri nnyangu ya kutegeera kugenda wala mu ngeri buli omu gy'afaananamu n'obukugu obutasobola kupimibwa, lifunibwa na kugondera Allah Yekka na

kuwaayo obulamu bwabwe mu kukuuma emitima gyabwe obutakola bintu bibi.

Okulumba okwakolebwa ku Tabuuku kwalimu okusoomooza okw'engeri ennyingi. Basswahaba baasiyagguka ebikumi n'ebikumu bya kilomita ate ne bakomawo eka. Bwe baali batuuka e Madiina, n'endabika yaabwe yokka yali ekyuse olw'enjala; ensusu zaabwe nga ziri ku magumba, enviiri n'ebirevu nga bisasamadde. Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kugamba nti: "Kaakati tuva mu lutalo olutono twolekedde olutalo olunene!" Basswahaba baabuuza mu kuwuniikirira nti: "Omubaka wa Allah! Waliwo olutalo olusinga luno lwe tubaddemu obuzibu?" Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabagamba bw'atyi: "Kati tudda eri olutalo olw'amaanyi ennyo olutalo olw'omwoyo (nafsi)…"[84]

Olutalo olulwanyisa omwoyo lusomesebwa nga bayita mu kugunjula n'okutendeka omutima. Ekigendererwa eky'olutalo luno kwe kusitula empisa n'okuyamba abantu okutuuka ku ddaala ly'okutuukirira; al-in'saanu al-kaamil.

Ekyama kino kisobola okubikkulwa ng'omuntu ayise mu mazima agava mu Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Singa omuntu tasobola kuvumbula nsonga eri emabega w'okutonda ensi eno, eba ejja kumumira. Oyo atamanyi nsonga lwaki yajja okubeera ku nsi kuno, awangaala obulamu nga tamanyi emizimbo

84. Al-Baghdaadi, *Taarikhu Baghdaadi*, XIII, 523; [Hadiisi efaanana bw'etyo baagyogera okuva ku Ibrahiim ibn Abi Ablaa, ng'egwa mu kiti kya hadiisi eziri maktuu-u. Laba al-Muzzii, *Tahadhib al-Kamaal*, II, 144; al-Zahabi, *Siyar a'alaam al-mubalaa*, VI, 325]

emitukuvu mu muntu. Era tayinza kutegeera kumalayo ekigendererwa ekitukuvu eky'okutonda abantu. Ajja kulemwa okutegeera kye kitegeeza okubeera omusigire wa Allah ku nsi. So ng'oyo afuba okufuuka omusigire wa Allah ku nsi aba ajja kufuuka eriiso lya Katonda eriraba era okutu okuwulira.[85] Ekigendererwa kyabwe mu bulamu kwe kubeera ne Allah.

Mu nsi eno, ebintu ebimu biyinza obutasoboka kunnyonnyola mu bujjuvu n'amagezi g'omuntu gokka. N'ebigambo byaffe ebinnyonnyola nabyo biba byetaaga bigambo birala ebibinnyonnyola. Bwe tuba tugezaako okunnyonnyola ekitannyonnyolekeka ekyo ekisukka amagezi we gakoma, tuba tetwerabidde nti mu butuufu tuba tugezaako kunnyonnyola bikwata ku Allah? Allah ye Yekka era nga y'annyonnyola ensi eno. Tusobola kumumanya kutuuka ku ssa lya kufuna mukwano na magezi, era na kutuuka ku kya kwewaayo gy'ali.

Amagezi galina we gakoma. Tetusobola kutuuka mabega wa magezi gaffe we gakoma, eyo ewali ebyama by'ensi eno, okuggyako nga tuyita mu mutima. Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) kino yakyogera bw'atyi: "Nneewaddeyo ewa Katonda w'ensi zonna." (Kulaane, Baqara, 2/131).

Ye Imaam Ghazaali yayogera ku mbeera gye yayitamu mu kintu kino n'agamba bw'atyi: "Nnanaanuula amagezi gange okutuuka lwe gaayagala okupasuka. Olwo ne ntuuka okutegeera nti amagezi galina we gakoma. Tegasobola kutuuka ku wasembayo nga gali gokka. Nawulira nga nninga ayagala okugwa eddalu, era nasemberera okuggwaamu

85. Bukhar, *Riqaaq* 38; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, VI, 256; Ibn Hibbaan, *al-Swahiih*, II, 58; al-Bayhaqi, *al-Sunan al-Kubra*, III, 346

amagezi. Oluvannyuma nanoonya okuyambibwa omukisa gw'omwoyo gwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Olwo buli kintu ne kitandika okweyoleka. Namanya ebyama era ne ntaasibwa." [86]

Mu ngeri y'emu, Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) naye yagamba nti: "Nja kugenda ewa Katonda wange annungamye!" (Kulaane, Swaffaati, 37/99).

Okufaananako n'ekyo, Mawulaana Jalaaluddiini Ruumi naye yannyonnyola bw'atyi ekkomo ly'amagezi: "Amagezi gatwala omulwadde ew'omusawo. Bw'atuukayo olwo aba yeetaaga kwewaayo ew'omusawo"[87].

Mu bufunze, kye tugamba kye kino nti ebyama bya Bannabbi biri wala wa kutegeera kwa muntu na magezi ge.

**Obwetoowaze, Ekisa n'Okulumirwa Abalala mu bulamu bwa Nnabbi w'Okusaasira**

Okusinziira ku byayogerwa Basswahaba abatabalika, Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali nga y'asinza abantu bonna empisa n'obwetowaze. Yalinanga okutangalijja n'ekitangaala ekyavanga mu maaso ge.

Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalina omutima ogwesisiwala nga n'olunaku lumu yalaba omusajja ng'awanda ku ttaka ekyenyi kye eky'emikisa ne kimyukirira era n'akoteka omutwe. Basswahaba abaaliwo baayanguwa ne babikka ku malusu.

86. Ghazaali, Abuu Haamidu, *al-Munqidhu min al-Dhwalaal*, (Beirut, 1988), olup. 60.

87. Ruumi, Jalaaluddiini, *Mathnawii Ma'nawii*, (Tehran, 1378), 3323

Oluvannyuma Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kweyongerayo gye yali alaga.

Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba nti olugoye olutukula lulaga eddaala ly'Omusiraamu erya waggulu mu maaso ga Allah. Yawanga amagezi abantu okwambala ebyeru era yasinganga kwagala ssuuka enjeru. Kino kyali kityo, kubanga, nga bwe yannyonnyola, ebeera nnyonjo, nnungi era ng'erimu emikisa okusinga eteri njeru. Omubaka wa Allah, oyo eyalagira abantu okwambala engoye ennyonjo era ng'atamwa engoye ezitali ntereeze bulungi, teyayagalanga nviiri oba kirevu ebitalabiriddwa obulungi. Okugeza, waliwo omusajja eyalina enviiri n'ekirevu nga tabirabiridde wadde okubisanirira eyajja mu muzikiti gwa Nnabbi. Nnabbi kwe kulaza n'omukono omusajja n'amanya nti yali amugamba kukola ku nviiri ze n'ekirevu. Omusajja yafuluma n'abitereeza oluvannyuma n'akomawo. Olwo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kugamba nti: "Abaffe eyo ssi y'endabika ennungi okusinga endabika efaanana sitaane, ng'enviiri n'ekirevu bitankuuse?"[88]

Olunaku lumu, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalaba omusajja omulala ng'alina enviiri n'ekirevu nga bisasamadde. Mu kwewuunya n'agamba bw'atyi: "Ono lwaki tayonja n'asanirira n'enviiri ze?"[89]

Umaru ibn Khattwab (Allah amusiime) yanyumya bw'atyi:

---

88. Muwattwaa, *Shar* 7; al-Bayhaqi, *Shu'ab al-Imaani*, V, 225

89. Abu Dawuda, *Libaas* 13; Nasaa-i, *Ziinah* 60; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, ID, 357

"Lumu munnakyalo atalina mpisa yayita Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) emirundi esatu. Buli mulundi, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasigalanga nga mukkakkamu gy'ali awamu n'okubeera oli munnakyalo ye yali ow'empisa embi, era yamuddamu ng'amugamba nti: "nsanyuse okukulaba"[90]. Yali ng'atabulwa nnyo endabika y'omuntu embi olw'omutima gwe okubeera omwangu okukosebwa ate n'omwoyo gwe okubeera ogwennyika.

Olulala yagamba omusajja ayajja w'ali ng'ayambadde bubi nti:

"Olina ssente? Ennyimirira yo ey'eby'ensimbi eri etya?" Omusajja bwe yamutegeeza nga bwe yalina ku ssente, Nnabbi yamugamba bw'atyi: "Allah bw'akuwanga ebyobugagga, leka obubonero bw'abyo bukulabikeko!"[91]

Mu hadiisi endala, yagamba nti: "Allah asanyuka okulaba obubonero bw'obugagga ku muddu we gw'aba awadde obugagga."[92] Ebifaananyi bino bikiraga bulungi nti obutukuvu bw'omutima n'okulabika obulungi okw'okungulu buli kimu kijjuuliriza kinnaakyo mu Busiraamu.

Naye okwekuuma obuteewulira n'okweraga, Omusiraamu ayambala engoye empya ateekeddwa okumanya nti kino kirabo okuva eri Allah era n'asaba mu ngeri Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah

---

90. Tirmidhi, *Zuhud* 50; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, IV, 239; Nasaa-i, *al-Sunan al-Kubra*, VI, 344; al-Swan'aanii, *al-Muswannaf*, I, 206

91. Nasaa-i, *Ziinah* 54; Tirmidhi, *Birr* 63; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, IV, 137; Ibn Hibbaan, *al-Swahiihi*, XII, 234

92. Tirmidhi, *Adab* 54; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, II, 311; al-Haakim, *al-Mustadrak*, IV, 150

n'emirembe bibeere ku ye) gye yasabangamu ng'afunye olugoye olupya bw'atyi:

"Nneebaza Allah annyambazizza engoye zino wadde nga mbadde sirina maanyi na busobozi bukikola. Allah! Nkusaba ongemulire emikisa gyo emingi mu lugoye luno n'emirimu gye ndukoleramu. Nkusaba omponye ebibi ebiri mu lugoye luno n'ebibi ebiyinza okukolebwa mu lwo..."[93] N'okusaba mu ngeri eno, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalaga okwagala kwe okukozesa buli kintu mu kkubo lya Allah.

Mu ngeri y'emu, Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) abantu yabalabula okwewala Omuliro nga kino yakinnyonnyola nti abo abambala engoye mu kwewulira, nga bagenderera okweraga bajja kwambala engoye z'obuswavu ku Lunaku lw'enkomerero.

Abdullah ibn Amr (Allah amusiime) yanyumya nti Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyakozesaako bigambo bibi abantu bye batera okukozesa mu lulimi olwabulijjo. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba nti, "ebintu by'okwetoowaza ebikulabikira nga ebitono era by'otwala ng'ebyangu bijja kufuuka ebikulu ennyo ku Lunaku lw'okulamula (Olunaku lw'enkomerero)."[94]

Lumu Abu Dharri al-Ghifaariyy yayita Bilaali "omwana w'omukazi omuddugavu." Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kino olwamugwa mu matu

93. Abu Dawuda, *Libaas* 1; Tirmidhi, *Da'awaat* 55; Ibn Maajah, *Atw'imah* 16

94. Tirmidhi, *Birr* 61; al-Bayhaqi, *al-Sunan al-Kubra*, X, 193; Ma'mar ibn Raashi, *al-Jaami*, XI, 146; al-Qudaai, *Musnad al-Shihaab*, I, 274

kwe kugamba Abu Dharri al-Ghifaariyy nti: "Abu Dharri! Ggwe ddala oli muntu eyasigalamu oluyisayisa lw'ebiseera by'obutamanya, eby'ekijaahiliyya."[95]

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) abagenyi ye kennyini ye yabaweerezanga eby'okulya n'eby'okunywa nga kino akikola olw'obwetoowaze. Amateeka g'obwetoowaze teyagamenyako ne bwe yali ng'akyali muto. Okulumirwa kwe n'okusembeza abanaku, bamulekwa, bannamwandu, n'abantu abataalinanga baaluganda abasobola okubayamba byali bimanyiddwa bulungi.[96]

Anasi (Allah amusiime) yanyumya bw'atyi: "Naweereza Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) emyaka kkumi miramba (10). Naye bwe nnakolanga ensobi teyannenyaako ng'ayita mu kubuuza nti, 'Lwaki wakoze bw'otyi?'[97]

Ekisa kye kyakwata ne ku bawambe b'omu ntalo be yalagiranga bayisibwe bulungi.

Ekisa kya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kyabuna ebitonde byonna. Bwe yalabanga omwana, ng'ekyenyi kye kijjula essanyu. Abaana yabateekanga mu mikono gye era ng'abaweeweeta okubalaga okwagala. Teyalemererwanga kulamusa baana

95. Bukhari, *Imaani* 22; Muslim, *Aymaan* 38; Abu Dawuda, *Adab* 124; Tirmidhi, *Tafsiir Surah* 22,1; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, V, 161

96. Bukhari, *Nafaqah* 1; Muslim, *Zuhud* 41-42

97. Muslim, *Faddhaa-il* 51; Abu Dawud, *Adab* 1; Daarimii, *Muqaddimah* 10

bato, okubalaga omukwano n'okubasaagisa. Olumu yalaba abaana nga baddukira mu kibinja naye n'abeegattako n'adduka nabo.

Oyo eyatumibwa ng'eky'okusaasira eri ensi zonna, yasanga abaana abato ng'alina gy'alaga n'abafaako n'abateeka ku ngamiya ye. Anasi (Allah amusiime) yanyumya ku nneeyisa ye bw'atyi: "Sirabanga muntu eyali atadde ekitiibwa mu ddembe ly'abantu be abaawaka n'abaana abato nga Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).[98]

Ayisa (Allah amusiime) yanyumya bw'atyi: "Lumu Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali azannya ne bazzukulu be ne wabaawo munnakyalo eyayingira. Munnakyalo ono kyamuyitirirako okulaba nga Nnabbi azannya n'abaana, kwe kumubuuza nti: 'Omubaka wa Allah! Onywegera abaana? Ffe tetunywegera baana baffe wadde okuzannya nabo.' Omulungamya waffe kwe kumugamba bw'atyi:

'Allah bw'aba nga yajja ekisa, okulumirwa n'obusaasizi mu mutima gwo kati nze nkukolere ki?[99] Ebigambo bino biwa bulungi ekifaananyi ku kifo Obusiraamu kye bussaamu okuyisa abaana abato obulungi.

Nnabbi Muhammadi yateeka muzzukulu we Hasane n'omwana wa Zayidi eyayitibwanga Usaama ku maviivi ge era, nga bw'abavumbagatira, yagamba bw'atyi: "Katonda wange! Nkusaba owe abaana bano okusaasira n'essanyu,

---

98. Muslim, *Fadhaa-il* 63; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, III, 112; Ibn Hibbaan, *al-Swahiih*, XV, 400; al-Bayhaqi, *al-Suna al-Kubra*, II, 263

99. Bukhari, *Adab* 18; Muslim, *Fadwhaa-il* 64; Ibn Maajah, *Adab* 3; Ahmada ibn Hanbal, al-Musnad, VI, 56, 70

kubanga mbaagaliza okusaasira n'essanyu."[100] Era yagaana okukolimira abaana.

Buno bwe bumu ku bubonero obulaga okusaasira okutakoma kwe yalina ku baana abato.

Omwana bwe yakaabanga nga basaala ne maama we yakkirizanga maama akendeeze ku sswala agende asirise omwana akaaba okutuusa lwe yamusirisanga n'akomawo.[101]

Yasaalanga ekiro kyonna, ng'akulukusa amaziga olw'abantu b'ekibiina kye, Ummah[102]. Yawaayo obulamu bwe bwonna asobole okutaasa obuntu Omuliro.[103] Bino bye bimu ku biraga okusaasira kwe okukoma ewala.

**Enneeyisa ye mu bantu ewa Eky'okulabirako**

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali eky'okulabirako ekituukiridde eky'okugoberera, si mu bigambo bye yayogeranga byokka, naye n'okusingira ddala, mu bikolwa bye. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali eky'okulabirako ekituukiridde eri abantu ab'engeri zonna mu bulamu. Buli muntu yamuyisanga mu ngeri emussaamu ekitiibwa. Okusaasira kwe, okwo okwabuna buli kitonde, kwali tekulina kkomo. Ekisa kye, okusaasira

100. Bukhari, *Adab*, 18; Muslim, *Fadwhaa-il* 64

101. Bukhari, *Adhan* 65; Muslim, *Swalat* 191; Abu Dawuda, *Swalat* 123; Tirm - dhi, *Swalat* 159; Nasaa-i, *Imaamah* 35; Ibn Maajah, *Iqaamah* 49; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musna*

102. Muslim, *Imaani* 346; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, V, 127; Ibn Hibbaan, *al-Swahiih*, XVI, 217

103. Bukhari, *Riqaaq* 26; Muslim, *Fadwha-il* 17

n'empisa ennungi tebyakoma ku Basiraamu bokka wabula yabiraga n'abatali Basiraamu.

Jabbeeri ibn Abdullah yanyumya bw'atyi: "Olunaku lumu, abantu baali basitudde omulambo, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kuyimirira (nga baguyisaawo). Naffe kwe kuyimirira. Nga wayiseewo akaseera twamugamba nti:

"Omubaka wa Allah! Ogwo gwabadde mulambo gwa Muyawudi!"

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kuddamu nti:

"Omuyudaaya ye si muntu?"[104]

Yalina okusaasira okutukuvu, okwava mu linnya ettukuvu al-Rahmaan, okwo okwabuna ensi yonna. Obulamu bwe bwonna kwali kutuukiriza mulamwa ogugamba nti: "Yagala ebitonde olwa Oyo eyabitonda."

Olunaku lumu, Basswahaba, okusinziira ku kunyigirizibwa kwe baali batuuseeko nga kuva mu batali Basiraamu, baasaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okusabira obubi abalabe b'Obusiraamu. Kyokka Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'okubaddamu yabagamba nti:

"Nze tebantuma kukolimira bantu, wabula bantuma ng'eky'okusaasira."[105]

---

104. Bukhari, *Riqaaq* 26; Muslim, *Fadwha-il* 17

105. Muslim, *Jihad* 104; Abu Ya'ala, *al-Musnad*, XI, 35; al-Bayhaqi, *al-Sunan al-Kubra*, III, 352; al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Awsatw*, III, 223

So ng'okusaba kwe yasabira abalabe be abaasinga okubeera ababi yalinga bw'etyi: "Katonda wange! Tebamanyi! Nkusaba obawe obulungamu!"[106]

Abdullah Ibn Ubayy ye yali omukulembeze w'Abannanfuusi ow'ekyama e Madiina. Yalyamu Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) olukwe ku lunaku olwakazigizigi bwe yasalawo ye n'abagoberezi be okwabulira eggye ly'Abasiraamu nga bagenda mu lutabaalo lw'e Uhudi. Era emirundi mingi emirala gye yalyamu Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) olukwe.

Naye olw'ekyo ky'amanyi, Allah yasalawo mutabani wa Abdullah, obutafaanana na kitaawe, ye okubeera Omukkiriza omwesimbu owaddala. Abdullah ibn Ubayy bwe yafa, mutabani we n'agenda ewa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'amusaba amuwe ekkanzu ye azingemu kitaawe ng'alowooza nti ekyo kyali kyakumuyamba okufuna emikisa mu kkanzu eyo. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) naye teyali mubi ekkanzu n'agimuwa obutamenya mutima gwa Sswahaba we era eyo gye baakozesa okuzingamu omunnanfuusi ono ataakoma ku bunnanfuusi bwokka kyokka naye era eyali omusaale mu kutemerera eggambo ku mukyala wa Nnabbi Ayisa.[107]

Abaffe kisoboka okufunayo eky'okulabirako mu buntubulamu n'ekisa mu byafaayo by'obuntu ekifaana kityo?

106. Bukhari, *Anbiyaa* 54; Muslim, *Jihaad* 104; Ibn Maajah, *Fitanu* 33; Ibn Hi - baan, *al-Swahiih*, III, 254

107. Bukhari, *Janaa-iz* 23; Muslim, *Munaafiquuna* 4; Abu Dawuda, *Janaa-iz* 1; Nasaa-i, *Janaa-iz* 40; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad* II, 18

Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali eky'okulabirako ekisinga obulungi mu kusaasira. Lumu yawulira Munnamalungu ng'ali mu sswala ng'asaba bw'atyi: "Katonda wange! Nkusaba owe emikisa Muhammadi nange naye oleme kugattako muntu mulala!" Bwe yamala okusaala, Nnabbi kwe kumugamba nti: "Ofunzizza ekintu ekinene ennyo."[108]

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyali muntu eyeemalira ku biseera bye byokka oba abantu abaali bawangaala naye. Yayimirira mu kifo we yasobolera okugatta abantu bonna nga bali wansi wa bbendera y'okwagala, okusaasira, n'essanyu, ng'abagattira wamu mu kitangaala ky'Obusiraamu n'okukyusa embeera y'emitima egyali gikakanyadde ng'ejjinja, olw'obutagumiikiriza balala n'obusosoze. Okuwangula kwe yalaga ku ludda luno lwe lupapula olusinga okutukula mu byafaayo by'obuntu.

Bwe tutunuulira oludda luno, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yafuuka omugunjuzi asinga okubeera omulungi eri abantu bonna olw'okugunjula okutukuvu naye kwe yali yafuna. Bamusibira mu bbwa abaali baziika abaana baabwe ab'obuwala nga balamu ne bayisa abaddu mu ngeri esingayo obukambwe baafuna obulungamu nga bali wansi w'akasolya k'okusaasira kwe. Okugunjula kuno kwali ku mutasubwa okutuusa abantu abamu ku bano lwe baafuna obwesimbu n'empisa ebimala ebyabafuula abantu abasinga okuweebwa ekitiibwa mu nsi yonna.

108. Bukhari, *Adab* 27; Ibn Maajah, *Twahaarah* 78; Ahmada ibn Hanbal, *al-Mu -nad*, II, 239.

Nnabbi waffe Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yayamba abantu bonna awatali kusosola ng'asinziira ku byetaago byabwe. Waliwo ekyazuuka ekiyinza okutuwa ekifaananyi ekirungi:

Olunaku lumu munnamalungu yajja ewa Nnabbi ng'amusaba buyambi, Nnabbi kwe kumuwa buli ke yalina. Oluvannyuma yabuuza omusajja nti: "Ebyo bikumala?"

Munnamalungu, eyali talina mpisa oba obwetoowaze, yamuddamu nti: "Nedda! By'ompadde tebimmala!"

Basswahaba abamu obusungu bwababakwata olw'empisa embi munnamalungu ono ze yayolesa era ne baagala okumugugumbula. Kyokka Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabaziyiza okubaako ne kye bamukola. Olwo n'atwala omusajja eka. Bwe yatuukayo yamuwa ebintu ebirala oluvannyuma n'amubuuza nti:

"Kati bino biyinza okuba nga bikusanyusizza?"

Ku mulundi guno munnamalungu yali awulira essanyu, kwe kugamba nti: "Ye! Allah akuwe emikisa emingi ku lwange, abantu b'omu maka gange, n'aboluganda lwange!"

Olwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okwagala okuggyawo olukonko wakati wa munnamalungu ne Basswahaba be, yamugamba nti:

"Wayogedde bye wayogedde okusooka kubanga walowoozezza nti bye twakuwadde byabadde bitono nga tebikumala. Olw'ensonga eyo Basswahaba bange baakufunyeeko ekifaananyi ekibi. Kati bwe tuddayo gye bali, ddamu oyogere ebigambo by'oyogedde kati ekyo kiggyewo ekifaananyi ekibi kye bakulinako mu mitima gyabwe."

Bwe baakomawo mu kifo Basswahaba we baali, munnamalungu kwe kukyukira Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'amugamba bw'atyi: "Allah akuwe emikisa emingi ku lwange, abantu b'omu maka gange, n'aboluganda lwange!"

Munnamalungu bwe yagenda, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kukyukira Basswahaba n'abagamba nti: "Ekintu ekiguddewo wakati wange ne munnamalungu kifaananira ddala ekifaananyi ky'omuntu eyalina engamiya n'etoloka, abantu ne bagenda nga bagigoba nga baagala kugikwata. Engamiya yeeyongera okutya okutuusa nnannyini yo lwe yagamba abantu abaali bagigoba nti: "Mundeke n'engamiya yange! Nze ngimanyi okubasinga era nsobola okugiyisa obulungi okusinga bwe muyinza okugiyisa." Yagenda yekka awali engamiya, n'alonda entende okuva ku ttaka n'agiwa. Engamiya kwe kujja gy'ali ng'egenda emugoberera. Olwo kwe kugizzaako ekituulwako n'agirinnya n'agivuga. Nange singa nnawulirizza bye mwabadde mugamba munnamalungu we yayogeredde bye yayogedde, bambi musajjawattu yandibadde agenda mu Muliro."[109]

Ebigambo bino bikulu nnyo bwe tutunuulira obubaka bwe biwa ku kugunjula omuntu. Kikulu okuteeka mu mutwe endowooza y'omuntu. Olwo ekkubo erituuka eri omutima gw'omuntu oyo liyinza okuvumbulwa.

Omuntu ateekeddwa okugezaako okutuuka ku kintu ky'ayagala na kukwata makubo ago. Ekitali ekyo okufuba kw'omuntu okugunjula kuyinza okwefuula ate omuntu gwe bagezaako okugunjula ne yeeyongera bulabe na kwesamba.

---

109. al-Marwazii (yafa 294), *Ta'ziim qadri al-swalat*, II, 931; al-Hayathami, *Majma'al zawaa-id*, IX, 160

Ekirala kye tuyinza okuyiga mu kyafaayo ekyo kye kino: abantu basobola okuwangulwa ng'omuntu ayise mu kisa n'okubayisa obulungi kubanga abantu baatondebwa nga banafu. Omuntu gwe bayisizza obulungi akendeeza ku bulabe singa babadde balinawo obulabe; bwe baba ssi balabe ate era nga ssi ba mukwano kino kibafuula ab'omukwano; ate bwe baba nga basangiddwa nga ba mukwano, okuwa kubafuula eb'ekinywi ekimu.

Bakadde baffe baagambanga nti: Obugenyi ne bwe buba bwa kikopo kya kyayi, bujjukirwa n'okusiimibwa emyaka amakumi ana (40) malamba."

**Obwetoowaze bwa Nnabbi w'Okusaasira eri Abeetaavu**

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yeeyisa mu ngeri y'okulumirwa eri abanaku okusobola okubawaanyisizaamu eby'obugagga ebirabikako bye baalinga batalina. Abdullah ibn Amr yanyumya emboozi eno wammanga:

"Lumu Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yajja mu muzikiti ng'abaavu batudde ku ludda olumu olw'omuzikiti. Kye yakola kwe kugenda abaavu we baali batudde naye n'atuula nabo okusobola okubafunyisa ekitiibwa. Yanyumya nabo era n'abagamba nti: 'Bamuhaajiruuna abaavu! Mbawa amawulire ag'essanyu! Bajja kuyingira mu nnimiro z'e Jjana emyaka amakumi ana (40) ng'abagagga tebannaba kuyingira. Okubalibwa kw'abaavu ku Lunaku lw'enkomerero kujja kuggwa mangu

ng'okubalibwa kw'abagagga tekunnaba kuggwa kubanga bo tebalina ssente wadde ebyobugagga'."[110]

Ebiseera bingi Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lwe yasabanga edduwa eno olw'okutya obuvunaanyizibwa obungi obw'okubalibwa ku Lunaku lwe nkomerero:

"Katonda wange! Nkusaba ompe mpangaale ng'omwavu. Nkusaba ondeke nfe ng'abaavu. Nkusaba onzuukize nga ndi mu baavu."[111]

Bannabbi bonna bajja kuyingira Ejjana, Firdawsi. Naye buli omu ajja kubuuzibwa ebyengera ebyamuweebwa n'obubaka bwe baamutikka okubutuusa eri abantu baabwe. Aya ya Kulaane eno eddako ennyonnyola nti buli omu, nga mw'otwalidde ne Bannabbi, ajja kubuuzibwa: *"Tujja kubuuza abo be twawa obubaka era tujja kubuuza abo be baatwalira obubaka."* (Kulaane, Aaraaf, 7/6).

Okugeza Nnabbi Sulayimaani (Allah amuwe emirembe) ajja kuyingira Ejjana oluvannyuma lwa Bannabbi abalala bonna kubanga ye yalina ebyobugagga ate n'obwakabaka, olw'ensonga eyo ye okubalibwa kwe kujja kutwalako ku kaseera.

Mu Basswahaba ba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mwalimu abagagga. Bano baafuna okutenderezebwa kwa Nnabbi olw'obutakwatirira bya bugagga bwabwe oba obulamu bwabwe wabula nga byombi

110. Tirmidhi, *Zuhud* 37; Daarmi, *Riqaaq* 118; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, III, 63; Nassa-i, *al-Sunan al-Kubra*, III 443; al-Bayhaqi, *al-Sunan al-Kubra*, VII, 12

111. Tirmidhi, *Zuhud* 37; Ibn Maajah, *Zuhud* 7; al-Haakim, *al-Mustadrak*, IV, 358; al-Bayhaqi, *al-Sunan al-Kubra*, VII, 12

baabikozesa mu kkubo lya Allah. N'ekirala Allah yabawa amawulire amalungi mu aya ya Kulaane eno wammanga:

"Allah yagula mu Bakkiriza emyoyo gyabwe n'ebintu byabwe; kubanga (mu byo) ajja kubasasulamu Ejjana. Balwana mu kkubo lya Allah ne batta nabo ne battibwa: Endagaano eyaamazima eri mu Tawuraati, Enjiri ne Kulaane: Ani atuukiriza endagaano okusinga Allah? Kati musanyuke olw'endagaano gye mukoze; okwo kwe kwesiima okunene." (Kulaane, Tawba, 9/111)

Omu ku Basswahaba abaali abagagga yali Abu Bakari, omuntu eyali asinga okubeera ku lusegere lwa Nnabbi era oyo, awamu n'ebyobugagga bye yalina, yawangaala obulamu obusinga okubeera obwangu. Allah yamutenda mu Kulaane nga "owookubiri ku babiri." Yali assibwamu nnyo ekitiibwa mu basuubuzi Abakulayishi. Okusinziira ku Ayisa, ne Abu Bakari we yafiira teyaleka dirham (ssente mu ffeeza) wadde dinaari (ssente mu zaabu). Yaleka ngamiya emu n'omuddu eyali alina obukugu mu kuweesa ebitala. Mu kiraamo kye kye yakolera muwala we, yakisimbako essira nti omuddu yali wa kuweebwa Umaru, Kaliifa eyamuddira mu bigere. Ebyobugagga bye yabikozesa mu ngeri eyali esinga okubeera ey'omugaso bwe yabiteekawo bikozesebwe Omubaka wa Allah, ng'akozesa emmaali ye mu Kkubo Ettuufu. Na ddala mu myaka egyasooka mu Busiraamu, ebiseera ebyali ebyakanaayokyani, eby'obugagga yabikozesa mu kununula abaddu bakama baabwe abataali Basiraamu be baabeeranga batulugunya nga babalanga okuyingira Obusiraamu.

Ebyobugagga bye yalina tebyamugaana kwewala bya masanyu ga nsi. Ate mpozzi engeri gye yakozesaamu ebyobugga bye obulungi kyamufuula eky'okulabirako ekikulu mu ngeri omuntu gy'ayinza okwesonyiwa amasanyu g'ensi awamu n'okubeera nga mugagga. Olw'ensonga eyo, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalaga engeri gye yatwalangamu ebyobugagga bya Abu Bakari, n'amwogerako bw'atyi:

"Abantu bonna twabasasula ebyo bye baatukolera okuggyako Abu Bakari. Ekifo ky'ebyo bye yatukolera kinene nnyo nti Allah Yekka y'ajja okumuddizaawo ku Lunaku lwe nkomerero. Saaganyulwa mu byabugagga bya muntu nga bwe nnaganyulwa mu by'obugagga bya Abu Bakari. Singa nnali wa kulonda munywanyi Abu Bakari gwe nnandironze nga munywanyi wange."[112]

Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba nti:

"Abantu benkanankana ng'amannyo g'ekisanirizo, ng'ekibaawula kyokka taquwa (okutya Allah)."[113]

Basswahaba ab'emikisa nga tebannasiramuka waliwo ekiseera we baabeereranga nga beeyawudde ku nsonga ez'ebika, ensibuko gye bava, ng'omukopi n'omwami, ng'omugagga

112. Tirmidhi, *Manaaqib* 15; Ibn Maajah, *Muqaddimah* 11; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, II, 253, 366; Ibn Hibbaan, *al-Swahiih*, XV, 273

113. Al-Qudaai, *Musnadu al-Shihaab*, I, 145; al-Hatwib al-Baghdaadi, *Taariikhu Bag - daadi*, VII, 57; Ibn Adiyy, *al-Kaamil fi al-dhuafaa*, III, 248; Ibn Hibbaan, *al-Majru-uhiin*, I, 198; Ibn Hajar al-Asqalaani, *Lisaan al-Mizaan*, II, 42

n'omwavu. Waliwo ekiseera nga beekutuddekutudde mu madaala ag'enjawulo, era nga baali beeteefuteefu okugumira okuyiwa omusaayi. Naye bwe baamala okufuna ekitiibwa ky'okuyingira Obusiraamu baatandika okuwangaalira awamu mu mbeera ey'oluganda eyali terowoozebwangako, nga bali wansi mu kusaasira okuli ku musingi omulungi nga bwe gwogeddwa mu hadiisi eno wammanga.

Ekyafaayo kino kijja kutangaaza ku mbeera eno. Oluvannyuma lw'okununula Makka, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasalawo okulumba Byzantine omulundi omulala. Omulimu gw'okuduumira eggye yagukwasa Usaama, mutabani wa Zayidi, nga mu kiseera ekyo yalina emyaka abiri mu gumu (21) era nga yali mwana wa musajja eyaliko omuddu. Naye eggye lyali linaatera okusenvula Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'afa bwe lityo ne likeerewamu. Kaliifa omupya Abu Bakari yasalawo eggye ligende mu lutabaalo nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yali yateekateeka nga tannava mu nsi muno. Basswahaba abamu abakulu wamu n'abantu abanene b'Abakulayishi baatambulira emabega w'omuduumizi omuvubuka ow'emyaka amakumi abiri obubiri. Ne Abu Bakari, awamu n'okubeera Kaliifa omulamba, naye yawerekerako eggye okulituusa ku nsalo za Madiina, era ng'ekyewuunyisa ng'atambulira ku bigere. Usaama yava ku mbalaasi n'ayita Abu Bakari atuuleko. Naye kino Abu Bakari yakigaana nga bw'agamba nti:

"Usaama! Omubaka wa Allah yakuwa obuvunaanyizibwa buno. Leka ebigere byange bisaabaane ku nfuufu mu kkubo lya Allah!"[114]

Nga bwe tukirabye, abantu abo abaafuna omukisa ne bafuna ekitiibwa ekitukuvu eky'okwolebwa mu mikono gya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) baali tebasosolwa okusinziira ku bifo byabwe nga okubeera omuddu, omwavu, omugagga, omuvubuka, n'ebirala. Amannya ago gaawerebwa nga Omukkiriza yenna yali wa ddembe okulinnya ku ddaala lyonna, ng'okulinnya kwe kwesigamizibwa ku bwesimbu bwe n'ebisaanyizo eby'omwoyo bye yabanga nabyo.

M'aruur ibn Suwayd yayogera emboozi eno wammanga:

"Nnalaba Abu Dharri n'ekyambalo ekipya nga n'omuddu we ayambadde ekyambalo kye kimu. Nnamubuuza ensonga eyali emwambazizza ku kyambalo ekimu n'omuddu, kwe kungamba nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba nti:

"Abaddu bammwe baganda bammwe, Allah be yateeka wansi wammwe. Omuntu alina muganda we wansi we, aliise muganda we oyo mu by'alya, era amwambaze mu ngoye naye z'ayambala. Tomuwa buvunaanyizibwa bw'atasobola era bw'oba omuwadde obuvunaanyizibwa bw'atasobola kwetikka muyambe."[115]

114. Ibn Kathiir, *al-Bidaayah wan nihaayah*, III, 309

115. Bukhari, *Imaani* 22; Mulsim, *Aymaan* 40; Abu Dawuda, *Adab* 124; Tirmidhi, *Birr* 29; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, V, 58, 161

Olunaku lumu, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yajjukira omuddu omuddugavu gwe yali takyalaba, kwe kubuuza Basswahaba ebimukwatako:

"Kiki ekyatuuka ku muntu oyo? Mmaze akaseera nga ssimulaba."

Baamutegeeza bwe batyi: "Mubaka wa Allah, oyo omuddu yafa." Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kubanenya nga bw'agamba nti: "Lwaki temwambuulira?"

Basswahaba baamubuulira ekyatuuka ku muddu oyo naye nga baali tebakifumiitiriza nti ekintu ng'ekyo kyali kiyinza okubeera ekikulu bwe kityo nga balowooza nti kyali ng'ebintu ebyabulijjo. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kubagamba nti: "Mundage entaana ye!"

Oluvannyuma yagenda awali entaana n'amusaalira esswala y'abafu (Jeneza).[116]

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yafunanga essanyu eryenjawulo mu kuta abaddu n'okubalinnyisa eddaala okubatuusa ku ly'abantu abalala. Ekifaananyi ekisinga obulungi ky'ekyenkolagana ye ne Zayidi ibn Haaritha, maama waffe ow'emikisa Khadiija gwe yamuwa ng'ekirabo. Nnabbi yata Zayidi era n'amuwa ebbeetu okusalawo okusigala naye oba okudda mu bakadde be. Zayidi yalondawo kusigala ne Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) awamu n'okubeera nga Nnabbi ekiseera ekyo yali mu kaseera kazibu nga

116. Bukhari, *Swalaat* 72; Muslim, *Janaa-iz* 71; Abu Dawuda, *Janaa-iz* 57; Ibn Maajah, *Janaa-iz* 32; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, II, 353, 388

Abakulayishi bamutulugunya era nga bagezaako nga bwe basobola okumwonoona mu bantu. Oluvannyuma, Sswahaba ono yalinya eddaala mu Basswahaba banne okutuusa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lwe yamulonda okuduumira eggye mu lutabaalo lw'e Tabuuku nga Abasiraamu balwana ne ba Byzantine. Yalinnya eddaala mu lutalo luno ery'okufa ng'omujulizi, n'aleka omukululo eri abantu abajja oluvannyuma ng'omuntu eyawangaala obulamu obulungi obwefaanaanyirizaako emmunyeenye.[117]

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyakkiriziganyaako na muntu kuvuma baddu. Yagamba bw'atyi:

"Abo abavuma abaddu baabwe tebalisobola kuyingira mu Jjana."[118]

Okusaasira kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) eri abaddu kwatuuka wala nnyo mu ddaala okutuusa nti yagaana okuboogerako nga "abaddu" oba "abazaana", wabula Abasiraamu yabawa amagezi era n'abalagira bakozesenga kigambo "mutabani" oba "muwala" nga baboogerako.

Ye yennyini yali mbeera ye okugenda awali abaddu, okwogera nabo, okulambula abaabanga balwadde mu bo, okukkiriza okuyitibwa bwe baabanga bamuyise awantu, n'okwetaba mu kubaziika.

117. Ibn Hajar al-Asqalaani, *al-Iswabah fi tamyiizi al-swahaabah*, II, 598-601; Ibn Abdilbarr, *al-Isti'aab fi ma'arifatil aswhaab*, II, 542-546

118. Tirmidhi, *Birr* 29; Ibn Maajah, *Adab* 10; Ahmad ibn Hanbal, *al-Musnad*, I, 94, 7; al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Awsatw*, IX, 124; Abu Ya'ala, *al-Musnad*, I, 94

Abu Dawuda yanyumya nti ebigambo bino bye byali ebigambo bya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bye yasembayo okwogera: "Musseeyo omwoyo ku sswala! Mutye Allah mu baddu be mufuga!"[119]

Basswahaba bonna baagendereranga nnyo okuyingiza mu mutima empisa za Nnabbi entuukirivu. Ekyafaayo kino kitulaga engeri Umaru (Allah amusiime) gye yawulirangamu okutuukiriza n'okugaba. Omu ku Basswahaba eyayitibwanga Aslam yanyumya bw'atyi:

Olunaku lumu twagenda ne Umaru bin Khattwab (Allah amusiime) mu katale ne wabaawo omukazi omuto eyatuukirira Umaru (Allah amusiime) ng'amuva emabega n'amugamba bw'atyi:

'Amiiru w'Abakkiriza! Omwami wange yafa n'andekera abaana. Ndayira Katonda nti tebalina kye basobola kwetuusaako. Tebasobola na kwerabirira. Tebalina ttaka okusobola okulimirako, wadde ensolo okukamamu amata. Ntya nti obwavu n'enjala bijja kubasaanyaawo ng'ensolo enkambwe bw'ekola. Nze muwala wa Ayma al-Ghifaari. Taata wange yaliwo nga bakola endagaano y'e Hudaybiyyah…'

Umaru (Allah amusiime) bwe yamala okuwulira ebigambo ebyo yagamba nti: 'Ekyo kitiibwa kya maanyi nnyo!'

Oluvannyuma yagenda we baali bakuumira ensolo abantu ze baawangayo nga zaka. Yatikkka bwaguuga w'ensawo ennene obulungi bbiri nga zijjudde emmere ku ngamiya. Wakati w'ensawo ebbiri yateekawo emmere endala

119. Abu Dawuda, *Adab*, 124

n'ebyambalo. Yateeka emiguwa gy'engamiya mu mikono gy'omukyala nga bw'amugamba nti:

'Twala engamiya eno. Bw'onooba tonnamala kumalawo bino Allah ajja kukuggulirawo omulyango gw'okusaasira kwe,' era n'amusabira.

Omu ku bantu abaaliwo awo kwe kugamba nti:

'Amiir w'Abakkiriza! Omukazi ono ng'omuwadde ebintu bingi!'

Umaru kwe kuddamu nga bw'agamba nti:

'Taata we yali ne Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga bakola endagaano y'e Hudayibiyya. Ndayira Katonda, nti nnaliwo nga taata w'omukyala ono ne mwannyina nga beetaba mu kusalako omulabe ku lubiri olumu. Bwe baawangula olubiri naffe twafuna omugabo gwaffe mu minyago'."[120]

Ekyafaayo ekijja wammanga kiwa ekitangaala ekiraga enkula ya Umaru (Allah amusiime).

Mu Basswahaba, Aslam yanyumya bw'atyi: "Ekiro kimu twali tutambula ne Umaru ku lusozi lw'e Waqim e Madiina nga tugenda twetegereza embeera nga bwe yali. Twalaba omukazi ng'ali n'abaana mu nnyumba, ng'abaana bakaaba. Ku masiga kwaliko entamu ng'ejjudde amazzi. Umaru (Allah amusiime) kwe kubuuza omukazi ensonga eyali ekaabya abaana. Omukazi kwe kumugamba nti: "Njala y'ebakaabya".

Amaaso ga Umaru gajjula ebiyengeyenge bwe yategeera nti mu kifo ky'emmere omukazi yali talina ky'atadde mu ntamu okuggyako amazzi n'amayinja. Kano

120. Bukhari, *Maghazi* 35

kaali kakodyo omukazi ke yayiiya asobole okubuzaabuza abaana beebakireko. Yavaawo n'agenda ewaali etterekero ly'emmere eyavanga mu saddaaka. Ye kennyini yafuka engano mu nsawo n'agijjuza n'agyetikka ku bibegabega bye agitwalire omukazi n'abaana. Nayagala okugimusitulirako naye n'agaana nga bw'agamba nti:

'Aslam! Nja kugyetikka. Ku lunaku lwe nkomerero bajja kumbuuza ebyali bikwata ku baana bano.'

Bwe twatuuka mu nnyumba y'omukazi, Umaru yatandika okufumba. Yali, ku ludda olumu, ng'afuuwa mu muliro ate nga bw'atabula mu mmere ne ntuuka n'okulaba ekirevu kye nga kijjudde omukka. Mu mbeera eno yafumba emmere. Bwe yamala n'awa abaana emmere ne balya. Abaana bwe bakkuta yatuula wabbali ne we baali. Yali ng'atiisa ng'empologoma. Yatuula okutuusa abaana lwe baatandika okuseka n'okuzannya.

Olwo nga lw'ayimirira tugende. Oluvannyuma yangamba nti:

'Aslam! Omanyi lwaki nnatudde ku mabbali g'abaana? We nnabalabidde okusooka baabadde bakaaba, ne ssaagala kuvaawo nga ssinnabalaba bwe baseka. Bwe nnabalabye nga baseka, awo nnawulidde emirembe.'

Tuteekeddwa okujjukira nti abagagga abasiima, abeetoowaze, era abagabi, era abakola nga basinziira ku byetaago by'abantu, nabo bafuna ekitiibwa ewa Allah ng'abantu abaavu abagumiikiriza abakola n'ekitiibwa. Okugaba n'okusaasira bituusa abantu eri okwesiima n'essanyu ku Lunaku lw'enkomerero nga biyita mu kubakuuma okuva mu buzibu bw'ensi eno. Mu ngeri y'emu

amawulire amalungi galindiridde abo abeetikka mu mwoyo obulumi bw'obugumiikiriza.

Hadiisi eno eddako etulaga bulungi butya bwe tuyinza okussa mu nkola okusiima n'obugumiikiriza, ebiteekeddwa okuteekebwa mu nkola mu bintu ebitali bimu mu bulamu okusobola okutuuka ku butuukirivu bw'omutima.

"Nneegomba Omukkiriza ng'ebintu byonna by'akola bitambulira ku mpisa na kweyisa bulungi. Ekitendo ekyo tekimala gafunika wabula kibeera na Mukkiriza, alaga okusiima bw'afuna okusaasira okuva ewa Allah ekyo ne kimubeerera kirungi. Mu ngeri y'emu bw'afuna obuzibu agumiikiriza nakyo ne kimubeerera kirungi."[121]

Olunaku lumu, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali atudde e Madiina, ne wajja abantu b'ekika ekimu nga bali mu mbeera mbi nnyo. Baali tebalina ngatto mu bigere. Baali bakovvu nnyo ng'amagumba gokka goolaba. Amaliba g'emibiri gyabwe gaali gagudde ku magumba olw'enjala. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) embeera gye yalabamu abantu bano yamuyisa bubi nnyo era ne langi ye n'etuuka okukyukako. Yalagira Bilaali (Allah amusiime) ayaziine era Basswahaba ne bakungaana. Bano yabaggyamu ebintu bye yabakungaanyaamu okusobola okuwa abantu abanaku, era nga yabayamba nnyo.[122]

Mu kibiina ky'abantu, omuntu aba ajja kusangamu abaavu, abagagga n'abo abali mu makkati. Mu Kulaane

121. Muslim, *Zuhud* 64; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, VI, 16; Ibn Hibbaan, *al-Swahiih*, VII, 155

122. Muslim, *Zakat* 69, 70; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, IV, 358, 361

ne hadiisi za Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) omuntu asangamu emisingi Obusiraamu gye bwassaawo egikwata ku ngeri abantu ab'ebika ebibiri gye bakwataganamu. Omwavu omugumiikiriza n'omugagga asiima, bantu ba bika bibiri Allah ne Nnabbi we (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) be baatendereza.

Ekigendererwa ky'abagagga kwe kutoola mu bintu ebirungi ebyo Allah bye yabawa, ate ekigendererwa ky'omwavu kwe kubeera omugumiikiriza mu ngeri esinga obulungi ku ebyo Allah by'ataamuwa. Abdurrahmaani ibn Awf, Abu Bakari n'abalala ababafaanana, basobola okukola ng'ebyokulabirako by'abantu abagagga abasiima. Ate Abu Dharri al-Ghifaarii, Abu Dardaa n'abantu ababafaanana nabo bakola ng'ebifaananyi by'abantu abaavu abagumiikiriza. Empangaala y'abantu ab'ebiti ebibiri kumpi yali eyagala kufaanana kubanga endaba yaabwe ey'obulamu yali etambulira ku musingi ogugamba nti "ebintu byonna bya Allah".

Olw'ensonga eyo, Obusiraamu tebuvumirira baavu wadde abagagga abeeyisa obulungi, naye buwa mawulire malungi ag'okuyingira Ejjana omuntu bw'asigala ng'ali mu mbeera ya kwebaza Allah.

Allah awa okugabirira n'emikisa eri abantu be, olw'abantu abatali bulungi nnyo. Olw'abaavu Allah ayamba abantu b'ekibiina mu bungi. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ensonga eno yagyogerako bw'atyi:

"Allah ayamba ekibiina kino olw'edduwa abanafu ze basaba, esswala ze basaala n'obwesimbu bwabwe."[123]

---

123. Bukhari, *Jihaad* 76; Abu Dawuda, *Jihaad* 70; Tirmidhi, *Jihaad* 24; Nasaa-i, *Jihaad* 43; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, I, 173

Olw'ensonga eno, entalo Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ze yalwananga yatandikanga na kusaba kwa Basiraamu abaavu kubanga okuwangula yakusuubiranga kuva mu bwesimbu bwabwe. Bwe yalaba engeri y'obwetaavu bw'abantu be swuffa yagamba bw'atyi:

"Singa mumanyi ebyo bye babategekedde mu maaso ga Allah mwandyegombye nti singa embeera yammwe yali ya kweyongera bubi".[124] Yabatendereza n'alaga obukulu bwe yali ateeka ku bwavu.

Mu ngeri y'emu, ng'atunuulira obuzibu mu by'ensimbi Abasiraamu bwe baalimu, yagamba nti: "Omuntu teyandibadde na nnyumba esukka mu nnyumba emu gye yeetaaga okusulamu, omugaati okufuna eky'okulya, ekyambalo okubikka obwereere bwe, n'amazzi agamumala okunywa."[125]

Era yagamba nti abantu abalisooka okunywa mu mugga Kawthara ku Lunaku lwe nkomerero baliba abaavu era Allah ayagala abantu abo abakola obugumiikiriza n'abo abeesigamira ku Ye, wadde nga baavu."[126]

Okwongera ku ebyo, Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba nti: "Waliwo abantu bangi mu mmwe nga balina enviiri n'ebirevu ebitalabika bulungi nga n'endabika yaabwe si nnungi, naye nga bwe basaba Allah akkiriza edduwa zaabwe, era nga

124. Tirmidhi, *Zuhud* 39; Ibn Hibbaan, *al-Swahiih*, II, 502; al-Bazzaar, *al-Musnad*, IX, 205; al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Kabiir*, XVIII, 310

125. Tirmidhi, *Zuhud* 30; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, I, 62; al-Kissi, *Mu - nad Abd ibn Humaydi*, I, 46; al-Haakim, *al-Mustadrak*, IV, 347; al-Bayhaqi, *Shu'ab al-Imaani*, V, 157

126. Tirmidhi, *Qiyaamah* 15

tayinza kubazzaayo ngalo nsa. Era Baraa ibn Maaliki y'omu ku bantu bano."

Baraa, eyali muganda wa Anasi, yali talina kifo kya nkalakkalira mw'abeera, wadde emmere ey'okulya. Emmere ye yabeeranga ngano embi ng'emala bumazi kumukuuma nga mulamu. Abantu abo abakkiriza obwavu n'essanyu be bali mu bantu Allah bakkiririzaawo edduwa zaabwe. Basswahaba abaamanya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bye yayogera ku Baraa, baasaba Baraa abasabire mu ngeri eyenjawulo bwe baali bali kumpi okuwangulwa mu lutalo mu biseera by'obufuzi bwa Umaru. Yasaba edduwa oluvannyuma n'abagamba bw'atyi:

"Ndayira Katonda! Enkya mujja kuweebwa obuwanguzi era nange enkya nja kufiira mu lutalo ng'omuzira…!"

Era enkeera Abasiraamu baawangula ne Baraa n'afuna okusaasira kwa Allah Omusaasizi ennyo, al-Rahmaani, bwe yafa ng'omuzira, ekintu kye yali aluddewo ennyo ng'akyegomba. Bwe tutyo tusobola okulaba ekyamagero ekirala mu byamagero bya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).[127]

Obulamu bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bujjudde ebyamagero, obwesimbu, obwesigwa, okutuukiriza, obugonvu, okulumirwa, n'obwetoowaze. Yagamba mukyala we Ayisa bw'atyi: "Ayisa! Laga abaavu okulumirwa! Basembeze kumpi ne w'oli; naawe Allah ajja kukukuumira kumpi ku Lunaku lw'enkomerero…"

127. Ibn Abdilbarr, *al*-Istî'âb, 1,154; Ibn Hagar al-'Asqalânî, *al-Isâbah,* I, 281.

Yawa Ayisa amagezi gano:

"Ayisa! Tozzangayo omusabiriza akukonkona nga tolina ky'omuwadde; Weekuume Omuliro ne bwe kiba na lubajjo lwa ntende!"[128]

**Okugunjula abantu Nnabbi kwe Yakola mu Mitendera**

Obusiraamu nkola egenda ekula. N'ekiva mw'ekyo kwe kuba nga tebwetaaga kugaana eby'okulabirako ebirungi ebiri mu nkola endala, wabula ate butumbula butumbuzi ebirungi ebiri mu nkola ezo ate ne bulongoosa ebibi ebizirimu. Obusiraamu tebulaba mutawaana kukuuma bintu birungi ebiva mu nkola ezaayita nga businziira ku bipimo ebitegeke obulungi. Nga bukozesa ebipimo bino, bugezaako okuzza obuggya enkola okusinga okugikasuka wabbali.

Abo bokka abalina okwematira mu mitima era nga bamatira ebigendererwa byabwe be basobola okussa mu nkola enkyukakyuka ezijja okuyingizibwa era ezisobola okukyusa obutebenkevu bw'abantu bonna. Enkola eno eyita mu mitendera tezitowerera bantu ba bitundu mu bwangu. Ekiva mu kino, ebintu ebibi ebyandivudde mu nkyukakyuka zino bitangirwa. Eky'okulabirako ekisinga obulungi kye ky'enkola y'obuddu Obusiraamu gye bwalongoosa. Obusiraamu bwatereeza enkola eno ne bugireka kusigala mu nsalosalo z'emisingi gy'obulungi mu ngeri eyali ejja okusaanyaawo obuddu mu biseera eby'omu maaso.

Obusiraamu bwakuumira obuddu mu linnya lyokka ate era mu kaseera akagere ng'ekigendererwa kwe kubumalirawo ddala oluvannyuma. N'olw'ekyo, okubuwaayiriza nti

128. Tirmidhî, *Zuhd* 37; al-Bayhaqî, *al-Sunan al-Kubrâ*, VII, 12.

bwawagira obuddu buba butamanya na kyekuubiira. Mu mateeka g'Obusiraamu amatuufu, okuta omuddu ye ngassi omuntu gy'asabibwa okutanga ng'akoze ekimu ku bisobyo ebingi. Oluvannyuma lw'okuteekawo emisingi egyo, Obusiraamu bwasitula eddaala ly'abaddu ne bubaggya mu ky'okubeera ng'ebintu ebikozesebwa ebiri mu mikono gya bannyini baddu abo. Oluvannyuma lw'okubasitula mu ddaala waasigalawo enjawulo ntono wakati w'omwana wa boobwe n'omuddu. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ye yasooka okussa mu nkola amateeka agalagira omuddu okulya ku mmere emu ne mukama we oba okwambala ku ngoye ze zimu. Enkola y'obuddu eyali ey'okunyigiriza, yafiirwa ekitendo ekyo Obusiraamu bwe bwassa essira ku kussa ekitiibwa mu ddembe ly'abantu bonna (nga n'abaddu mw'obatwalidde).

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalagira abalina abaddu okubasomesa n'okubayamba okuwasa oba okufumbirwa nga babadde bateereddwa. Yalabula nti abo abayisa obubi abaddu baabwe tebalisobola kuyingira Jjana.

Yakuutira abantu okuta abaddu nga bw'abagamba nti eryo lyali kkubo lya maanyi nnyo ery'okusinza. Olunaku lumu yalaba Abu Dharri ng'akozesa obukambwe ku muddu we nga kino akikola olw'obutamanya. Nnabbi yawulira bubi kwe kubuuza Abu Dharri bw'atyi:

"Abu Dharri! Okyalimu emikululo egy'ebiseera eby'obutamanya ng'Obusiraamu tebunnajja?" Yeeyongera n'agamba nti: "Toyisanga bitonde bya Allah na bukambwe!

Bwe baba tebakwatagana na mbeera zo, bate. Tobakijjanyanga! Bw'obanga obatisse bye batasobola bayambengako."[129]

Waliwo n'omusajja eyafumbiza omuzaana we omuddu we, kyokka oluvannyuma n'ayagala abaawukanye. Omuddu yeekubira enduulu ewa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era Nnabbi kwe kugamba mukama w'omuddu oyo nti:

"Eddembe ly'okufumbiriganwa kw'abo n'okwawukana kwabwe ssi liryo, n'olw'ekyo tobiyingirira!"[130]

Omubaka wa Allah yasabanga Basswahaba be olutatadde okusonyiwa abaddu baabwe. Lumu omuzaana (omuddu omuwala) yasuula ssente za mukama we ze yali amuwadde okugulamu engano. Omuwala yali tasobola kuda ka ng'atya mukama we okumubonereza, kwe kusigala ku luguudo ng'akaaba. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yawuliriza omuwala bye yali agamba kwe kumuwa ssente ezenkana ne ze yali asudde. Teyakoma kw'ekyo kyokka naye yamuwerekerako okudda eka kubanga yali tamanyi bakama be kye baali bagenda okumukola. Yabawa amagezi bamukwatirwe ekisa. Basswahaba oluvannyuma baasalawo okukolera ku magezi Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ge yali abawadde kwe kusonyiwa omuwala.

Ekintu ekirala ekyetaagisa okukoonako y'ensonga lwaki Obusiraamu bwalekawo obuddu ne butabuwera. Ensonga zaali ntalo ezaali zitasobola kuggwaawo ng'ate

129. Bukhari, *Imaani* 22; Muslim, *Aymaan* 38; Abu Dawuda, *Adab* 124; Tirmidhi, *Birr* 29; Ibn Maajah, *Adab* 10; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, IV, 36

130. Ibn Maajah, *Twalaq* 31; al-Bayhaqi, *al-Sunana al-Kubra*, VII, 360, 370; al-Daaraqutni, *al-Sunan*, IV, 37; al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Kabiir*, XI, 300

ekimu ku bintu ebyavanga mu ntalo kwe kubaawo abawambe n'abaddu. Okuva Obusiraamu lwe bwayatiikirira n'okusonyiwa n'okulumirwa, buwagira nnyo okuyisa kyenkanyi abaddu n'abaana ba boobwe. Empisa eno ennungi yagaana Zayidi okuddayo eka ne bakadde be, awamu n'okubeera nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali amutadde, n'asalawo okusigala ne Nnabbi okutuusa (Zayidi) lwe yafa.

Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba nti, "Wa omuntu akufumbira omugabo gwe mu mmere (gye yafumbye)! Muleke akuliraane ku lujjuliro! Lya naye emmere! Bw'oba ekyo tokisobola, kwata ekitundu ky'omugaati, kinnyike mu ssowaane ya ssupu, bw'omala okimuteeke mu kamwa era muwe emmere. Allah Owaawaggulu yabawa abantu abo ng'abaweereza era abaddu bammwe. Singa yayagala ate mmwe be yandifudde abaddu ba bali!"[131]

Olw'okuba nga Basswahaba baali batya nnyo okutyoboola eddembe ly'obuntu, abasinga obungi baasalawo ne bata abaddu baabwe. Ebikolwa ebyo bikuwa ekifaananyi butya Obusiraamu bwe bwawa obuntu eddaala ly'obulungi eritenkanika.

**Enneeyisa ya Nnabbi w'Okusaasira eri Abakazi**

Nga Obusiraamu tebunnajja, abakazi baali babayisa mu ngeri etyoboola ekitiibwa kyabwe eky'obukyala. Abakyala ab'ebbali baatwalibwanga ng'ebintu oby'okwesanyusa era

131. Laba hadiisi efaanana ng'eyo mu Bukhari, *Imaani* 22; Muslim, *Aymaan* 38; Abu Dawuda, *Adab* 124; al-Bayhaqi, *al-Sunan al-Kubra*, VIII, 36

nga bayisibwa mu ngeri enyoomesa. Olw'okutya nti abaana ab'obuwala baali bayinza okukula ne bafuuka bamalaaya, abaana abato bazadde baabwe baabaziikanga nga balamu nga tebakwatiddwa kisa kyonna. Abantu abo ab'emitima emikalubo ng'amayinja, olw'okutya ebizibu, baakola ebikolobero ebirala ebibi n'okusinga kw'ebyo. Ebyo byonna baabikolanga lwa butamanya. Allah atulaga enneeyisa y'abantu abo bw'atyi:

*"Omu ku bo bwe bamuleetera amawulire ag'okuzaalirwa omwana owoobuwala, ekyenyi kye kifuma n'asigala ng'alina ennaku ey'amaanyi mu mutima. Yeebwalabwala olw'amawulire amabi g'afunye! (Alowooza oba) Omwana amuleke ye asigale mu buswavu oba amuziike mu ttaka. Tewali kubuusabuusa okusalawo kwabwe tekulina kalungi!"* (Kulaane, Nahal, 16/58-59).

Nnabbi Muhammadi yalagira eddembe ly'abakyala ne liteekebwawo. Abakyala ne bafuuka eky'okulabirako mu bukkakkamu n'empisa ennungi mu bantu. Obwamaama bwafuna ekitiibwa. Bamaama ne bafuna eddaala eribagyamu olwa hadiisi ya Nnabbi egamba nti, "Ejjana eri wansi w'ebigere bya Bamaama."[132]

Ekifaananyi ekijja wammanga kirungi nnyo era kikulaga ekisa kya Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) eri abakazi.

"Mu lugendo lumu, omuddu eyayitibwanga An'jasha yaddusanga engamiya ng'ayita mu kuziyimbira.[133] Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere

132. Nasaa-i, *Jihaadi* 6; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, III, 429; Ibn Maajah, *Jihaad* 12; al-Qudaa-i, *al-Firdawsi*, II, 116

133. Engamiya zaagala nnyo amaloboozi amalungi n'okuziyimbira. Abalunda engamiya baziyimbira zisobole okwongera ku misinde

ku ye), olw'okulowooza nti engamiya zaali zeetisse abakyala ababeera n'emibiri emigonvu nga baali basobola okulumizibwa (ng'engamiya zidduse nnyo) yagamba bw'atyi: "Anjasha! Lowooza ku byatika eby'omuwendo! Lowooza ku byatika eby'omuwendo!"[134]

Okwo kw'ogatta hadiisi ya Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) endala mw'agambira nti, "Mu nsi, abakyala n'ebiwunya akawoowo byanfulirwa birungi, ate esswala yanfuulirwa ekitangaala ky'amaaso gange."[135] Abakazi n'obuwoowo obulungi bintu bya mukisa okuva eri Allah eri ensi eno.

Obukulu bw'omukazi omukozi w'obulungi mu maka agalimu essanyu n'emirembe era ag'eddiini bweyolefu. Wadde ng'olwaleero ensi yakyuka, edda ng'omukazi y'akuuma eby'obugagga by'amaka, nga y'ateekateeka ennyumba, nga y'akuuma olulyo era nga y'akuuma ekitiibwa ky'amaka. Omukyala mu maka ye yabeeranga essanyu ly'amaka ng'empewo y'essanyu eva ku kamwenyumwenyu maama ke yassangako awaka. Okutya kw'abaana kwamalibwangawo ekisa ekyalabikiranga mu ntunula ya maama. Waliwo ekifo ekisinga okulumirwa n'ekisa okusinga omutima gwa maama?

Bamaama bye bitonde ebyaweebwa okusaasira okuva eri Omutonzi. Obufuzi bwa bamaama butandika bwe bafuuka bamaama ab'empisa ennungi. Okuyozaayoza Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye)

134. Bukhari, *Adab* 95; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, III, 117

135. Nasaa-i, *Ishratu'n-nisaa* 10; Ahmada ibn Hanbali, *al-Musnadu*, III, 117

kwe yakolera Bamaama kwe kuli mu hadiisi ye egamba nti, "Ejjana eri wansi wa bigere bya bamaama".

Obuwoowo obuwunya obulungi buzza buggya omwoyo n'obuweweevu bwabwo. Kino kya ssanyu ne Bamalayika kye banyumirwa. Ate Sswala kwe kwegatta okutukuvu wakati w'omuddu ne Katonda we. Kwe kulinnya kw'omwoyo (mi'raj) mu ggulu.

Mu hadiisi endala, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba nti, "Abasinga obulungi mu mmwe y'oyo asinga okuyisa abantu b'awaka we obulungi."[136] Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era yagamba bw'atyi: "Ekintu kyonna omuntu kye yeegulira, oba ky'agulira mukyala we oba abaana be, Allah akimuwaamu empeera nga saddaaka."[137] Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu njigiriza eyo waggulu yakirambika nti amaka amalungi gazimbirwa ku musingi ogw'omukwano.

## Enneeyisa ya Nnabbi w'Okusaasira eri Ebisolo

Abantu mu biseera ng'Obusiraamu tebunnasimba makanda, baali tebalina kisa wadde okusaasira. Baayinzanga okusalako ebifi ku nsolo oba emboobo ng'ensolo ekyali nnamu. Baategekanga empaka z'okulwana okutaliimu kisa wakati w'ensolo. Ebintu eby'obukambwe nga bino Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabigaana era n'abissaako ekkomo. Ebintu bye tulaba olwaleero

136. Tirmidhi, *Rada* 11; Ibn Maajah, *Nikaah* 50; Daarimi, *Nikaah* 55; Ahmada ibn Hanbal

137. Ibn Maajah, *Ticaraat* 1, Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, V, 279; al-Bayhaqi, *al-Mu'jam al-Kabiir*, VIII, 239

omuli empaka z'enkoko okulwana, engamiya okulwana, n'ente ezo zonna zaatandikira mu mirembe ng'Obusiraamu tebunnasimba makanda.

Olunaku lumu, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalaba endogoyi ku luguudo nga bagirambye n'enjokyo mu maaso kwe kuwulira ennaku n'agamba nti: "Ebibonerezo bya Katonda bibeere ku muntu oyo eyalambye ensolo eyo."[138] Yawa amagezi nti okuteeka ku nsolo akabonero ng'ekigendererwa kugiramba kikolebwe mu kifo ku mubiri gwayo ekitagiviirako kulumwa nga bakateekako.

Olulala yalaba engamiya ng'esigazizza ddiba na magumba, kwe kugamba nnannyini ngamiya nti: "Tya Allah mu bisolo bino ebitayogera! Tobireka kusigala nga birumwa enjala!"[139]

Abdullah ibn Jafaari (Allah amusiime) yanyumya bw'atyi: "Olunaku lumu, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yajja mu nnimiro ya Sswahaba omu. Engamiya eyali mu nnimiro eyo olwalaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kutandika okukaaba okutuusa amaziga lwe gaatandika okuttulukuka. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagisemberera n'agiweeweeta mu mutwe n'erekera awo okukaaba. Oluvannyuma yasisinkana nnannyini nnimiro n'amubuuza nti: "Totya Allah eyakuteekamu obwesige okubeera n'engamiya eno Ekuwaabidde ewange nti ogikuba era ogitulugunya.' "

138. Bukhari, *Dhabaa-ih* 25

139. Abu Dawuda, *Jihaadi* 47; Ibn Khuzaymah, *al-Swahiihi*, IV, 143

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era yannyonnyola enjawulo wakati w'embeera y'omuntu omusaasizi n'oyo atali musaasizi n'agamba nti:

"Omukazi nga yali mwonoonyi yasanga embwa mu ddungu ng'ekomba omusenyu n'olulimi lwayo olw'ennyonta eyali ebula okugitta. Yakwatibwa embwa ekisa, n'aggyamu engatto n'asena amazzi (mu luzzi) n'agagiwa n'enywa. Allah kwe kusonyiwa omukazi ono amazambi ge olw'ekikolwa ky'obusaasizi kye yakola. Ate omukazi omulala ye teyafaayo ku kkapa ye gye yalumya enjala ekiseera ekiwanvu. Ate era teyagireka kulya ebiwuka by'omu ttale, era ekyavaamu ye kkapa okufa enjala. Omukazi ono ekikolwa kino eky'obutaba na busaasizi kyamuviirako okubeera omu ku bantu b'omu Muliro!"[140]

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yakyusa abantu abaali bawangaalira mu butamanya n'abafuula ekibiina ky'abantu abamu ku abo abaawangaalira mu mulembe gw'essanyu (Asr al-Sa'adah). Abantu abaayisanga bannaabwe obubi ne batuuka n'okuziika abaana baabwe aboobuwala nga balamu ne bafuuka abantu abajjudde okusaasira era ne batakoma ku kusaasira bantu kyokka, naye okusaasira kwabwe ne kuzingiramu ebisolo. Kino kyali bwe kityo kubanga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yawanga ebisolo ekitiibwa okutuusa n'akakusu akatono.

Abdurrahmaaan, mutabani wa Abdullah, anyumya bw'atyi:

"Twali tuli mu lugendo ne Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne tulaba ekinyonyi nga kirina obwana bubiri obuto, kwe kusitulawo obwana ne tubutwala.

140. Bukhari, *Anbiyaa* 54; Muslim, *Salaam* 151, 154; *Birr* 133; Nasaa-i, *Kusuf* 14

Ekinyonyi kyatandika okutubuukira waggulu w'emitwe. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) olwajja kwe kutugamba bw'atyi: "Ani anyiizizza ekinyonyi kino n'akitwalira obwana bwakyo? Mubuzzeeyo mangu mu kisu kyakyo!"[141]

Okuyigga kukkirizibwa mu Busiraamu. Naye ewamu n'ekyo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalabula abayigga okubeera abeegendereza obutayiggira bisolo mu biseera we byalulira oba okuzaalira ng'ekigendererwa bwe butataataaganya mbeera ya butonde. Okumala gayigga okunakuwaza abaana b'ebisolo olw'okutta nnyaabwe oba bamaama b'obwana bw'ebisolo okubanakuwaza olw'okuviibwako bamaama baabwo, byennyamiza omutima ogulumirwa era ogulina ekisa n'okusaasira.

Hadiisi zino ziteeka mu musana eky'okuba ng'okusaasira okw'omukkiriza omutuufu kuteekwa okuba okugazi ekimala ne kuzingiramu n'ensolo enkambwe. Bwe kityo kiragirwa mu Busiraamu nti n'ebiramu eby'obulabe ng'emisota ne ssigga, nti biteekwa okuttibwa mu lukuba lumu, ng'ekigendererwa mu kino kwe kubitaasa obutalwawo nga bibonaabona. Amagezi ago agaweebwa omuntu okubeera omusaasizi ne bwe kiba mu kutta ekiramu eky'obulabe tegamala kubeera kyakulabirako mu kusaasira ekisinga ebyokulabirako byonna?

Ng'oggyeeko Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okulagira Abakkiriza okubeera n'okusaasira eri ebisolo n'ebiramu ebirala naye era teyayagalanga muntu kukolimira biramu. Okugeza, bwe yali agenda e Batnubuwat mu lutalo, omusajja omu mu Ba'ansaari yakolimira engamiya ng'agiranga butayanguwa, ng'eno bw'avuga engamiya

141. Abu Dawuda, *Jihaad* 122; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, I, 404; al-Haakim, *al-Mustadraku*, IV, 267; al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Awsatw*, IV, 261

gye yali agatta ne mukwano gwe. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kulagira omusajja ono awanuke ku ngamiya nga bw'amugamba nti: "Toddayo kutugoberera n'engamiya eyo enkolimire! Temwekolimiranga, wadde okukolimira abaana bammwe oba ebintu byammwe!"[142]

Hadiisi eno etuwa ekifaananyi ku kusaasira mu Busiraamu okutalinaako kkomo.[143] Bayezid-i Bestami, eyayatiikirira nga 'Kabaka w'abatuukirivu", yassa mu nkola amateeka n'omusingi gw'okwagala ebitonde olwa Oyo (Omutonzi) eyabitonda n'agenda wala nnyo, okutuusa lwe yatuuka n'okuwulira muli obulumi bwe biwulira. Emboozi eno wammanga ekulaga bulungi engeri gye yawulirangamu munda.

Lumu yali ali mu lugendo kwe kuwummulirako wansi w'omuti. Nga wayiseewo akaseera yasituka n'avaawo ne yeeyongerayo. Ng'amaze okugenda yalaba ensanafu ezimu ze yali aggye mu kifo we yali awummulidde nga ziri ku nsawo ye. Yatemerera akagendo n'addayo we yali awummulidde n'asuulawo ensanafu kubanga yali tayagala kuzitwala kuziggya waabwe waazo.

142. Muslim, *Zuhud* 74; Ibn Hibbaan, *al-Swahiihi*, XIII, 52

143. Claude Farer yawandiika ku biva mu mpisa z'Obusiraamu obulagira okusaasira n'okulumirwa (okuba n'ekisa) ebitonde byonna: "Osobola okutegeera ekitundu mw'oyita oba kya Basiraamu oba kya bagoberezi ba Kristo ng'otunuulidde enneeyisa y'embwa z'omu kitundu. Bw'olaba embwa ne kkapa nga zagala okuzannya naawe nga zikusemberera, osobola okugamba nga tokirumyemu nti ekyo kitundu kya Basiraamu; naye bw'olaba ebisolo ebyo nga byetegeka kwerwanako (nga biyimiridde ng'ebyagala) ekyo ekitundu kiteekwa okubeera kya batali Basiraamu." Ekifaananyi kino, omulambuzi omugoberezi wa Kristo kye yatuwa kiraga bulungi omukwano, okusaasira n'ekisa eri ebitonde ng'ebyo bikolebwa ku lwa Omutonzi

Ekifaananyi kino kikulaga engeri y'okukwatamu eky'okulabirako kya Nnabi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Ebintu Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bye yasomesa bijjudde ebigambo ebirabula n'ebiwabula ku nsonga eno. Yagamba nti: "Oyo gwe baggyako okusaasira baba bamuggyeeko obulungi obwa buli kika."[144]

Ekintu ekyawula omutindo gw'Obusiraamu kwe kusaasira. Mu "Basmalah", (Bismillaahi'r-Rahmaani'r-Rahiimi, ekitegeeza nti, 'ntandise n'erinnya lya Allah, omusaasizi ennyo Oweekisa ekingi), ebigambo bye tuddingana okwogera buli lwe tubaako ne kye tugenda okukola, Allah atujjukiza nti Ye y'asinga okusaasira. Okusaasira kitendo kiri wala nnyo mu bitendo by'Omusiraamu omutuufu.

Mu kyafaayo kino wammanga, Fudhwayl ibn Eyaad, eyali omu ku mikwano gya Allah, yateekawo eky'okulabirako engeri Omusiraamu bwe yandiwulidde mu mutima.

Baamulaba ng'akaaba ne bamubuuza nti: "Lwaki okaaba?" Ye kwe kuddamu nti:

"Nkaaba kubanga mpulira okunyolwa olw'Omusiraamu eyansobezza! Ennaku yange ejja lwa kutya nti nze nja okufuuka ensonga ye okuyingira Omuliro."

Ebintu nga bino biraga bulungi empisa ez'omunda mu mutima ez'omuntu agoberera eky'okulabirako kya Nnabi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe

144. Muslim, *Birr* 75; Abu Dawuda, *Adab* 11; Ibn Maajah, *Adab* 9; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, IV, 362; Ibn Hibbaan, *al-Swahiih*, II, 308

bibeere ku ye) yagamba nti: "Laga okusaasira eri abo abali ku nsi, olwo Oyo ali mu ggulu akusaasire!"[145]

**Enneeyisa ya Nnabi w'Okusaasira eri Bamulekwa**

Mu hadiisi emu bagamba bwe batyi:

"Amaka agasinga obulungi ge maka ago omuli mulekwa gwe bayisa obulungi; ate amaka agasinga obubi ge maka ago omuli mulekwa gwe bakijjanya."[146] Mu Kulaane mulimu aya nnyingi ezikwata ku kuyisa obulungi bamulekwa. Allah Oweekitiibwa atulagira okubeera abeegendereza ennyo ku bikwata ku bamulekwa n'agamba nti:

*"Mulekwa tomutulugunyanga!"* (Kulaane, Duha, 93/9).

Oyo yenna aweeweeta mu mutwe gwa mulekwa ajja kusasulwa buli kaviiri engalo ze ke zikwatako."[147]

Nnabbi yaddingananga lunye obukulu bw'okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwaffe buno eri abantu.

Mu hadiisi endala, 'Nze n'abo abayisa obulungi bawala baabwe ne batabani baabwe be balabirira, tujja kubeera ffenna mu Jjana bwe tutyi (olwo n'agatta wamu engalo ze ebbiri ng'ayogera ekyo)."[148]

145. Tirmidhi, *Birr* 16; al-Haakim, *al-Mustadraku*, IV, 277; al-Bayhaqi, *al-Sunan al-Kubra*, IX, 41

146. Ibn Maajah, *Adab* 6; al-Kissii, *Musnadu Abd Humayd*, I, 427; Bukhari, *al-Adabul Mufrad*, I, 61

147. Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, V, 250, 265; al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Awasatw*, III, 285, *al-Mu'jam al-Kabiir*, VIII, 202; Ibn Abii Aaswim, *Kitaab al-Zuhud*, I, 21; Ibn al-Mubaarak, *Kitaab al-Zuhud*, I, 229, 230

148. Bukhari, *Adab* 24; Tirmidhi, *Birr* 15; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, V, 265

Olulala waliwo okwemulugunya okwatuuka ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ku muntu eyali omukambwe. Ng'eddagala, Nnabbi yawa amagezi omuntu oyo akole bino wammanga:

"Aweeweete mu mutwe gwa bamulekwa, awe n'abaavu eby'okulya!"[149]

Okuva Nnabbi Muhammadi lwe yakuzibwa nga mulekwa, embeera eyo ey'obwamulekwa yamuyamba okufuna ekifo n'ekitiibwa mu nsi muno ne mu nsi eddako. Omutontomi Mehmed Aslan yayogera bulungi ku mulekwa engeri gy'awuliramu n'agamba nti:

*Nnannyini mulekwa ye Allah*
*N'olw'ekyo musango gwa nnagomola okulumya mulekwa.*
*Tolowooza nti mulekwa muntu munafu*
*Amaziga ge kye ky'okulwanyisa ky'alina!*

**Amagezi Nnabbi ge yawa ku Ddembe lya Muliraanwa**

Mu kusomesa kwe, Nnabbi Muhammad (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yakuutira abantu okuwa ekitiibwa eddembe lya baliraanwa. Mu hadiisi emu yagamba bw'atyi: "Jibuliiru yannamiranga ntakera ku ddembe lya baliraanwa okutuusa lwe nnalowooza nti bagenda kufuna omugabo mu bintu bye ndireka nga nfudde."[150]

Hadiisi endala, egamba nti, "Baliraanwa abatali Basiraamu balina ekivunaanwa kimu. Baliraanwa Abasiraamu balina ebivunaanwa bibiri. Ate muliraanwa nga Musiraamu ate

149. Ahmada ibn Hanbal, II, 263, 387; al-Bayhaqi, *al-Sunan al-Kubra*, IV, 60

150. Bukhari, *Adah* 28; Muslim, *Birr* 140; Abu Dawuda, *Adah* 123; Ibn Maajah, *Adah* 4; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, II, 85, 160, 259

ow'oluganda alina ebivunaanwa bisatu."[151] Eddembe lya baliraanwa lizingiramu obutatunula mu madirisa gaabwe, obutabatawaanya na kawoowo ka mmere ng'omuntu afumba, n'obutakola kintu kyonna kye batayagala.

Abu Dharri al-Ghifaari, nga yali omu ku Basswahaba abaali basinga okubeera abaavu, yagamba nti, "Nnabbi yandagira okwongera amazzi mu mmere yange nsobole okuwaako muliraanwa wange.[152] Okuva lwe yali talina mmere ndala, engeri yokka gye yali asobola okwongera ku bungi bw'emmere ye yali ya kwongeramu mazzi. Hadiisi eno etulaga nti obwavu nabwo tebuyinza kufuuka kyekwaso ekigaana omuntu okussa ekitiibwa mu ddembe lya baliraanwa.

Hadiisi eno eddako nayo etuwa ekifaananyi ku ngeri Basswahaba gye baakwatangamu n'obwegendereza ensonga za baliraanwa. Ibn Umaru (Allah amusiime) yanyumya emboozi eno. "Waaliwo amaka musanvu nga gonna maavu, ne wabaawo omuntu eyaweereza agamu ku maka gano omutwe gw'endiga bagulye ng'emmere. Omukulu w'amaka gano kwe kulowooza nti baliraanwa baabwe baali mu bwetaavu nnyo eri omutwe gw'endiga guno okubasinga kwe kugubaweereza. Amaka agookubiri nago gaalowooza ekintu kye kimu omutwe kwe kuguweereza amaka ag'okusatu. Amaka ag'okusatu nago ne galowooza ekintu kye kimu omutwe gw'endiga ne baguweereza amaka agabaddirira, bwe batyo n'abalala okutuusa omutwe lwe gwaddira bali abaasooka."[153]

---

151. Abu Bakari al-Qurashi, *Makaarimu al-Akhlaaqi*, I, 105; Hannad al-Kuufii, *al-Zuhud*, II, 504; al-Bayhaqi, *Shu'ab al-Imaani*, VII, 84

152. Ibn Maajah, *Atw'imah* 58; al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Awsatw*, IV, 54

153. Al-Haakimu, *al-Mustadrak*, II, 526; Ibn Abi Shaybah, *al-Muswannafu*, VII, 214; al-Bayhaqi, *Shu'ab al-Imaani*, III, 259 (Laba n'okunnyonnyola kwe bakola ku aya mu Ssura al-Hashri, 59/9

Okusaasira kwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwagaziwa ne kutwaliramu n'abafudde. Eddembe erisinga obukulu erikwata ku bafu ly'eddembe ly'abo abafu bwe bafa nga tebasasudde mabanja ge babadde bababanja nga bakyali balamu. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lubeerera yabuuzanga oba omufu yabanga afudde alina ebbanja nga tebannaba kumusaalira. Bwe yabeeranga n'amabanja g'atannasasula, ng'alindirizaako okumusaalira okutuusa amabanja lwe gaasasulwanga.[154]

Olw'okubanga ye yali Nnabbi w'okusaasira n'okulumirwa abantu, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabeeranga afaayo nnyo ddala okulaba ng'omuntu tayingira ntaana ye ng'akyalina amabanja agamubanjibwa.

## Enneeyisa ya Nnabbi eri Abamenyi b'Amateeka n'Abawambe mu Lutalo

Mu Busiraamu, basooka kunoonya kivuddeko okumenya amateeka era ekisoboka kyonna ne kikolebwa okulaba ng'omumenyi w'amateeka bamutereeza. Ekibonerezo mu mateeka g'Obusiraamu kiringa abazadde bwe babonereza abaana baabwe. Ekigendererwa mu kubonereza abazzi b'emisango ssi kubasindiikiriza na kubaboola wabula kubayamba kudda mu bantu.

Omusajja omu omwavu eyayitibwanga Abbaad ibn Shurahabiil alina entende ze yabba mu nnimiro, ezimu n'azirya endala n'ateekako mu nsawo. Mu kiseera ekyo nnannyini nnimiro yamugwikiriza n'amukwata n'amukuba.

154. Ibn Hibbaani, *al-Swahiihi*, XI, 192; al-Haakim, *al-Mustadrak*, II, 29

Abbaad gwe baali balumizza ennyo yagenda ewa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okuwaaba, Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kuyita omusajja nnannyini nnimiro n'amugamba nti:

"Tomanyi nti ono tamanyi, era tamanyi ky'akola? Wamubuuliridde? Ekirala yabadde muyala; wandibadde omuwa buwi ekyokulya."[155] Nannyini nnimiro yawulira bubi olw'ekyo kye yali akoze, kwe kuwa Abbaad entende n'amuweerako n'ensawo bbiri ez'engano.

Ebigambo bino tebigenderera kuwaga babbi na bakkondo naye bigenderera okuvumula ebizibu ebiri mu bantu okutwalira awamu ebireeta obubbi. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yakirambika bulungi nti yanditemyeko omukono gwa muwala we ng'ekibonerezo singa yali agezezzaako okubba.

Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali akwatirwa nnyo ekisa era ng'abeera n'okulumirwa eri abawambe b'entalo. Yagamba Basswahaba be bw'atyi:

"Bo baganda bammwe, mubawe ekyokulya n'ekyokunywa."[156]

**Enneeyisa ya Nnabbi eri abalabe n'Abatali Basiraamu**

Bwe yali ayogera ku bulamu bwe nga tannayingira Busiraamu, Abu Basra al-Ghifaari yagamba bw'atyi: "Najja e Madiina ne nkyala ewa Nnabbi (okusaasira kwa Allah

155. Nasaa-i, *Adab al-qadhwa* 21; Abu Dawuda, *Jihaadi* 85

156. Muslim, *Aymaan* 36-38

n'emirembe bibeere ku ye). Akawungeezi ako, nnanywa amata ga mbuzi musanvu naye. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) talina kye yanyega ku nneeyisa eyo etaali ya kintukiramu. Ekiro ekyo yasula njala naye nga talaze kabonero konna ka butali busanyufu oba okulaga obusungu. Bwe nnalaba empisa ezo ez'ekika ekyawaggulu nnakola mu ngeri ey'ekigezi ne nneesogga Obusiramu."

Okuva Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lwe yatumibwa nga kya kusaasira eri ensi eno, okulumirwa kwe n'okufaayo byabuna ebitonde byonna. Olunaku lumu, waliwo abaamusaba anenye abalabe be abamu ye kwe kugamba nti, "Nze tebantuma mu nsi muno lwa kunenya (oba kukolima); nze bantuma nga Nnabbi w'okusaasira."[157]

Bwe yagenda e Twaifa, Abashiriki baayo abasiru n'abantu abeewulira mu kibuga ekyo, baamukuba amayinja. Jibriilu (emirembe gibeere ku ye) yajja gy'ali n'amuleetera ekirowoozo bw'atyi, "Ensozi zino ebbiri nzigatte zibuutikire Bannatwaifa abawangaalira wakati wa zo?" Nnabbi kino tekyamusanyusa wabula yasaba busabi edduwa ey'enjawulo gye yasabira abantu abaamukasuukirira amayinja n'agamba nti: "Katonda wange! Nkusaba obawe obulungamu! Nsaba ku migongo gyabwe oggyeko Abasiraamu!"[158] Olw'edduwa eno, Bannatwaifa gye byaggweera nga beesozze Obusiraamu.

157. Muslim, *Fadhwa-il* 126; Tirmidhi, *Da'awaat* 118

158. Bukhari, *Bad-ul khalqi* 7; Muslim, *Jihaad* 111; Nasaa-i, *al-Sunan al-Kubra*, IV, 405; Ibn Hibbaan, *al-Swahiih*, XIV, 516

**Okusonyiwa kwa Nnabbi**

Allah ayagala okusonyiwa. Yalagaanyisa okusonyiwa ebyonoono by'abantu bwe beenenya nga bategeeza kye bagamba. Mu Kulaane, yalagira abaddu be nabo okubeera abasonyiwa kubanga Ye Musonyiyi.

Obukwakkulizo obuli mu kusonyiwa kwa Katonda kwe kwejjusa, okugondera ebiragiro bya Allah, n'okwesamba ebyo Allah bye yagaana. Ebifaananyi ebisinga obulungi okulaga okusonyiwa by'ebyo bye tuggya mu bulamu bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Nnabbi yasonyiwa Hindu, eyaluma ekibumba kya taata we omuto Hamuza mu lutalo lw'e Uhudi. Mu kununula Makka, Hindu ng'amaze okusiramuka yava Nnabbi emabega n'amubuuza nti, "Mubaka wa Allah, ontegedde?"

Nnabbi Muhammadi, wadde nga waali waakayitawo emyaka etaano miramba, yamulaga nti yali akyajjukira eddoboozi lye bwe yawoggana ng'asanyuka olw'okuttibwa kwa Hamuza. Yabuuza nti: "Butya bwe nnerabira okuwoggana okwo"

Awamu n'ekyo yamusonyiwa olw'ekigambo kya Tawuhiidi (Shahadu) kye yayatula ng'ayingira Obusiraamu.

Ku ludda olulala, abantu b'e Makka baali balinda mu kutya okw'ekitalo Nnabbi Muhammadi kye yali agenda okubakola ng'amaze okununula Makka. Nnabbi kwe kubabuuza bw'atyi:

"Abange abantu Abakulayishi! Mulowooza nti ngenda kubakola ki?"

Abakulayishi baamuddamu nti, "Tulowooza nti ogenda kutusonyiwa. Oli muganda waffe alina ekisa n'okusaasira.

Ate era oli mwana wa muganda waffe eyali alina ekisa n'okusaasira"

Awo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) we yagambira nti: "Mbagamba nga Nnabbi Yusuf (emirembe gibeere ku ye) bwe yagamba baganda be: 'Temulina musango olwaleero, Allah mmusaba abasonyiwe.' Muyinza okugenda. Muli baddembe."[159]

Mu kubuulira okulala, Nnabbi yagamba nti: "Olwaleero lunaku lwa kusaasira. Olwaleero lunaku Allah lw'ayongedde amaanyi g'Obusiraamu ng'ayita mu Bakulayishi.:

Omu ku balabe b'Obusiraamu e Makka abaali basinga omutawaana yali ayitibwa Abu Jahali ekitegeeza "Taata w'obusiru". Mutabani we Ikrimah naye yali omu ku basinga obulabe eri Obusiraamu. Naye Makka bw'amala okununulwa, Ikrimah yaddukira Yamani. Kyokka mukyala we oluvannyuma yasiramuka era n'aleeta bba Ikrimah mu maaso ga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Nnabbi kwe kugamba Ikrimah nti:

"Omuvuzi w'embalaasi oyo adduka! Tusanyuse okukulaba!" Kwe kumusonyiwa nga tamujjukizza na bikolobero bye yali yatuusa ku Basiraamu.[160]

Habbaari ibn As'wad naye yali mulabe wa Busiraamu. Mu biseera by'okusenguka kwa muwala wa Nnabbi eyayitibwanga Zayinabu okuva e Makka okugenda e Madiina, mu bugenderevu yasamba Zayinabu ng'ali ku ngamiya etambula Zayinabu n'agwa ku ttaka. Mu kiseera

159. Nasaa-i, *al-Sunan al-Kubra*, VI, 382; al-Bayhaqi, *al-Sunan al-Kubra*, IX, 118; al-Rabii ibn Habiib, *Musnadu al-Rabii*, I, 170; Twahaawi, *Sharh Ma'aani al-Atahar*, III, 325

160. Ibn Hajar al-Asqalaani, *al-Iswabah*, IV, 538

ekyo Zayinabu yali lubuto. Yafuna ebisago eby'amaanyi era n'avaamu n'olubuto. Makka bwe yanunulwa Habbaari ono yayagala okudduka naye ne bimulemerera. Yakkiriza Obusiraamu n'ajja mu maaso ga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) eyamusonyiwa.[161]

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagambanga nti, "Katonda wange! Sonyiwa abantu bange kubanga tebamanyi!"[162]

Omusajja ayitibwa Hammamah yayingira Obusiraamu n'asalawo okukutulawo enkolagana n'Abashiriki b'e Makka. Bannamakka kino kyabayitirirako kwe kusalawo okutuukirira Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne bamusaba abeegayirireko omusajja azzeewo enkolagana ey'eby'obusuubuzi nabo. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yaweereza Hamamah ebbaluwa n'amusaba azzeewo enkolagana n'Abakulayishi ey'ebyobusuubuzi. Wadde nga Abakulayishi (Abashiriku) baali baakuumirako Abasiraamu mu buwanganguse emyaka esatu miramba ne babatulugunya nga bayita mu kubalumya enjala, Omubaka wa Allah awamu n'ekyo yabasonyiwa. Oluvannyuma bonna baafuuka Abasiraamu bwe baafuna okusonyiwa okwo okutakutuka.

Olulala abantu kinaana (80) bajja okutta Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bonna ne babakwata kyokka Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bonna n'abasonyiwa.

---

161. Ibn Hajar al-Asqalaani, *al-Iswabah*, VI, 524-527; Ibn Abdilbarr, *al-Isti-aab*, IV, 1536

162. Ibn Maajah, *Manaasiku*, 56; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, IV, 14

Oluvannyuma lwa Khaybar okuwangulwa, waliwo omukazi Omuyudaaya eyaleetera Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) emmere eyalimu obutwa, naye Nnabbi n'akimanya ng'agenda okulumako. Omukazi yakkiriza olukwe luno, naye Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'amusonyiwa.[163] Mu Kulaane waliwo awagamba omuntu nti, *"Weekwate ku kusonyiwa; lagira abalala okukola obulungi; ove ku batamanyi."*(Kulaane, Araf, 7/199)

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yakiikirira obutuukirivu bw'empisa ezisinga obulungi eri abantu n'obwesimbu bwe n'obukkakkamu ng'akolagana n'abantu. Enneeyisa ye teyamuvangamu nga yeekase nnekake, oba ng'agyekozesa bwekozesa oba nga tagenderedde, wabula yavanga munda mu busomyo bw'omwoyo gwe.

Adiyy ibn Khatim yayogera emboozi eno wammanga:

Waliwo ekiseera we nnali sinnayingira Busiraamu, ne ngenda okulaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'ampita mukyalire awaka. Nga tugenda mu kkubo twasanga omukazi omukadde n'amuyimiriza. Omubaka wa Allah yalinda akaseera kawanvu okutuusa omukazi lwe yakomekkereza bye yali ayagala okumugamba. Muli nnagamba nti, "Ndayira Katonda! Ono ssi Kabaka."

Oluvannyuma twagenda eka. Bwe twatuuka kwe kumpa omukeeka ogwali gukoleddwa mu ddiba nga bagupakidde ebikoola ebikalu, n'angamba nti, "Tuula ku mukeeka guno".

163. Bukhari, *Twibb* 55; Muslim, *Salaam* 43; Abu Dawuda, *Diyat* 6; Ibn Maajah, *Twibb* 45; Daarimi, *Muqaddimah* 11; ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, II, 451

Nze kwe kugaana ne mmugamba nti: "Ggwe oba otuula ku mukeeka." Ye kwe kuddamu nti: "Ggwe tuula!"

Nnatuula ku mukeeka kubanga nnali ssisobola kugaana kye bampadde, olwo ye n'atuula wansi ku ttaka. Ku mulundi guno muli nnagamba nti:

"Ndayira Katonda! Kino teri Kabaka asobola kukikola. Eno si nkola ya Bakabaka!" Bwe twamala okutuula ne tutandika okunyumya. Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yangamba nti ndi mu Rakusi,[164] nti naye nnakungaanyanga kimu kya kuna (1/4) eky'ennyingiza y'abantu ng'emisolo. Kino kyampitirirako. Nnamanya nti ono yali Nnabbi kubanga yali amanyi ebyama ebikusike.[165]

Bino byonna bitulaga bulungi embeera za Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ezaawaggulu. Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yawangaalanga obulamu obuwa ekifaananyi eky'emisingi gy'empisa ezirambikibwa mu Kulaane. Yasonyiwa abo bonna abaamukola obubi ye ng'omuntu. So ng'ate ku kikwata ku ddembe ly'abantu abalala yatwalanga obuvunaanyizibwa n'okufaayo okulaba ng'atuukiriza ebiragiro bya Allah. Waliwo Usaama lwe yagezaako okuwolereza omukazi eyali abbye naye nga yali ava mu maka ga maanyi. Usaama yasaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) asonyiwe omukazi oyo. Kyokka langi ya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yakyukako olw'enkyukwe eyamukuba n'agamba

164. Ekibiina ekirimu enkola eggyibwa mu Bukristo n'eddiini ya Saabii

165. Ibn Hishaam, *al-Siirah al-Nabawiyyah*, II, 580; Ahmada ibn Hanbal, *al-Mu -nadu*, IV, 379; al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Awsatw*, VI, 360; Ibn Abi Shaybah, *al-Muswannaf*, VII, 342

mu ddoboozi ekkambwe nti, "Nnandikutuddeko omukono gwa muwala wange yennyini Fatuma ng'ekibonerezo singa y'abadde yeetabye mu kikolwa eky'okubba."[166]

### Okugaba kwa Nnabbi

Ibn Abbaasi (Allah amusiime) yanyumya bw'atyi ku kugaba kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) "Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ye yali asinga okugaba mu bantu bonna. Okugaba kwe kweyongeranga nnyo mu mwezi gwa Lamanzaane. Teyagambako nti, "Nedda" eri omuntu eyamusabanga ekintu kyonna!"[167]

Emu ku mbeera za Nnabbi ezisinga obulungi kwe kuba nga yeeziyiza okuzzaayo omuntu amusabye engalo ensa. Bwe waabanga tewali ky'amuwa waakiri yamussizangako akamwenyumwenyu asobole okumuwa essanyu. Bino wammanga bituwa ekifaananyi ekisinga obulungi:

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yeeyogerangako nga bwe yali omukozi ng'omulimu ogugwe kugabanya bintu era n'akikkaatiriza nti buli kintu Allah ye yakiwangayo. Olunaku lumu omusajja yajja ewa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Bwe yalaba embuzi za Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kusaba Nnabbi omuweeko emu. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah

---

166. Bukhari, *Huduud* 9; Nasaa-i, *Kat'us-saariq* 12; Abu Dawuda, *Huduud* 4; Ibn Maajah, *Huduud* 6; Daarimi, *Huduud* 5; Ahmada ibn Hanbal *al-Musnadu*, VI, 162

167. Bukhari, *Bad'ul wahay* 5-6; Nasaa-i, *Swiyaam* 2; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, I, 288, 363; Ibn Hibbaani, *al-Swahiihi*, VIII, 225

n'emirembe bibeere ku ye) kye yakola kwe kumuwa embuzi ze zonna. Omusajja bwe yaddayo ewaabwe mu bantu be kwe kubagamba nti, "Muhammadi agaba nnyo alinga atatya kwavuwala!"[168]

Omuntu omulala yajja okukyalira Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'abaako ne kye yamusaba, naye nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu kiseera ekyo talina kya kumuwa. Yamuwa ekirowoozo agende yeewole era n'amulagaanyisa ye (Nnabbi) okumusasulira ebbanja.

Era okufaananako ne jajja we Bulayimu (emireme gibeere ku ye), Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyalyanga mmere nga talina bagenyi. Yasasulanga amabanja g'abafu oba ng'agamba abalala ne bagabasasulira. Mu ngeri eyo, teyasaaliranga mufu ng'ebyebbanja tebinnaba kugonjoolwa. Yagamba nti:

"Omuntu omugabi ali kumpi ne Allah, ali kumpi ne Jjana era ali kumpi n'abantu; ate ali wala nnyo n'Omuliro. Ku ludda olulala, omuntu omukodo ali wala ne Allah, Ejjana emwesambye, abantu bamwesamba ate ali kumpi nnyo n'Omuliro."[169]

Mu hadiisi endala yagamba bw'atyi: "Omukkiriza owannamaddala tayinza kuba na bitendo bino ebibiri: Obukodo n'obugwenyufu"[170]

---

168. Muslim, *Fadhwa-il* 57; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, III, 107, 259; Ibn Hibbaani, *al-Swahiihi*, X, 354; Ibn Khuzaymah, *al-Swahiihi*, IV, 70

169. Tirmidhi, *Birr* 40; al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Awsatw*, III, 27; al-Ismaa-iili, *Mu'jam*, III, 733; al-Bayhaqi, *Shu'ab al-Imaani*, VII, 428, 429

170. Tirmidhi, *Birr* 41; al-Twayaalisi, *al-Musnadu*, I, 293; al-Qudaa-i, *Musnad al-Shihaab*, I, 211

**Okugaba kwa Basswahaba**

Basswahaba baavuganyanga mu kugoberera Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), era ebifaananyi bino wammanga bitulaga engeri gye baavuganyangamu mu kukola obulungi.

Umaru (Allah amusiime) yanyumya emboozi eno wammanga:

"Olunaku lumu, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yatulagira okugaba. Mu kiseera we yatulagirira nnalinawo ku ssente. Nnalowooza mu mutima nti olwo lwe lwali olunaku lwe nnali ngenda okuyisa ku Abu Bakari mu kukola emirimu emirungi, era ku ssente ze nnalina ne ntoolako ekitundu ne nkiwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kumbuuza nti:

Abantu bo eka obalekeddeyo ki? Nnamuddamu nti: 'Mbalekeddeyo ssente ezenkana na zino ze nkuleetedde'.

Oluvannyuma Abu Bakari yajja. Naye ye ssente zonna eka yazikukumbayo n'ajja nazo. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamubuuza nti, 'Abu Bakari! Abantu bo eka obalekeddeyo ki?'

Yamuddamu ng'agamba nti, 'Mbalekeddeyo Allah ne Nnabbi!'

Bwe nnawulira ebyo muli ne ngamba nti sirisobola kuyisa Abu Bakari (Allah amusiime) mu kintu kyonna"[171]

171. Tirmidhi, *Manaaqib* 16; Abu Dawuda, *Zakat* 40; Daarimi, *Zakat* 26; al-Haakim, *al-Mustadrak* 1, 574; al-Bayhaqi, *al-Sunan*, TV, 180; al-Bazzaar, *al-Musnad*, 1, 263, 394

Abu Bakari ne Umaru (Allah bombi abasiime) baali basika abatuufu abaasikira Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu kugaana okwessa ku bintu eby'okwegyalabya n'eby'amasanyu g'ensi eno. Engeri gye baawangalangamu yawuniikiriza Bakabaka be Iran ne Byzantine.

Tewali kubuusabuusa nti enneeyisa ya Nnabbi ennungi yabbulukukira mu nneeyisa ya Basswahaba. Okugeza olunaku lumu omusabiriza yajja ewa Ali (Allah amusiime) n'abaako kye yamusaba. Ali kwe kugamba batabani be Hasane ne Huseyini nti:

"Mugende ewa maama wammwe mundeetere dirham omukaaga (6) ze tulina. Baagenda ne baleeta dirham omukaaga ze baalina ne baziwa kitaabwe, ne kitaabwe ataali mubi n'azikwasa omusabiriza (Maskiini). So ng'ate mu kiseera ekyo, ssente ezo baali bazeetaaga bubi kubanga Fatuma yali ateekateeka kuzigulamu ngano.

"Ali (Allah amusiime) yaddayo eka naye aba yaakassa ekigere kye bw'atyi mu nnyumba ne wabaawo omusajja eyajja ng'ayagala kutunda ngamiya ye. Yamugamba nti yali agitunda dirham amakumi ana (40) era nga yali mwetegefu okugimuguza ku bbanja ssente n'azifuna oluvannyuma. Engamiya yagisiba mu nnimiro n'akwata agage. Nga wayise akaseera katono, waliwo omusajja eyajja n'alaga obwetaavu mu kugula engamiya eyo ng'asasula dirham ebikumi bibiri (200) era yasasulirawo ssente n'atwala engamiya.

"Ali yawa eyamuguza engamiya dirham ze amakumi ana endala n'aziwa Fatuma nga bw'amugamba nti eno y'endagaano Allah gye yakola ng'ayita mu Nnabbi we egamba nti, 'Oyo yenna akola ekikolwa ekirungi ajja kufuna emirundi kkumi egikubisa mu muwendo gw'ekikolwa

ekyo'. Twawaddeyo dirham mukaaga (6) laba Allah bw'atukubisirizzaamu emirundi kkumi."

Ekyafaayo kino nga kyanyumizibwa Huzayifa, nakyo kikulu nnyo, mu kulaga engeri Basswahaba gye baalumirwangamu bannaabwe.

"Mu biseera by'olutalo lw'e Yarmuuku, ng'okulwana okw'amaanyi kukendedde nga Abasiraamu abaali bafunye ebisago eby'amaanyi bakutukira awo mu musenyu ogwokya, neekakaba ne ntandika okunoonya Haaritha, mutabani wa taata omuto. Nga mmaze okuyita mu balwanyi abaali batuusidwaako ebisago nga bassa omukka gwabwe omuvannyuma, nnamugwako.

Eby'embi, Haaritha yali ng'ali mu kitaba kya musaayi ng'era takyasobola kwogera okuggyako okutambuza amaaso ge. Nnamulaga ensawo y'eddiba ey'amazzi gye nali nkutte ne mmubuuza oba yali ayagala kunywa ku mazzi?

Emimwa gye gyali gikaze olw'embeera y'obudde obwali obwebbugumu ery'amaanyi era nga ndowooza yali ayagala mazzi. Kirabika engeri gye yatunulangamu nga yali agezaako kumbuulira embeera y'obulumi gye yali yeewuliramu. Nnasumulula ensawo y'eddiba omwali amazzi era nga neetegese okumuwa amazzi anywe. Tuba tukyali awo ne tuwulira eddoboozi lya Ikrimah nga yeesuddeko akabanga nga ligamba nti, "Amazzi! Amazzi! Mumpe ku ttondo ly'amazzi!'

Haaritha bwe yawulira eddoboozi eryo n'alaza n'amaaso nti ntwalire Ikrimah amazzi. Nnadduka nsange Ikrimah, nga ngenda mbuuka mirambo gy'abazira abaali bafiiridde mu lutalo, egyali gyandadde mu musenyu ogwokya. Oluvannyuma nnatuuka ku Ikrimah era nnali ngenda bwe

nti okumuwa eddiba omuli amazzi mu mukono ne tuwulira Eyaashi ng'alajaana.

'Bannange mumpe ku ttondo ly'amazzi! Ku lwa Katonda mumpe ettondo ly'amazzi!'

Ikrimah bwe yawulira Eyaashi ng'alaajanira amazzi yandagira, ng'alaza n'omukono, ntwalire Eyaashi amazzi. Nga Haaritha bwe yakola ne Ikrimah yagaana okunywa amazzi. Nnanoonya Eyaashi mu bazira abaali bafudde ebisago. Naye ebyembi we nnamutuukirako nnasanga ayogera ekigambo kye ekisembayo nti:

'Allah! Obulamu bwaffe tubuwaddeyo mu kkubo ly'Obukkiriza. Tukusaba otusse mu lubu lw'abazira. Tusonyiwe ensobi zaffe.'

Yali ali mu kaseera ke akasembayo eddiba ly'amazi lye nnali muleetedde yaliraba naye teyafuna kaseera kanywa mazzi kubanga yasobola kwatula kalimati shahaadah kyokka (ekigamba nti, 'Njulira nti teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah, era njulira nti Muhammadi muddu we era Mubaka we').

Amangu ago nnadduka okusanga Ikrimah naye mba nkyafuba okumuwa amazzi ne ntegeera nti yali yafudde dda. Nnadduka okugenda ewa Haaritha naye ng'omwoyo gwe gumaze okudda eri Allah eyagutonda. Ekikwasa ennaku kwe kuba ng'abazira bonna abasatu eddiba ly'amazzi baalireka nga lijjudde tebaakombako."

Hudhaifa (Allah amusiime) anyumya ye bye yalimu mu kiseera ekyo bw'atyi: "Nnalaba ebintu bingi mu bulamu bwange naye tewali kyankolako nga kino. Okulumiriganwa kw'abantu bano, okufaayo buli omu ku munne, na buli omu okukwatirwa munne ekisa mu nkolagana yaabwe, wadde nga

tebaalina luganda lwa musaayi lubagatta, byaleka emikululo egy'amaaanyi n'okubeegomba mu birowoozo byange."[172]

## Obwesimbu, Obwesigwa n'Ensa Nnabbi bye Yalina

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yawuliranga muli okusaasira n'ekisa eri abantu abaali batamanyi kwawula kituufu ku kikyamu, era abaali batamanyi biragiro bya Allah n'ebyo bye yaziyiza. Ng'agenda atambula nju ku nju okusomesa eddiini ya Allah, ebiseera ebimu, abantu baamuggalirangawo enzigi abalala ne bamugobaganya. Naye awamu n'ekyo empisa ez'ekika kino ze baamuyisanga tezaamunyiizanga era ng'awulira nnaku na kusaasira olw'obutamanya bw'abantu abo.

*Ab'ekika kino yabagambanga bw'atyi: "Ssibasaba kunsasula kintu kyonna olwa kino (Kulaane) era siri mu bantu abeetuuma kye batali".* (Kulaane, Swad, 38/86).

Tewali muntu yali atuuse ku ddaala ly'obwesigwa n'obwesimbu nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bye yalina. Yali mulekwa taata we omuto Abu Twalib n'amutandisa okusuubula. Naye obwesigwa bwe n'obwesimbu byatuusa buli muntu okubimatira ekintu ekyamuweesa ettutumu ne kimuwangulira n'erinnya ery'ekitiibwa erya "al Amiinu (Omwesigwa)". Buli muntu mu bantu b'omu kitundu yamuyitanga al-Amiinu k'abe mwavu oba mugagga. Omukyala ow'ekitiibwa mu Makka, Khadiija yamatira obwesigwa bwe n'amusaba amuwase. Maama waffe Khadiija oluvannyuma yafuuka omuwagizi we eyali

172. Al-Haakim *al-Mustadrak*, III, 270; al-Twabaraani, *al-Mu'jam al Kabiir*, III, 259; al- Mizzi, *Tahdhibul Kamaal*, V, 301; Ibn al-Mubaaraka, *al-Zuhud*, I, 185; al-Qurtubi, *Tafsiir*, XVIII, 28

yeetaagisa ennyo mu kiseera ekyo. Obubaka bwa Kulaane obwasookera ddala bwe bwakka, Khadiija yaliwo ku lwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era n'amuwa obuwagizi n'obuyambi byonna bye yali yeetaaga era n'amugumya mu biseera ebyo ebya kanaayokyani.

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yawangaala obulamu obutukuvu okutuusa n'abo okwekuluntaza be kwagaana okukkiriza obubaka bwe yabatuusangako, bakkirizanga ebitendo n'embeera ze ebirungi.

Okuva Obusiraamu lwe bwajja ebyasa kkumi na bina (14) ebiyise, tewali muntu n'omu ataamatira bwesimbu bwa Nnabbi n'omutima gwe omulungi. Wadde Abayawudi abaalinga abalabe b'Obusiraamu bajja ewuwe abataawuluze nga bafunye obutakkaanya wakati waabwe. Rasuulullah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabayambanga n'ataawulula enkaayana zaabwe. Yabeeranga mwenkanya era ng'asala mazima nga tafudde ku ddiini omuntu gye yalinga asoma ne bwe yabeeranga omugoberezi wa Kristo oba Omuyudaaya.

Yawa Ali (Allah amusiime) amagezi gano ku bikwata ku kulamula n'obwenkanya: "Tosalanga musango nga towulirizza njuyi zombi! Okuwa ensala eteriimu kyekubiira osobola okukikola ng'owulirizza buli ludda!"[173]

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yasalawo okusenguka okuva e Makka okugenda e Madiina yalagira Ali azzeeyo ebintu eby'omuwendo ebya zaabu abantu bye baali baamuteresa.[174]

173. Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, I, 90

174. Ibn Hishaamu, *alSiirah al-Nabawiyyah*, I, 482; Ibn Kathiir, *al-Bidaayah wan-nihaayah*, II, 176

**Ensonyi za Nnabbi**

Okusinziira ku ntenda Basswahaba gye baatendangamu Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali alina ensonyi ezisinga omuwala omuto eyeebikka ng'alina abantu b'atayagala bamulabe. Bwe yabanga ayita ku bantu, y'abayitangako mpola ate ng'ataddeko akamwenyumwenyu. Bwe yawuliranga ebigambo ebitamusanyusizza nga talina ky'ayogera mu maaso g'abantu. Awamu n'ekyo ekyenyi kye kyalaganga engeri gye yawulirangamu munda n'ebirowoozo bye yabanga alina. Olw'ensonga eyo abantu abaamubeeranga ku lusegere baabeeranga beegendereza engeri gye beeyisangamu nga bali kumpi naye. Teyasekanga ng'atyetyemuka era ekinene kye yakolanga ng'amwenya bumwenya. Hadiisi emu egamba nti:

"Ensonyi za mu Bukkiriza. Abantu abalina ensonyi baakuyingira Ejjana! Obutaba na nsonyi buva ku bukalubu bwa mutima. Abo abalina emitima emikalubo baakugenda mu Muliro."[175]

Hadiisi endala egamba bw'etyi: "Obukkiriza n'obwetoowaze bitambulira wamu. Kasita ekimu kivaawo n'ekirala kigenda."[176]

"Okwogera mu ngeri eteriimu kawoowo tekulina kye kuleeta okuggyako okuswala! Obwetoowaze n'obwesimbu binyiriza abantu yonna gye babeera."[177]

---

175. Bukhari, *Imaani* 16; Muslim, *Imaani* 57-59; Abu Dawuda, *Sunanu* 14; Tirm - dhi, *Imaani* 7; Nasaa-i, *Imaani* 16; Muwattwa', *Husnu al-Khuluq* 10; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, II, 456, 147

176. al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Awsatw*, VIII, 174, era mu kitabo kye kimu IV, 374; al-Bayhaqi, *Shu'abul Imaani*, VI, 140

177. Muslim, *Birr* 78; Abu Dawuda, *Jihaad* 1

Obwetoowaze obwaddala bufunibwa na "Kujjukira kufa", ekkubo erisobozesa omuntu okujja mu mutima okwagala ensi eno. Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) buli kaseera yawanga Basswahaba amagezi okuwa Allah ekitiibwa ekimusaanira. Baagambirawo nti Allah bamwebaza mu bwetoowaze (era bamukwatibwa ensonyi eza ddala). Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kunnyonnyola obwetoowaze obutuufu kye butegeeza nga kwe kutukuza ebitundu by'omuntu byonna okubiggyamu ebintu ebyaziyizibwa n'okujjukira okufa. Ekiddako yannyonnyola nti abo bokka abeegomba ensi eddako be bayabulira okwagala ensi eno. Era be bokka abalaga obwetoowaze mu nneeyisa eri Allah.[178]

### Engeri Nnabbi gye Yalumirwangamu abantu Abalala

Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyawuliranga kulumwa olw'okubonaabona kw'abantu kyokka, naye mu bulumi era yabakolereranga okutuuka ku buwanguzi. Ekitendo kino Kulaane ekyogerako bw'etyi:

"Kati Omubaka azze gye muli ng'ava mu mmwe kennyini. Nga kimuyisa bubi okuba nga mubonaabona; ng'abalumirwa ate ku bakkiriza nga waakisa omusaasizi" (Kulaane, Tawba, 9/128). Mu aya eno, Allah, Owaawaggulu, yafunyisa Omubaka we ekitiibwa bwe yamussaako ebitendo bibiri ku bitendo bye, Rauf ne Rahiimu, ebitegeeza Alumirwa ennyo Oweekisa ekingi.

178. Tirmidhi, *Swifatul Qiyaamah* 24; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, I, 387; al-Haakim,

Nnabbi buli kiseera yafubanga okulaba ng'abantu be batuuka ku buwanguzi era yabeeranga musanyufu ng'awulira n'emirembe buli lwe yabalabanga nga basenvula okutuuka ku kwetereereza embeera n'obwesimbu.

Nnabbi teyalinga omukulembeze omulala yenna eyayagalizanga abantu be ebirungi kyokka. Wabula ate ye yalinga mulungamya eyayamba abantu be n'amakubo gonna ge yasobolanga. Lumu Sswahaba omu yamubuuza butya omuntu bw'ayinza okusalawo oba embeera gy'alimu nnungi oba mbi. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kumuddamu bino wammanga:

"Oyo yenna agenderera mu kusinza okufunamu omugaso mu nsi, naye ng'okusinza kw'akola kutera kukolebwa olw'okwewangulira Ejjana, talina ky'ajja kufuna ku Lunaku lw'enkomerero."[179]

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali kya kusaasira eri abantu ng'ayita mu bikolwa bye, ebigambo bye awamu n'empisa ze. Yali mulungamya waabwe. Yafuna ebizibu bingi ebisoomooza n'okugezesebwa ng'ali mu kkubo ly'okusaasaanya eddiini. Yatuukiriza omulimu omutukuvu gwe baamukwasa mu ngeri entuufu. Yali mwegendereza era omugumiikiriza mu kukola kino, okutuusa ebiseera ebimu, obubaka bwe bwakkanga okumulabula obuteezikiriza ng'ali mu kkubo eryo.

Eddaala eryawaggulu ery'okukola obulungi Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lye yayolesa

179. Ahmada ibn Hanbal, V, 134; Ibn Hibbaani, *al-Swahiihi*, II, 32; al-Haakim, *al-Mustadrak*, IV, 346; al-Bayhaqi, *Shu'ab al-Imaani*, V, 334

olw'okwagala abantu bafune essanyu, lyogerwako mu aya ya Kulaane eno. *"Oyinza okuba ng'oyagala kwetta olw'ennaku, nti kubanga tebafuuse bakkiriza."* (Kulaane, Shu'araa, 42/3).

Aya eno eraga nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), olw'okusaasira kwe yalina n'ekisa ekingi eri abantu, yayagala nnyo bakkirize Allah, olwo basobole okwetangira okuyingira Omuliro.

Hamuza bwe yawulira Abu Jahali ng'alumbye Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) naye yalumba Abu Jahali olwo n'agamba Nnabbi nti, "Muhammadi! Beera musanyufu kubanga nange nkukoledde okwesasuza eri Abu Jahal …." Kyokka Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamugamba bw'atyi:

"Nze ssirina kye nneetaaga mu kwesasuza! Nja kubeera musanyufu singa okkiriza Obusiraamu." Hamuza yategeera omulamwa ogwali mu bigambo Nnabbi bye yamuddamu n'akkiriza Obusiraamu.[180]

Enneeyisa ye ey'ekitiibwa n'empisa ze ennungi tebyalina kakwate konna na bya kufuna, wadde ebigendererwa eby'oku nsi oba okwagala okwesasuza. Ate bw'onoonyereza, tuyinza okulaba nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyanoonyaako kwesasuza obulamu bwe bwonna.[181]

Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyatereezaako Sswahaba mu lujjudde

180. Ibn Hishaamu, *al-Siirah al-Nabawiyyah*, I, 292; al-Haakim, *al-Mustadrak*, III, 213; al Twabaraani, *al-Mu'jam al-Kabiir*, III, 139; Ibn Kathiir, *al-Bidaaya wan nihaayah*, II, 32

181. Bukhari, *Manaaqib* 23; Muslim, *Fadhwa-il* 77; Abu Dawuda, *Adabu*; Muwa - twaa, *Husnul Khuluq* 2; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, V, 130, 223

olw'ensobi gye yali akoze. Mpozzi ate yagambanga nti kiki ekintuuseeko ekindeetedde okulaba ng'okola bw'otyi."[182]

Ensobi z'okulaba obubi yazeeteekangako nga ky'atayagala kwe kuteeka ensobi ku muntu gwe yayogeranga naye. Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) eyakola kyonna ekisoboka okulaba nga tamenya mutima gwa Basswahaba be, yali mulongooti gw'okusaasira. Ebitendo bino byabbulukukira mu bikolwa n'ebigambo bye. Ng'eky'okulabirako ka tukuleetere bino wammanga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bye yayogera:

"Abange Abakkiriza! Allah abakuume nga muli mirembe! Allah abakuume nga muli mirembe! Nsaba Allah abateekeko amaaso agabalabirira! Nsaba Allah abakuume! Nsaba Allah abayambe! Nsaba Allah abasitule mu madaala! Nsaba Allah abalungamye! Nsaba Allah abateeke wansi w'obukuumi bwe! Nsaba Allah abakuumire wala n'emikisa gyonna emibi! Nsaba Allah abakuumire eddiini yammwe!"[183]

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yatumibwa nga kya kusaasira eri amawanga gonna. Yali omweyolekerwa amannya amatukuvu al-Ghaffar ne al-Rahmaani (Omusonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo). Yakwatirwanga ekisa abantu abo abaagaana okukkiriza obubaka bwe n'asaba nti bataasibwe Omuliro. Olw'ensonga eyo okulabula okutukuvu kwajja nti *"Ob'olyawo ne weebonyaabonya nti kubanga bagaanye okukkiriza ebigambo bino, olw'okusaalirwa"* (Kulaane, Kahf, 18/6).

182. Bukhari, *Aymaani* 3; Ibn Hibbaani, *al-Swahiihi*, IV, 534; al-Haakim, *al-Mu - tadrak*, II, 515.

183. Al-Bazzaar, *al-Musnadu*, V, 395; al-Twabaraani, *al Mu'jam al-Awsatw*, IV, 208; Abu Nu'aym, al-Isbahani, *Hilyah al-Awliyaa*, IV, 168; al-Baghdaadi, *Mu-wadhwihi*, II, 147

Basswahaba be baasaasaana n'okwagala n'essanyu mu bitundu eby'ebunaayira nga basaasaanya okumanya, emikisa, obulungi n'ebitendo eby'emyoyo bye baafuna olw'okubeera ne Nnabbi. Kino kyali kifaananyi kirungi eky'etteeka erigamba nti, 'Yagala ebitonde olwa Oyo eyabitonda.'

Buli omu yaweebwa omugabo mu mbeera ye eyaawaggulu n'okugaba kwe. Okugaba kwe n'okusaasira byalinga omugga ogusaasaanira era ne gunywesa ettaka awatali kusosola. Tewali yalekebwa nga muyala, oba ng'ennyonta emuluma oba n'asigaza ekiwuubaalo bwe yabeeranga ali naye.

**Okutuukiriza n'Obutayabulira bwe**

Okutuukiriza endagaano ly'ekkubo eriyinza okuyamba omuntu okuwona Omuliro era kye kitendo kya Bannabbi n'abantu abalongoofu. Ekitendo kino kiwa obulamu obutebenkevu n'ekkubo ettereevu. Kye kipimo ekipima obuntu era kye kipimo okulamulirwa abantu kinnoomu n'amawanga. Abantu bafuna essanyu okusinziira ku ngeri gye beesiba ku kitendo kino n'okukiwa ekitiibwa.

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yawangaalira ku ntikko y'okutuukiriza era n'akola ng'eky'okulabirako eri obuntu. Ayisa yatunyumiza bino ku kutuukiriza kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

Lumu omukazi omukadde yajja okukyalira Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Baanyumya emboozi n'egwa amakerenda. Omukazi bwe yakyaluka, nnabuuza Nnabbi:

"Nnabbi! Olaze nnyo okufaayo eri omukazi oyo. Njagala nnyo okumanya y'ani?" Nnabbi kwe kugamba nti: "Oyo yajjanga nnyo okutukyalira nga Khadiija akyali mulamu. Kimanye nti obuteerabira bantu kiva mu Bukkiriza!"

Oluvannyuma lw'ebyagwawo e Hunayni, waliwo ekibinja ky'abantu abaagenda ewa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga baagala ate abawambe abaali bakwatiddwa mu lutalo. Omu kubo kwe kugamba, "Muhammadi! Ekika kyaffe kirimu bamaama bo abaakuyonsa ne bannyoko ababbeere!"

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kuddamu n'okutuukiriza okw'ekika ekyawaggulu nti "Ntadde abawambe bonna abange n'aba batabani ba Abdul Muttwalib".

Bamuhajiruuna ne Ba'ansaari abaalaba empisa za Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ensengejje nabo baagoberera ekikolwa kye ne bagamba nti naffe tutadde abawambe baffe ku lwa Nnabbi!"

Ekyava mu kino, ku lunaku olwo lwokka abawambe nkumi na nkumi baateebwa awatali mutango gwonna ogwaweebwayo okubanunula.[184] Kano kaali kabonero akalaga okusiima n'okujjukira amabeere Nnabbi ge baali baamuwa ng'akyali mwana muto. Kino kyandibadde kya kuyiga era essomo eddungi eri eggwanga erinyigiriza abantu. Ebyembi abantu beerabira mangu ebirungi ebiba bibakoleddwa nga n'emikululo gyabyo gigenda giva mpola mu birowoozo. Ekigambo "kutuukiriza" olwo ne kisigala mu nkuluze y'ebigambo yokka.

184. Bukhari, *al-Taariikh al-Swaghiir*, 1, 5; al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Kabiir*, V, 271; Abu Bakari al-Qurashi, *Makaarimul Akhlaaqi*, 1, 116

Mu biseera by'obulwadde bwe obwamuviirako okufa Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagenda mu muzikiti n'alinnya ku kituuti n'agamba nti, "Abange Bamuhaajiruuna! Ba'ansaari mubayisenga bulungi kubanga abantu e Madiina beeyongera buli lukedde naye ng'omuwendo gwa Ba'ansaari gukyali gwe gumu. Bampa obubudamo. Abalungi mu bo mubayise bulungi; so ng'abakola ensobi mubasonyiwe ensobi ze bakola."

Obuteerabira bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yalaga Ba'ansaari olw'ebirungi bye baali baamukolera kyakulabirako kirungi gye tuli. Obulamu bwe bujjudde ebifaananyi bingi ebiraga obuteerabira n'obutayabulira. Okugeza nga tannasenguka, abalabe be we baatekerateekeranga olukwe lw'okumutemula ye yabanga ateekateeka ngeri ya kubaddiza ebyobugagga bye baali baamutelesa.

Mu lutabaalo lw'e Uhudi yalagira abasajja babiri abaali bafudde naye nga baali ba mukwano nnyo nga tebannafa babaziike mu ntaana emu oluvannyuma n'agamba nti kino tukikoze kubanga baali ba mukwano ogwannamaddala mu nsi eno."[185]

Empisa ezitasoboka kuvuganyizika eza Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) zabbulukukira mu bulamu bwa Basswahaba be n'enkolagana ye nabo, ebyali bizimbiddwa ku mukwano buli omu gwe yalina eri munne. Ku lunaku lw'e Hudayibiyya (omwali okukola endagaano wakati wa Nnabbi, okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye, ne Bannamakka ey'obutatabaalagana okumala

185. Ibn Abi Shaybah, *al-Muswannaf*, VII, 367; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, V, 299; Ibn Hishaam, *al-Siira al-Nabawiyyah*, II, 98

ekiseera ekigere), Asumaani baamutuma e Makka. Yategeeza Abashiriku b'e Makka nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali azze kukola Hijja kye kyokka. Wabula baagaana okukkiriza okusaba kwe, naye ne bakkirizaako Asumaani yekka ye akole Hijja. Kyokka Asumaani (Allah amusiime) kino yakigaana n'agamba nti:

"Siyinza kukola Hijja nga Nnabbi tebamukkirizza kugikola! Sisobola kusigala Nnabbi we batamukkirizza.."

Mu kiseera kino kyennyini, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali akkiriza okuwera kwa Basswahaba abalala. Okuva Asumaani lwe yali taliiyo, mu kifo kye, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yaddira ekibatu ky'omukono gwe ogumu n'akissa ku ngulu kw'ekibatu ky'omukono omulala n'agamba bw'atyi:

"Katonda wange! Okuwera kuno kwa Asumaani. Ddala Asumaani muweereza wa Mubaka wo."[186]

Mu butuufu, okufuuka Omukkiriza omutuufu kisinziira ku ddaala omuntu engeri gy'asobola okugobereramu eby'okulabirako bya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali kkubo omutambulira ebyamagero ebingi. Era yayamba abantu mu kutumbula embeera zaabwe. Ebitendo ebipya byateekebwa mu bantu, ebyali eby'okuleeta obulungi n'ekitiibwa mu nnono zaabwe n'obugunjufu bwabwe.

186. Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, IV, 324; Ibn Abdilbarr, *al-Tamhiidi*, XII, 148; Ibn Hishaam, *al-Siira al-Nabawiyyah*, II, 315; Ibn Kathiir, *al-Bidaaya wan-Nihaayah*, II, 169

Enkyukakyuka eno ey'omuggundu mu mbeera z'abantu nga balungamizibwa Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kyamagero kikulu nnyo. Ebigambo ebirungi, empisa ensengejje, n'ebikolwa eby'okulabirako, byonna ebyo byakola z'ensonga ezaavirako okutumbuka kw'obugunjufu, naye ng'ensibuko ya bino byonna by'ebigambo eby'okulabirako, ebikolwa, wamu n'enkola ya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

Mu bipimo ebirungi bye yateekawo wakati w'embera z'obulamu ezikontana tewali kintu kyazibulamu. Okugeza, yateekawo ebipimo ebirungi wakati w'okukolerera ensi eno n'okukolerera Enkomerero. Mu ngeri y'emu n'ateekawo ebipimo ebituufu wakati w'embeera ey'okukyawa ensi n'embeera ezo ezigenderera okumatiza omwoyo bye gwegomba. Tekisoboka kusanga muntu yenna mulala, mu byafaayo by'abantu gw'osobola okumugeraageranya naye.

Mu byafaayo by'abantu osobola okusanga abantu ab'amaanyi abaasobola okufuna obusobozi obw'enjawulo mu bintu eby'enjawulo. Okutwalira awamu obusobozi bw'abantu bano bwemaliranga ku kintu kimu kyokka naye embeera za Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) zo zaabuna ebitendo byonna ebikulu mu bulamu.

Emisingi gy'empisa gino wammanga egyateekebwawo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) giraga eddaala ly'obulamu bwe eryawaggulu. Okusinziira ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye):

"Katonda wange yandagira ebintu mwenda (9):

1. Tya Allah kye kimu oli wekka oba oli mu bantu.

2. Beera mwenkanya era osale amazima kye kimu oli musanyufu oba munyiivu.

3. Wangaala mu ngeri eteri ya kwegyalabya kye kimu oli mugagga oba mwavu.

4. Kuuma enkolagana yo n'ab'oluganda ne bwe baba nga bo tebakoze kintu kye kimu.

5. Wa oyo akummye.

6. Sonyiwa oyo akukoze obubi.

7. Lowooza ng'osirise.

8. Yogera ku Allah bw'oba oyogera.

9. Funa ekyokuyiga buli lw'otuula.[187]

Ekitala kya Nnabbi kyali kiwandiikiddwaako ebigambo bino: "Sonyiwa oyo akukoze obubi; yamba abooluganda lwo ne bwe baba nga tebakufaako; akulumizza ggwe muyise bulungi; yogera amazima ne bwe gaba ggwe gakukosa."[188]

Huzayfa (Allah amusiime) yanyumya nti, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba bw'atyi:

"Omuntu yenna tabeeranga atalina mugongo. Oyo agamba nti nze ngenda na bantu be mpangala nabo kye bakola nange kye nkola. Bwe bampisa obulungi nange mbayisa bulungi bwe bampisa obubi nange mbayisa bubi. Naye fuula bino wammanga omusingi kw'otambuliza ebintu

187. Nasaa-i, *Sahw* 62; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, IV, 148; Ibn Abi Shaybah, *al-Muswannaf*, VI, 45; al-Twabaraani, *al-Mu'jam al-Awsatw*, V, 328

188. Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnad*, IV, 148; *al-Mu'jam al-Kabiiru* , XVII, 269; al-Bayhaqi, *al-Sunan al-Kubra*, X, 235

byo. Bwe bakuyisa obulungi bayise bulungi. Naye bwe bakuyisa obubi tokola nga bo bwe bakoze."[189]

Era Nnabbi yagamba nti, "Ebintu bisatu Allah by'atabaagaliza:

1. Olugambo
2. Okudiibuuda
3. Okumala gabuuza bibuuzo.[190]

Amagezi amalala Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ge yawa mulimu gano: 'Tosekereranga mugandawo ng'ali mu buzibu (ajeera), Allah, Owaawaggulu ayinza okumujja mu buzibu n'akuteeka mu mbeera munno gy'abaddemu'.[191]

Abo abagoberera ebyafaayo bya Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bajja kukisanga nga bulijjo ye Nnabbi w'okusaasira n'okulumirwa. Teyavunaana muntu yenna, so ng'era yasobola okwola abantu mu bantu abaali abanyigiriza ennyo mu kitundu. Okugeza ekintu kyokka kye yakola bwe baamukasuukirira amayinja ng'agenze e Twaifa, kwali kusaba Allah alungamye

189. Tirmidhi, Birr 62; Hadiisi endala efaananako bw'etyi yanyumizibwa A - dullah ibn Masuudi ng'olujegere lw'abaginyumya terutuuka ku Nnabbi era ng'esangibwa mu bitabo ng'ekya Twabaraani, *al-Mu'jam al-Kabiir*, IX, 152; Abu Nu'aym al-Iswbahaani, *Hilyah al-Awliyaa*, I, 137; Ibn al-Jawzi, *Swafwatus Swafwah*, 1, 142

190. Bukhari, *Zakat* 53; Muslim, *Akdiyah* 12, 13; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, II, 327, 360; Ibn Khuzaymah, *al-Swahiihi*, 1, 10

191. Tirmidhi, *Qiyaamah*, 54; al-Twabaraani, *al Mu'jam al-Awsatw*, IV, 111; al-Qudaayi, *Musnadu al-Shihaab*, II, 77; al-Bayhaq, *Shu'ab al-Imaani*, V, 315

abantu abo.[192]Bwe yayingira Kaaba oluvannyuma lw'emyaka kkumi egy'obulabe okuva mu bantu b'e Makka, yalaga bukkakkamu, bwetoowaze na buguumikiriza. Teyagezaako na kujja kisumuluzo kya Kaaba ku Asumaani ibn Twalha, eyali aludde nakyo. Wabula yagamba bugambi nti luno lwe lunaku olw'okulaga ekisa n'obutayabulira.[193]

Ye Kabaka yekka ataalekawo bya kusikira. Wabula yagamba nti "Ffe, Bannabbi, tetuleka byabusika. Era buli kye tuleka ebeera saddaka eri Abasiraamu bonna.[194]

ntu kyokka ye yalekera abantu b'ekibiina kye kye ky'okulabirako kye ekituukiridde.

192. Bukhari, *Bad-ul Khalqi*, 7; Muslim, *Jihaadi*, 111; Nasaa-i, *al-Sunan al-Kubra*, IV, 405; Ibn Hibbaani, *al-Swahiihi*, XIV, 516

193. Ibn Hishaam, *al-Siirah al Nabawiyyah*, II, 412; Ibn Kathiiri, *al-Bidaayah wan-nihaayah*, II, 300

194. Bukhari, *Khumsu* 1; Muslim, *Jihaadi* 54; Abu Dawuda, *Imaarah* 19; Tirmidhi, *Siyar* 44; Nasaa-i, *Fay'* 9; Muwattwa', *Kalaamu* 27; Ahmada ibn Hanbal, *al-Musnadu*, I, 4



# OKUFUNDIKIRA




"Okutya Allah kuli mu kubeera na kisa."(Hadith, Bukhari, Muslim, Tirmidhi)

Mu bitonde byonna, abantu bokka be baafunako ku mugabo mu bitendo bya Allah – okuggyako ekitendo ky'okubeerawo olubeerera. Ku bino gattako, olw'ensonga Allah yekka z'amanyi, abantu yabawa amaanyi okuba n'obusobozi obukola ebirungi n'ebibi. Bw'atyo abantu yabakola nga basobola okubeera abalungi oba ababi.

Nga tutambulidde ku kino, ekigendererwa ky'eddiini kwe kuziyiza okwegomba okw'ensolo okuli mu mwoyo gw'omuntu, nga mu kiseera kye kimu esitula ebitendo ebirungi okubituusa ku ddaala ly'okutuukirira. Naye, ekigendererwa kino okutuukirira, obuntu bwetaaga eky'okulabirako ekituukirivu era ekinywevu eky'okugoberera. Emu ku nsonga eyatumisa Abambaka kwe kutuukiriza obwetaavu buno obw'okugoberera eky'okulabirako.

Allah, Owaawaggulu ennyo, agamba mu Kulaane nti: *"Tetwatuma Mubaka yenna wabula twamutuma agonderwe, okusinziira ku kukkiriza kwa Allah …"* (Kulaane, Nisaa-i, 4/64).

Ekitendo kino kyatuuka ku ntikko yaakyo mu Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), nga bwe kinnyonnyolwa obulungi mu aya eno eya Kulaane: *"Mulina mu Mubaka wa Allah eky'okulabirako ekirungi eri abo essuubi lyabwe eriri mu Allah n'Olunaku lwe nkomerero era aboogera ennyo ku Allah…"* (Kulaane, Ahzaab, 33/21).

Mu byafaayo Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ye yekka gwe

baawandiikako kalonda yenna akwata ku bulamu bwe. Ebigambo bye, ebikolwa bye, n'engeri gye yawulirangamu, ebyawandiikibwa olutatadde, byafuna ekifo mu byafaayo ng'empapula ezijjudde ekitiibwa n'obukulu. Obulamu bwe bujja kukola ng'eky'okulabirako eri obuntu okutuuka ku Lunaku lw'enkomerero. Aya eno eddako ejulira bino bye twogedde: *"Ddala olina empisa ennungi."* (Kulaane, Qalam, 68/4).

Embeera n'obulamu bwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) obw'emikisa bituusa omuntu ku ntikko etegeraageranyizika eyeetaagisa okutuukiriza eby'omwyo eri obuntu. Allah Owaawaggulu yatonda Nnabbi olw'ekigendererwa ekyo ng'amutondera abantu bonna. Olw'ensonga eyo yamuyisa mu mbeera zonna ez'obulamu, ng'atandikira ku kubeera mulekwa atalina maanyi n'amutuusa ku kubeera Nnabbi era Omukulembeze w'eggwanga. Ensonga eri emabega w'ekkubo ly'obulamu lino kwe kuba ng'abantu bonna, nga tofuddeeyo ku kifo kye balimu mu bulamu, basobola okufuna eky'okulabirako ekisingayo obulungi mu nneeyisa kye basobola okussa mu nkola mu bulamu bwabwe okukoma obusobozi bwabwe n'amaanyi gaabwe gye bikoma.

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), n'embeera ze ensuffu, yalondebwa nga Nnabbi ow'enkomerero eri abantu bonna. Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) yasaba Allah amuwe Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ave mu lulyo lwe. Nnabbi Yisa (emirembe gibeere ku ye) ye n'awa amawulire amalungi ag'okujja kwa Nnabbi Muhammadi, ate Amina, maama wa Nnabbi, n'aloota muloote nga tannamuzaala. Yamukuza ng'ali butereevu wansi w'okulabirira kwa Allah, ng'awundiddwa n'ebitendo

ebisinga okubeera ebyawaggulu era n'amulonda nga y'asinga okubeera omulungamya omwesigwa eri abantu bonna.

N'olw'ekyo, abantu bonna ab'ebiseera bino bateekeddwa okugoberera eky'okulabirako kya Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) basobole okufuna essanyu muno mu nsi ne ku Lunaku lw'enkomerero. N'okufuna obufunyi okwagala kwa Allah kuyimiridde ku kugoberera Nnabbi nga kino Allah, Owaawaggulu ennyo bw'akinnyonnyolera mu aya eno wammanga, *"Gamba nti bwe muba mwagala Allah, mungoberere; Allah ajja kubaagala abasonyiwe ebyonnono byammwe, Allah Musonyiyi, Omusaasizi."* (Kulaane, Aal Imraani, 3/31).

Okusinziira ku kino, emyoyo egyo gyokka egirina omukisa ne gikwata eky'okulabirako ekya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gye gisobola okufuna omukwano gwa Allah omulungi.

Ekisooka era ekisinga obukulu ekiva mu butayabulira Mubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), kwe kufuna omukwano gwa Allah. Okwongereza kw'ekyo, okugoberera obuwufu bw'eky'okulabirako ekisinga obulungi mu mpisa n'enneeyisa kivaamu okugabana ku butuukirivu bwe. Okuva lw'ali nga y'asinga empisa n'enneeyisa ebisinga obulungi, abo abamugoberera era ne bamwagala nabo bafuuka balungi basuffu. Ensi z'omunda ez'abo abamwagala zituuka ku madaala agoowaggulu, okusinga ne Bamalayika. Amaka gaabwe galaga ekifaananyi ky'obulamu bwabwe mu Jjana. Ekibiina ky'abantu abeesigamya ebintu byabwe ku kyokulabirako kya Nnabbi kifuna emirembe n'obutebenkevu, ng'empewo zibafuuwako okuva ku mulembe gw'essanyu (Aswru al-Sa'aadah). Bakomba ku ssanyu erya ddala ery'okubeera

okumpi ne Allah nga bali mu kusinza kwe bakola. Singa buli muntu k'abe mugagga oba mwavu, mukozesa (nampala) oba nga bamukozesa (mupakasi) mufuzi oba gwe bafuga, wa maanyi oba munafu, nga yali wa kuwangaala ng'omuddu wa Allah ng'assa mu nkola ebiragiro bye, kino kyandireese obwenkanya mu bantu b'ekitundu obutalabikalabika.

Okugeza, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yaweebwa eddimu ly'okulungamya abantu, bangi ku abo abaali bawangaala obulamu obw'ekigwenyufu era nga tebaalina mpisa baafuuka bantu balungi abasuffu, era abantu abenjawulo nga kino bakiggya ku ngunjula yaabwe empya. Ekyava mu kino ky'ekiseera ekibi okukoma ekiseera ky'ebirungi ne kitandika. Abaddu baafuna ekitiibwa eky'okutwalibwa n'okuyisibwa ng'abantu, abafuzi bangi ne bafuuka abenkanya era abeeyisa obulungi nga kino bakifuna okuva mu kuyiga engeri omuntu gy'ayinza okubeera omuddu wa Allah. Ebigambo bya Najaashi, ekiseera ekyo eyali omugoberezi wa Kristo, bikulu nnyo. Yagamba bw'atyi:

"Njulira nti Muhammadi ye Mubaka wa Katonda. Y'oyo okujja kwe Yesu kwe yalanga. Nnandigenze ne mmukwatira engatto singa si buvunaanyizibwa obungi obw'abantu bwe nnina kati."

Abantu bwe baalaba essanyu n'okuwona mu nsi zombi bye baafuna, badduka okugenda gy'ali ng'omugga bwe gudduka gudda eri ennyanja. Kino kyali kirabo okuva eri Allah, nga bwe kinnyonnyolwa mu aya ya Kulaane eno wammanga:

*"Okutaasa kwa Allah bwe kuliba kuzze n'okuwangula, n'olaba abantu nga bayingira mu ddiini ya Allah mu bibinja, tendereza*

*amatendo ga Katonda wo era omusabe okukusonyiwa kubanga Ye Musonyiyi."* (Kulaane, Naswr, 100/1-3).

Abo abaagoberera ekkubo ettuufu, ettukuvu, ery'emirembe, era ery'obulamu obw'emikisa, ne bwe baasanganga okusoomoozebwa n'obuzibu, bafuukanga ebimuli bya looza ebikulira mu nsiko. Essanyu lyabwe ku Lunaku lw'enkomerero ate lijja kubeera lya maanyi okusingawo. Kino kiri kityo kubanga wajja kubeerawo Okuwolereza Okunene (Shafa'ah al-Uzamah) okwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'awolereza aboonoonyi okuva mu bagoberezi ba Bannabbi abaamusooka n'aboonoonyi okuva mu kibiina kye, Ummah. Hadiisi eno ennyonnyola okuwolereza kuno nga bwe kugenda okubeera. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) agamba nti:

"Nze nja okubeera omuntu asooka okuzuukizibwa mu bantu bonna. Abantu bwe balijja mu maaso ga Allah, nze nja okubeera omwogezi waabwe. Bwe balikutuka n'okusuubira mu kusaasira n'okusonyiwa kwa Allah, nja kubawa amawulire amalungi. Nja kusitula Bendera y'Okutendereza *(Liwa'a al-Hamdi)*. Nze muntu asinga okubeera n'omukisa okusemberera Allah, wadde nga kino si kyogera lwa kwewaana."

Nnabbi w'okusaasira ajja kuwolereza aboonoonyi ku Lunaku lw'enkomerero era okuwolereza kwe Allah ajja kukukkiriza:

"Singa, bwe baali beeryazaamaanyizza, baali bazze ewuwo ne basaba Allah abasonyiwe, ne Omubaka wa Allah n'abasabira Allah abasonyiwe, ddala bandisanze Allah nga Musonyiyi, Omusaasizi." (Kulaane, Nisaa-i, 4/64).

Aya eno bubaka butukuvu obuleeta essuubi n'amawulire amalungi nti okuwolereza kwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) eri abantu b'ekibiina (Ummah) nti Allah ajja kukukkiriza.

Ebigambo bino ebijja nago mawulire malungi ag'enjawulo eri Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye):

Ku Lunaku lw'enkomerero, abantu bonna bajja kubeera mu mbeera ya kikangabwa. Bajja kugenda ewa Adamu (emirembe gibeere ku ye) okumusaba obuyambi era bajja kumugamba bwe batyi:

"Tuwolereze mu maaso ga Allah!"

Adamu ajja kubagamba nti:

'Nze ssiri ku ddaala eriwolereza; mugendeko ewa Nnabbi Bulayimu! Oyo ye mukwano gwa Allah Omusaasizi (Khaliilu al-Rahmaani).'

Abantu bajja kugenda ewa Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) bamusabe okubawolereza, naye Bulayimu ajja kubaddamu nti:

'Nze ssiri ku ddaala erisobola okubawolereza, naye mugendeeko ewa Musa! Musa ye yayogerako ne Allah.'

Bwe baligenda ewa Musa (emirembe gibeere ku ye) ne bamutegeeza ku bwetaavu bwabwe okuwolerezebwa, naye ajja kubagamba nti:

'Nze ssiri ku ddaala erinsobozesa okuwolereza, mugendeeko ewa Yisa. Yisa gwe bayita Ekigambo kya Allah era omwoyo oguva gy'ali.'

Bajja kusobola okutuuka ewa Yisa (emirembe gibeere ku ye), naye ajja okubagamba nti:

'Ssiri ku ddaala erinsobozesa okuwolereza! Mugende ewa Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).'

Balimaliriza nga batuuse ewange era nja kubagamba bwe ntyi:

'Kituufu. Ekitiibwa ekyo kyampeebwa.'

Nja kusaba olukusa okugenda mu maaso ga Katonda, era olukusa lulimpeebwa. Mu kiseera ekyo, waliwo ebigambo by'okutendereza bye ssimanyi kati ebijja okunjigirizibwa. Nja kutendereza Katonda wange nga nkozesa ebigambo ebyo era nja kuvunnama mu maaso ge. Mu kaseera ako kennyini, Allah ajja kungamba nti:

'Muhammadi! Situla omutwe gwo! Yogera! Okwogera kwo kujja kuwulirizibwa. Saba! Okusaba kwo kujja kukkirizibwa.'

Awo nja kugamba nti,

'Katonda wange! Nsaba ku lw'abantu b'ekibiina kyange, nsaba ku lw'abantu b'ekibiina kyange!'

Allah Owaawaggulu ajja kugamba nti:

'Muhammadi! Genda oggyeyo abo abalinamu Imaani ezitowa ng'empeke y'akalo.'

Nja kukola nga bwe baliba bangambye. Oluvannyuma nja kuddayo nziremu ebigambo bye bimu eby'okutendereza era oluvannyuma nja kuvunnama. Era bajja kungamba ebigambo ng'ebyasooka:

'Muhammadi! Situla omutwe gwo! Yogera! Okwogera kwo kujja kuwulirizibwa. Saba! Okusaba kwo kujja kwanukulwa! Wolereza! Okuwolereza kwo kujja kukkirizibwa.'

N'era nja kugamba nti,

'Katonda wange! Noonyeza bantu ba kibiina kyange! Noonyeza bantu ba kibiina kyange!'

Allah ajja kugamba nti:

'Tambula ogende oggyeyo abo bonna abalina Imani eyenkana akanyinkuuli!

Nja kugenda nkole nga bwe bandagidde. Oluvannyuma, nja kukomawo. Nga nkozesa ebigambo bye bimu eby'okutendereza, nja kutendereza Katonda wange era nvunname. Allah ajja kungamba nti:

'Muhammadi! Situla omutwe gwo! Yogera! By'oyogera bijja kuwulirwa. Saba! By'osaba bijja kukuweebwa! Wolereza! Okuwolereza kwo kujja kukkirizibwa.'

Nja kugamba nti: 'Katonda wange! Mpolereza ku lw'ekibiina kyange! Mpolereza abantu b'ekibiina kyange!'

Allah Owaawaggulu ajja kugamba nti,

'Tambula oggyeyo abo abalina Imaani etazitowa na kutuuka ku mpeke y'akalo!'

Nja kugenda mu maaso n'okukola kye bangambye era nkomewo omulundi ogwokuna. Nja kutendereza Allah n'ebigambo bye bimu eby'okutendereza era nvunname omulundi omulala.

Allah Owawaggulu ajja kugamba nti,

'Muhammadi! Situla omutwe gwo! Yogera! By'oyogera bijja kuwulirwa. Saba! By'oyagala bijja kukuweebwa! Wolereza! Okuwolereza kwo kujja kukkirizibwa.'

Ku mulundi guno nja kugamba nti,

'Katonda wange! Okusaba kwange kumpe kutuukirire ku buli muntu eyagamba nti "Laa ilaaha illa Llaah" (Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Katonda!)'"

Allah Owaawaggulu ajja kugamba nti:

‘Ndayidde amaanyi gange, ekitiibwa kyange n’eddaala lyange! Abo bonna abaagamba nti, “Laa ilaaha illa Llaah” nja kubaggyayo!’”

Okufuna emikisa egyo kwetaaga omuntu okwesamba okwagala ennyo n’okwegomba okw’ensolo ng’oyita mu kumanya n’okukwata eky’okulabirako kya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye).

Bagamba nti waliwo omusajja Omusiraamu naye nga yali tatwala Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) ng’eky’okulabirako. Olunaku lumu yalaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) mu kirooto kye, naye Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) teyalaga mukwano gwonna gy’ali. Omusajja kino kyamuyisa bubi kwe kubuuza:

“Mubaka wa Allah! Toli musanyufu gye ndi?”

Nnabbi yaddamu nti: “Nedda!”

Ko omusajja nti, “Naye lwaki tolaga bwetaavu bwonna gye ndi?”

Nnabbi yamuddamu nti: “Kubanga sikumanyi”.

Ko omusajja nti, “Kijja kitya Mubaka wa Allah obutammanya ng’ate ndi omu ku bantu b’ekibiina kyo?! Nnawulira abamanyi nga bagamba nti omanyi buli muntu mu kibiina kyo nga maama w’omwana bw’amanyi omwana we.”

Nnabbi yaddamu nti, “Ekyo kituufu. Naye siraba kabonero konna ku ggwe mu by’okulabirako byange (amakulu Ssunna). Ekirala, teri kutendereza kwonna (Swalawaatu) kwantuukako kuva gy’oli. Oteekeddwa okumanya nti omuntu mu bantu b’ekibiina kyange mmumanya okusinziira ku ngeri gy’akolamu ssunna zange”.

Omusajja yazuukuka nga munakuwavu nnyo era ne yeenenya ebyonoono bye. Yatandika okukola ssunna za Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu bulamu bwe era n'atandika okuweereza okutendereza kwe eri omwoyo gwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Ekiro kimu yaloota Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) omulundi omulala. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamugamba bw'atyi:

'Kati nkutegedde era nja kukuwolereza."

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalina embeera ezenjawulo ezimufuula ayagalwa mu buli ludda. Y'asinga abantu bonna okubeera omuntu atya Allah era y'asinga obulungi abantu bonna abaali babaddeko ku nsi. Y'asinga ekisa n'okulumirwa abantu bonna abaali bakaabiddeko abantu b'ebibiina byabwe. Ye mulungamya omutuufu era omusomesa yekka. Ye yekka eyali akyusizza abantu n'abafuula abaagala bannaabwe era ab'ekisa sso ng'emitima gyabwe gyaliko nga gikaluba ng'amayinja nga baali basobola n'okuziika bawala baabwe nga balamu. Yabasomesa Ekitabo ekitukuvu era n'abawa n'ebigambo eby'amagezi. Okumutwala ng'ali waggulu w'abantu bonna n'okumwagala n'omukwano ogutaliiko kkomo bubonero obulaga obutuukirivu bwa Imaani. Entikko y'okwagala okwo eragibwa mu hadiisi eno: "Teri n'omu mu mmwe ajja kubeera na Imaani nzijuvu etuukiridde okutuusa lw'ananjagala okusinga bw'ayagala bakadde be, n'abaana be, n'abantu bonna abali mu nsi."

Hadiisi eno kye ky'okulabirako ekisinga obulungi era ejjukiza nti omuntu Imaani asobola kugifuna ng'ayita mu kwagala okujjudde eri Nnabbi (okusaasira kwa Allah

n'emirembe bibeere ku ye). Enzigi z'okukulaakulana okw'omwoyo, n'obulabufu n'ekitangaala nzigale eri abo abatalina kwagala okwo. Ensigo y'okwagala okutukuvu tesobola kumera okuggyako mu ttaka erijimusiddwa okwagala Nnabbi. Ye ze nsulo z'okusaasira okulabirira emitima. Omutima ogumwagala ogusanga nga gulinga zaabu ali mu mayinja agaabulijjo.

Omwezi oguzza ekitangaala ky'enjuba kabonero akalaga okubeerayo kw'enjuba. Mu ngeri y'emu, abatuukirivu abo abaamulisibwa n'ekitangaala kya Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bajulizi abajulira okubeerayo kwe. Olw'ensonga eyo, oyo yenna ayogera ebigambo bino n'omukwano mu mutima gwe, awulira okumyansa okutukuvu mu mwoyo gwe.

Ash'hadu an laa ilaaha illa Llaahu,

Wa ash'hadu anna Muhammadan abduhu wa rasuuluhu.

Kwe kugamba nti: Njulira nti teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Katonda Omu era ne njulira nti Muhammadi muddu we era Mubaka we.

Ebiseera ebimu, okwagala okw'omwoyo kubeera kuyitirivu, omutima ne gutuuka okuwulira essanyu ly'okukomba ku Bukkiriza okutalina ngeri gye kutendebwamu. Emboozi ekwata ku Bilaali Omu-Abisiniya (Omuhabashi) Allah amusiime erimu eby'okuyiga bingi.

Bilaali yali bw'omu bw'atyi kubanga teyalina mwasirizi; teyalina mikwano okwetaba naye mu nnaku ye. Yali muddu buddu. Naye, olunaku lwatuuka n'afuna ekitiibwa ky'obukkiriza. Oluvannyuma, okukkiriza n'okufuba okukuuma Obukkiriza bwe byafuuka eky'okulabirako

eky'amaanyi eri emirembe n'emirembe gy'Abakkiriza egy'omu maaso.

Yasisinkana Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'ayingira mu nnimiro y'okwagala kwe. Yalinga, n'okubeerawo kwe kwonna, ng'afuuse ekitundu ku Nnabbi. Naye omuntu eyali amufuga, eyali ewala ennyo n'ekitangaala ekitukuvu eky'obulungamu, yamusiba mu musenyu ogw'okya n'atandika okumutulugunya. Omubiri gwe gwatandika okutonnya omusaayi. Abantu abaali bamwetoolodde abaali batalina kye bamanyi ne batandika okuleekaana nti,

'Muddu ggwe! Mukyafu ggwe! Komawo ku nkola yaffe osobole okwetaasa!"

Naye Bilaali yawuluguma ng'empologoma etuusiddwaako ekiwundu mu nnyanja y'omusenyu ogwokya n'alangirira emirundi egiwera n'amaanyi ge gonna nti, "Katonda ali Omu, Katonda ali Omu."

Kino abantu abaali tebafugika kyabongera busungu ne batandika okumukuba era ne bamukubira ddala emirundi egiwera. Naye kino kyali tekimala kubakkakkanya busungu kye baava bamusiba omuguwa mu nsingo ne bawalula. Naye wadde bino byonna byakolebwa, ye Bilaali amaanyi yagajjanga mu kwagala kwe yalina eri Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Yalinga eyali tawulira ekyali kimukolebwako, engeri omutima gwe gye gwali gutubidde mu nnyanja y'okwagala Allah ne Omubaka we. Omutima gwe gwali musanyufu. Sso ng'ensi ye ey'oku ngulu (omubiri gwe) yali mu mbeera ya bulumi obutayogerekeka. Teyalina na kasiisira akake ku bubwe ke yali ayinza kwewogomamu.

Bw'atyo Bilaali, okwagala kwe yali ayagalamu Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwamusitula eddaala ne kumujja mu buddu ne kumutuusa mu kifo kya kabaka mu mitima gy'Abakkiriza. Yafuuka omwaziinyi wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) eyakowoolanga abantu okugenda okusaala, era nga yakoowoolanga abantu emirundi etaano olunaku. Yayagala nnyo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okutuusa ne bwe yali agenda bw'atyi okufa yali agamba nti:

"Beera musanyufu! Weesanyukire! Nze ngenda wa Nnabbi!" Bino era bye byali ebigambo bye nga tannayawukana na nsi eno kugenda mu nsi ndala.

Olw'ensonga eyo, nga hadiisi bw'eyogera nti, "Omuntu abeera na gw'ayagala", omusingi gwaffe mu kkubo ly'obulamu obutaggwaawo kwe kugoberera aya ya Kulaane eno wansi:

*"Ekyo Omubaka ky'aba abaleetedde mukitwale, ate ky'aba abagaanye mukireke. Mutye Allah; kubanga Allah muyitirivu wa bibonyoobonyo."* (Kulaane, Hashri, 59/7).

Allah! Tukusaba omulimu gwaffe guno omutono, ogwo ogutasobola kunnyonnyola kumalayo bintu nga bwe biri, gutufuulire ogw'okutuviirako okusaasira kwo n'okutusonyiwa, era otuwe emikisa n'ebyo ebituufu Omubaka wo Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bye yatuusa eri abantu. Tuwe emikisa gy'okwagala Omubaka wo ow'enkomerero (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

Tuwe emikisa n'okuwolereza kwo.

Tumanyi nti ebigambo byaffe ebitasobola kunnyonnyola bikwata ku muntu akiikirira akasolya k'ekyo ekitegeeza okubeera omuntu, awatali kubuusabuusa biri wala nnyo n'okutuusa obujjuvu bwe. Tuwulira n'ensonyi okwegamba nti tusobodde okwanjula obwanjuzi ebintu ebimukwatako. Ebigambo byaffe bikiikirira obutaba bwaffe na maanyi nga tukola omulimu guno omunene. Kye tubadde twettanira kyokka kwe kufuna ekitiibwa ky'okuba nga tubadde n'ekigendererwa ekyo n'okuba nga tusobodde okugezaako. Ye nsi etekoma omuntu gy'ayinza okuyingira n'akoma w'akoma mu kwagala n'obwesimbu gy'ali.

Tusaba Allah atuwe omukisa n'okuggula ebiwawaatiro mu ggulu ly'ensi y'omwoyo.

Aamiina.



# EBITABO KWE TWESIGAMYE

Abu Dawuda, Sulayimaan ibn Ash'ath al-Sijistaani, al-Sunan, Istanbul 1413/1992, Ekitabo. IV

Abu Nu'aym al-Iswbahaani, Ahmada ibn Abdillah, Hilyah al-Awliyaa, Daar al-Kitaab al-Arabii, Beirut 1405, ekitabo X

Abu Ya'la, Ahmada ibn Ali ibn al-Muthannaa al-Mawswili al-Tamiimii, al-Musnadu, kyekenneenyezebwa Huseyini Salim Asad, Daar al-Ma'mun li a-Turaath, Damascus, 1404/1984, ekitabo, XIII.

Ahmada ibn Hanbal al-Shaybaani, al-Musnadu, Istanbul, 1413/1992.

Ahmada ibn Hanbal al-Shaybaani, Kitaabu al-Zuhud, kyekenneenyezebwa Dr. Muhammad Jalaal Sharaf, Daar al-Fikr al-Jaami'i, Cairo, 1984.

Ahmada ibn Hanbal, al-Musnadu, Muassasah Qurtubah, Egypt, ekitabo, VI.

al-Musnadu, Istanbul, 1413/1992.

Asyali, Arif Nihat, Dualar ve Aminler, Istanbul, 1973.

Al-Bayhaqi, Abu Bakr Muhammad ibn al-Husayn ibn Ali ibn Muusa, al-Sunan al-Kubraa, kyekenneenyezebwa Muhammad Abdulkaadir Ataa, Maktabha Daat al-Baaz, Meeca al-Mukarramah 1414/1994, ekitabo X.

Al-Bayhaqi, Abu Bakr Muhammad ibn al-Husayn ibn Ali ibn Muusa, Kitaabu al-Zuhud al-Kabiir, kyekenneenyezebwa Al-Shaykh Amir Ahmada Haydar, Muassah al-Kutub al-Thaqafiyya, Beirut, 1996.

Al-Bayhaqi, Abu Bakr Muhammad ibn al-Husayn ibn Ali ibn Muusa, Shu'ab al-Imaani, kyekenneenyezebwa Muhammad al-Said Basyuunii Zagluul, Daaru al-Kutub al-Ilmiyyag, Beirut 1410, ekitabo. VIII.

Al-Bazzaar, Abu Bakari Ahmada ibn Amr ibn Abdilkhaliq, Musnadu al-Bazzaar, kyekenneenyezebwa Dr. Mahfuzur Rahmaan Zaynullah, Muassah Uluumu al-Qur'an ne Maktabah al-Uluumu wal Hikami, Beirut al-Madiinah 1409, ekitabo X.

Al-Bukhari, Abu Abdillah Muhammad ibn Ibrahiim ibn Ismaa-iil al-Juufi, al-Tariikh al swaghir, kyekenneenyezebwa Mahmuud Abraham Zayed, Daar al-Wa'y ne Maktabah Daar al-Turaath, Aleppo-Cairo, 1397/1977, ekitabo II.

Al-Bukhari, Abu Abdillah Muhammad ibn Ibrahiim ibn Ismaa-iil al-Juufi, Swahiih al-Bukhari, Istanbul 1413/1992, ekitabo. III.

Can Sefik, Mesnev Tercemesi, (Istanbul, 1997).

Al-Daylamii, Abu Shujaa Shiirawayhi ibn Shardar al-Hamazaanii, al-Firdawsi bi Ma'suur al-Khitaab, kyekenneenyezebwa El-Saiid ibn Basyuuni Zagluul, Daar al-Kutub al-Ilmiyyah, Beirut 1986, ekitabo, V.

Al-Darakutni, Abu al-Hasan Ali ibn Umaru al-Baghdaadi, al-Sunan, kyekenneenyezebwa Al-Sayyid Abdullah Haashim Yamaani al-Adanii, Daar al-Ma'arifah, Beirut 1386/1996, ekitabo IV.

Al-Daarimi, Abu Muhammad Abdullah, al-Sunan, Istanbul 1413/1992.

Ghazali, Abu Haamid, al-Munqiz min al-Dalaal, (Beirut, 1988).

Al-Harawii, Abu Ismaaiil Abdullah ibn Muhammed ibn Ali, al-Arba'in fi Dalaail al-Tawhiid, kyekenneenyezebwa Ali ibn Muhammad al-Faqiihi, al-Madiinah al-Munawwarah 1404.

Al-Hatiib al-Baghdaadii, Abu Bakr Ahmad ibn Ali, Taarikhu Bagdaad, Daar al-Kutub al-Ilmiyyah, Beirut, ekitabo XIV.

Al-Hatiib al-Baghdaadii, Abu Bakr Ahmad ibn Ali, Muwaddih Awhaam al-Jam'va al-Tafriiq, kyekenneenyezebwa Abdulmu'tii Amiin al-Kal'aji, Daar al-Ma'eifah, Beryt 1407, ekitabo II.

Al-Haythamii, Ali ibn Abi Bakar, Maj'ama' al-Zawaaid wa Manba' al-Fawaaid, Daar al-Rayyaan li al-Turaath-Daar al-Kitab al-Arabiyy, Cairo-Beirut 1407, ekitabo X.

Al-Haakim, Abu Abdillah Muhammad ibn Abdillah al-Naysaabuurii, al-Mustadrak alaa al-Shaykhayni, kyekenneenyezebwa Mustafa Abdulkaadir Ataa, Daar al-Kutub al-Ilmiyyah, Beirut 1411/1990, ekitabo IV.

Al-Humaydi, Abu Bakari Abdullah ibn al-Zubayri, Musnad el-Humaydii, (kyekenneenyezebwa Habibur Rahmaan al-A'zamii), Daar al-Kutub al-Ilmiyyah ne Maktabah al-Mutanabbi, Bierut-Cairo, ekitabo II.

Al-Khoursaani, Abu Uthmaan Saiid ibn Mansuur, Kitaab al-Sunan, (kyekenneenyezebwa Habiibur Rahmaan al-A'zamii), al-Daar al-Salafiyyah, al-Hind (India) 1982.

Al-Kissi, Abu Muhammad Abd ibn Humayd ibn Naswr, al-Musnad, (kyekenneenyezebwa Subhi Badri al-Samarraai ne Mahmuud Haliil al-Saiid), Maktabah al-Sunnah, Cairo 1408/1988.

Al-Marwazii, Abu Abdillah Muhammad ibn Naswr ibn al-Hajjaaj, al-Sunnah, kyekenneenyezebwa Saalim Ahmad al-Salafii Muassasah al-Kutub al-Thaqaafiyyah, Beirut 1408.

Al-Marwazii, Abu Abdillah Muhammad ibn Naswr ibn al-Hajjaaj, Ta'ziim Qadr al-Sswala, (kyekenneenyezebwa Abdur Rahmaan Abdul Jabbaar al-Fariiwaai), Maktabah al-Daar, al-Madiinah al-Munawwarah, 1406, vil.II.

Al-Nabhaani, Yusuf ibn Ismaa-iil, al-Anwaar al-Muhammadiyyah min al-Mawaahib al-Ladunniyyah, Daar al-Imaan, Damascus 1405/1985.

Al-Nasaa-i, Abu Abdir Rahmaani Ahmada ibn Shu'ayb, al-Sunan (al-Mujtaba), Istanbul 1413/1992, vol. III.

Al-Nasaa-i, Abu Abdir Rahmaani Ahmada ibn Shu'ayb, al-Sunan al-Kubra, kyekenneenyezebwa Abdur Rahmaani Suleimaan al-Bundarii, Daaru al-Kutub al-Ilmiyyah, Beirut 1411/1991, ekitabo VI.

Al-Qudaa-i, Abuu Abdillah Muhammad ibn Salaanah ibn Jafaari, Musnad al-Shihaab, kyekenneenyezebwa Hamdi ibn Abdilmajiid al-Salafi, Muassasath al-Risaalah, Beirut 1407/1986, ekitabo. II.

Al-Qurashi, Abu Bakr Abdullah ibn Muhammad, Makaarim al-Akhlaq, kyekenneenyezebwa Majdi al-Sayyid Ibrahiim, Maktabah al-Qoran, Cairo 1411/1990.

Al-Qurtubi, Abu Abdillah Muhammad ibn Ahmada, al-Jaami' li Ahkaam al-Qur'an, kyekenneenyezebwa Ahmad Abdulaliim al-Baruni, Cairo al-Sha'ab 1372, ekitabo XX.

Al-Rabii ibn Habiib ibn Umar al-Azdii al-Basrii, Musnad al-Rabii, kyekenneenyezebwa Muhammadi Idriis ne Ashuur ibn Yousuf, Daar al-Hikmah ne Maktabah al-Istiqaamah, Beirut-Saltanah Ammaan 1415.

Al-San'aanii, Abu Bakr Abdurrazzaak ibn Hammaam, Kitaab al-Muswannaf, kyekenneenyezebwa Habiiburrahman al-A'zamii, al-Maktab al-Islaamii, Beirut 1403, ekitabo, XI

Al-Shaashii, Abu Saiid al-Haytham ibn Kulayb al-Shaashi, Musnad al-Shaashi, kyekenneenyezebwa Dr. Mahfuzur Rahmaan Zaynullah, Maktabah al-Uluum wal-Hikam, al-Madiinah al-Munawwarah 1410, ekitabo II

Al-Suyuutwi, Jalaaluddiini Abdur Rahmaan, Taariikh al-Khulafaa, kyekenneenyezebwa Qaasim al-Shimaa'i ne Muhammadi al-Uthmaani, Daar al-Kalam, Beirut 1406/1986.

Al-Twabaraani, Abu al-Kaasim Sulaymaan ibn Ahmad, al-Mu'jam al-Awsatw, kyekenneenyezebwa Taarik ibn Avadullah ne Abdulmuhsin ibn Abraham al-Husayni, Daar al-Haramayn, Cairo 1415, ekitabo X.

Al-Twabaraani, Abu al-Kaasim Sulaymaan ibn Ahmad, al-Mu'jam al-Kabiir, Hamdii ibn Abdilmajiid al-Salafi, Maktabah al-Uluum wa al-Hikam, al-Mawsil 1404/1983, ekitabo XX.

Al-Tahaawi, Abu Ja'far Ahmad ibn Muhammad bin Salaamah, Sharh Ma'aani al-Aathaar, kyekenneenyezebwa Muhammad Zuhri al-Nujjaar, Daar al-Kutub al-Ilmiyyah, Beirut 1399, ekitabo IV.

Al-Twayaalisi, Abu Dawuda Suleimaan ibn al-Jaaruud al-Basri, al-Musnad, Daar al-Ma'afah, Beirut.

Al-Tirmidhi, Abuu Isa Muhammad ibn Isa, al-Sunan, Istanbul 1413/1992, ekitabo III.

Al-Zahabi, Abu Abdillah Muhammad ibn Ahmad ibn Uthmaan, Siyar A'laam al-Nubalaa, kyekenneenyezebwa Shu'ayb al-Arnauut, Muassassah al-Risaalah, Beirut 1413, ekitabo XXIII.

Hannaad ibn al-Sariy al-Kuufi, al-Zuhud, kyekenneenyezebwa Abdur Rahmaan Abduljabbaar al-Fariiwaai, Daar al-Hulafaa li al-Kitaab al-Islaami, al-Kuwait 1406, ekitabo II.

Ibn Abdilbarr, Abu Umar Yusuf ibn Abdillah al-Namari, al-Isti'ab fi Ma'rifah al-As'haab, kyekenneenyezebwa Ali Muhammad al-Bajaawi, Daar al-Jiil, Beirut 1412, ekitabo IV.

Ibn Abdilbarr, Abu Umar Yusuf ibn Abdillah al-Namari, al-Tamhiid, kyekenneenyezebwa Mustafa ibn Ahmada al-Alawi ne Muhammad Abdulkabiir al-Bakri, Vezarah Umuum al-Awqaaf, al-Magrib 1387, ekitabo XXIV.

Ibn Adi, Abu Ahmad Abdullah ibn Adi ibn Muhammad al-Jurjaani, al-Kaamil fi Du'afaa al-Rijaal, kyekenneenyezebwa Yahya Muhtaar Gazaavi, Daar al-Fikr, Beirut 1409 / 1988, ekitabo VII.

Ibn Abi Aswim, Amr al-Dahhaak al-Shaybaani, Kitaab al-Zuhud, kyekenneenyezebwa Abdulalii Abdulhamiid Haamid, Daar al-Rayyaan li al-Turaath, Cairo 14081.

Ibn Abi Aswim, Amr al-Dahhaak al-Shaybaani, al-Sunnah, kyekenneenyezebwa Muhammad Nasruddiin al-Albaani, al-Maktab al-Islaami, Beirut 1400, ekitabo II.

Ibn Abi Shaybah, Abu Bakr Abdulla ibn Muhammad ibn Abi Shaybah al-Kuufi, al-Muswannaf, (kyekenneenyezebwa Kamaal Yousuf al-Huuti), Maktabah al-Rushd, al-Riyadh 1409, ekitabo VII.

Ibn al-Jawzi, Abu al-Faraj Abdur Rahmaan ibn Ali ibn Muhammad, Swafwah al-Swafwah, kyekenneenyezebwa Mahmuud Faakhuuri ne Muhammad Rawwaas Ql'aji, Daar al-Ma'rifah, Beirut 1399/1979, ekitabo IV.

Ibn Kathiir, Abu al-Fida Ismaaiil ibn Umar al-Qurashi al-Haafiz, al-Bidaayah wa'n-Nihaayah, kyekenneenyezebwa Fuaad al-Sayyid ne Ali Abdussaatir, Daar al-Kutub al-Ilmiyyah, Beirut 1408/1988, ekitabo VIII.

Ibn al-Mubaarak, Abu Abdullah ibn al-Mubaarak ibn Waadih al-Marwazii, al-Zuhud, kyekenneenyezebwa Habiibur Rahmaan al-A'zami, Daar al-Kutub al-Ilmiyyah, Beirut.

Ibn Hagar al-Asqalaani, Abu al-Fadl Ahmad, al-Iswabah fi Tamyiiz al-Swahaabah, (kyekenneenyezebwa Ali Muhammad al-Bajaawi, Daar al-Jiili), Beirut 1412/1992, ekitabo VIII.

Ibn Hagar al-Asqalaani, Abu al-Fadl Ahmad, Lisaan al-Mizaan, kyekenneenyezebwa Daariah al-Ma'rif al-Nizaamiyyah-India, Muassasah aal-A'lamii li al-Matbuu'aat, Beirut 1406/1986, ekitabo VII.

Ibn Hibbaan, Abu Haatim Muhammad ibn Hibbaan ibn Ahmad al-Busti, al-Maruuhiin, kyekenneenyezebwa Mamuud Abraham Zaayid, Daar al-Wa'y, Aleppo, ekitabo III.

Ibn Hibbaan, Abu Haatim Muhammad ibn Hibbaan ibn Ahmad al-Busti, al-Swahiih, kyekenneenyezebwa Shu'ayb al-Arnauut, Muassasah al-Risaalah, Beirut 1414/1993, ekitabo XVIII.

Ibn Hishaam, al-Siirah al-Nabawiyyah, kyekenneenyezebwa Mustafa al-Saqqaa ne Abraham al-Abyaarii, Daar Ibn Kathiir.

Ibn Ishaaq, Muhammad ibn Yasaar, al-Siirah (Kitaab al-Mubtada' wa'l-Mab'ath wa'l-Maghaazi), kyekenneenyezebwa Muhammad Hamiidullah, Hayra Hizmet Vakfi, Konya 1401/1981.

Ibn Khuzaymah, Abu Bakr Muhammad ibn Ih'haaq al-Sulamii, al-Swahiih, kyekenneenyezebwa Muhammad Mustafa al-A'zamii, al-Maktab al-Islaamii, Beirut 1390/1970, ekitabo IV.

Ibn Maajah, Abu Abdillah Muhammad ibn Yaziid al-Qazwiini, al-Sunan, Istanbul 1413/1992, ekitabo II.

Ibn Sa'd, Abu Abdillah Muhammad ibn Sa'd ibn Manii al-Basri, al-Twabaqaat al-Kubra, Daar Swadr, Beirut, ekitabo VIII.

Imaam Maaliki, Abu Abdillah Malik ibn Anasi al-Himyarii, al-Muwatta', Istanbul 1413/1992.

Ma'mar ibn Raashid al-Azdi, al-Jaamii, kyekenneenyezebwa Habiib al-A'zamii, al-Maktab al-Islaamii, Beirut 1403, ekitabo II (Kyafulumizibwa ng'ekitundu ku al-Muswannaf ekya al-Swan'aani).

Muslim, Abdul' Husayn Muslim ibn Hajjaaj, Swahiihu Muslim, Istanbul 1413/1992, ekitabo III.

Ruumi, Jalaaluddiini, Mathawi Ma'nawi, (Tehran, 1378).

# e-Erkam

## FREE ISLAMIC E-BOOKS

**You can download over 200 Islamic books in over 23 languages on your computer, iphone, ipad etc. FOR FREE.**

English – French – German – Spanish – Italian – Russian – Arabic – Portuguese – Chinese – Hungarian – Ukrainian
Tajik – Albanian – Tatar – Bulgarian – Uzbek – Azeri – Kazakh – Georgian – Bashkir – Uyghur – Kirgiz – Ahiska

Islamic books in various languages are now waiting for you in ten different formats at the popular reading site smashwords.com. You may read the books by downloading them on your PC, iPhone, iPad, Kindle and devices alike FOR FREE.

Our books are available online for free at Amazon, Borders, Sony, B&N, Apple Store, Diesel and Stanza, in all the iBook, Kindle, Nook, Sony and Diesel formats.

You may printout the copies downloaded in word or pdf formats, reproduce them or send to your loved ones via email.

Our special offer of free downloads is limited to 1 year.

### E-books

To obtain a free copy of any one of our Islamic books that are available in 10 different formats, you only need to visit **www.smashwords.com** and type 'Erkam' in the search box.

### iPad Book Applications

To obtain a free copy of any one of our books, you only need to type 'Erkam' in the search box of iTunes on your computer or of App Store on your iPad.

### iPhone Book Applications

To obtain a free copy of any one of our books, you only need to type 'Erkam' in the search box of iTunes on your computer or of App Store on your iPad.



DARUL ARQAM

# FOR FREE IN PDF FORMAT

# ISLAMIC WORKS

## YOU CAN DOWNLOAD IN PDF FORMAT
## **1180 BOOKS IN 51 LANGUAGES FOR FREE**

Islamic books in different languages are waiting for you in PDF format at the web site www.islamicpublishing.net

You can download for free books and print, reproduce and diffuse by email to your beloved. You can also read them on your I Pad or IPhone.

English - French - Spanish - Russian - Italian - Portuguese - German - Albanian - Arab - Azerbaijan - Bashkir Bambara - Bengal - Bosnian - Bulgarian - Chinese - Crimean Tartar - Persian - Dutch - Georgian - Hindi Hausa - Hungarian - Indonesian - Kazakh - Kazan Tatar - Kyrgyz - Latvian - Lithuanian - Luganda - Corean Meskhetian Turkish - Malaysian - Romanian - Mongolian - Mòoré - Turkmen - Tigrinya - Swahili - Tajik Amharic - Traditional Chinese - Twi - Ukrainian - Uighur - Uzbek - Wolof - Zarma - Slovene - Urdu - Kurdish



ERKAM PUBLICATIONS | islamicpublishing.net